فَكَيْفَ إِذَاجِئْنَامِنْ كُلِّ ٱمَّةٍ بِشَهِيْدٍ وَّ إلى حِمْنَا بِكَ عَلَى هَوُلاء شَهِيْدًا ﴿ يَوْ مَئِذٍ يُّوَدُّالُّذِ يُنَكَكُفُرُ وْاوَعَصُوا الرَّسُوْلَ لَوْ تُسَوِّى بِهِمُ الْأَرْضُ وَكَا عُ يَكْتُمُونَ اللّهَ حَدِيثًانُ

43. Ku lunaku olwo, abo abatakkiriza n'abaajeemera Mutume balyegomba nti singa baseetezeddwa bumu n'ensi, ate tebalisobola kukisa Allah kigambo kyonna.

> نَا يُتُمَا الَّذِينَ أَمَنُوا لَا تَقْرَبُوا الصَّلَّةَ وَ آنْتُمْ سُكَارِي حَتَّى تَعْلَمُوْا مَا تَقُوْلُوْنَ وَلَاجُنُبًا إِلَّا عَابِرِيْ سَبِيْلِ حَتَّى تَغْتَسِلُوْا ، وَإِنْ كُنْتُمْ مَّوْضَى آوْ عَلَى سَفَرِ آوْ جَآءَ آحَدُ مِّنْكُمْ مِنَ الْغَالِطِ ٱ وْلْمَسْتُمُ النِّسَاءَ فَلَمْ تَجِدُوْا مَاءً فَتَ

Ruku 7

44. Abange mmwe abakkiriza, temusembereranga essaala nga temutegeera, okutuusa nga mutegeera bye mwogera; wadde temugisembereranga nga mulina janaba,* okutuusa nga mumaze kunaaba, okuggyako nga muli mu lugendo. Era bwe mubanga abalwadde oba nga muli mu lugendo oba nga omu mu mmwe ava aweyambirwa oba nga muyiseeko eri abakyala nemutafuna mazzi, kale muluubirirenga okukozesa enfuufu ennyonjo mugiyise mu maaso gammwe ne ku mikono gyammwe. Mazima Allah ye Musanguzi w'ebibi, Omusonyiyi ennyo.

4:44. Ekigambo 'junuban' (كُنُطُ) oba 'janaba' tekitegeeza bukyaafu, wabula kitegeeza embeera omuntu gy'abaamu oluvannyuma lw'okwetaba mu mikolo gy'ekikulu oba oluvannyuma lw'okuvaamu amazzi agazaala. Mu mbeera ezo zombi, omuntu ateekwa buteekwa kusooka kunaaha muhiri alyooke asaale. Okunaaha oluvannyuma lw'embeera ezo zombi newankuhadde nga si lwa swala, kya bugunjufu.

45. Abaffe, tewalaba abo abaaweebwa ekitundu ku Kitabo nga bagula obubuze era nga baagala nammwe muwabe ku kkubo?

46. Era Allah y'asinga okumanya abalabe bammwe. Era Allah amala bulungi nga Omukuumi, era Allah amala bulungi nga Omuyambi.

47. Mu Bayudaaya *mulimu* abakyuusakyuusa ebigambo ne babiggya mu nteeko ya byo era nebagamba nti: Tuwulidde, naye tujeemye. Era bagamba nti: Wulira ebyaffe, awatali ggwe kuwulirizibwa. Era boogera ekigambo Rā'inā nga banyoola ennimi zaabwe olw'okutyoboola eddiini. So singa baagamba nti: Tuwulidde era tuli bawulize, era nti: Wuliriza, ne bakozesa ekigambo ky'ekyalisinze Undhurna. obulungi n'obwesimbu gye bali. Naye Allah yabakolimira olw'obutakkiriza bwabwe era tebakkiriza okuggyako akatono ennyo.*

48. Abange mmwe abaaweebwa Ekitabo, mukkirize ebyo bye twassa (mu Kur'āni) ebikakasa ebyo bye muli nabyo nga tetunnaswaaza abamu ku bakulembeze bammwe, badduke nga tebatunula na mabega oba tubakolimire twakolimira abantu ba Sabbiiti. Ate ekiragiro kya Allah kiteekwa buteekwa okutuukirira.

n'ekirala, naye asonyiwa ekitali ekyo eri مَنْ آَيْنَ إِنْ لِمَنْ يَشَاءُ وَمَنْ مَا دُوْنَ ذُلِكَ لِمَنْ يَشَا oyo gw'aba ayagadde. Era oyo eyenkanya يُشْرِلْكُ بِاللهِ فَقَدِ افْتَرَى إِنْمًا Allah n'ekirala, mazima ddala aba agunzeewo يُشْرِلْكُ بِاللهِ فَقدِ افْتَرَى إِنْمًا ekibi ekisuffu.

صَعِيْدًا طَيِّبًا فَامْسَحُوْا بِوُجُوْهِكُمْ وَ آيدِ يُكُمْ وَإِنَّ اللَّهُ كَانَ عَفُوًّا غَفُورًا ١٠ ٱكمْ تُرَالَى الَّذِينَ أُوْتُوْانَصِيْبًا مِّنَ الكِتْبِيشْتُرُونَ الصَّلْلَةَ وَيُرِيدُونَ آڻ تَضِلُوا السَّبِيْلُهُ وَاللَّهُ آعِلَمُ بِأَعْدَآئِكُمْ وَكُفِّي بالله ويتال وكفي بالله نصدران

مِنَ الَّذِينَ هَادُ وَايُحَرِّفُوْنَ الْكَلِمَ عَنْ مَّوَا ضِعِهِ وَ يَنقُوْلُوْنَ سَمِعْنَا وَ عَصَيْنَاوَا شَمَعْ غَيْرُ مُسْمَعٍ وَّرَاعِنَا لَيُّا بأنسنتهم وطعنا فيانة يب وكه آنَّهُمْ قَالُوْا سَمِعْنَا وَ اَطَعْنَا وَ اشمَعُ وَا نُظُرُ نَا لَكَانَ خَيْرًا لَهُ هُ وَ ٱقْوَمَهُ وَلَكِنْ كَعَنَّهُمُ اللَّهُ بِكُفَّرِهِ هُ فَلَا يُؤْمِنُونَ إِلَّا قَلْمُلَّانَ

يْكَا يُتْهَا الَّذِيْنَ أَوْتُواا لَكِتْتَ أَمِنُوْا بِمَا نَزُّ لَنَا مُصَدِّ قَالِتَمَا مَعَكُمْ يِّنْ قَبْلِ أَنْ تَطْمِسَ وُجُوْهًا فَنَرُدَّ هَاعَلْ آذْ بَارِهَا آوْ نَلْعَنَهُ مُ كَمَالَعَنَّا أَصْحِبَ السَّنْتِ، وَكَانَ آمْرُا سُهِ مَفْعُهُ لَا ١٠٠٠

49. Mazima Allah tasonyiwa kumwenkanya كَانَ اللَّهُ كَا يَغُورُ آنَ يُشْرُكَ بِهِ كَاللَّهُ اللَّهُ كَا يَغُورُ آنَ يُشْرُكَ بِهِ كَاللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ كَا يَغُورُ آنَ يُسْرُكَ بِهِ كَاللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ اللَّهُ عَلَى اللّ

^{4:47.} Abannanfuusi aboogerwako wano baagezaako okukyuusakyuusa n'okubuzaabuza amakulu g'ebigambo nga baluubirira okutyooboola ekitiibwa kya Mutume (s.a.w.). Bo abakkiriza baagambanga nti 'sami'na wa atwa'na' (الكوهذا والكوالله ekitegeeza nti, 'tuwulidde era tugonze. Kyokka ate abannanfuusi, bo baakyuusaamu nti 'sami'na wa'swaina'(مَعَضَيْنَا وَعَصَيْنَا وَعَصَيْنَا tuwulidde naye tujeemye'. Kino baakikola nga kye bagenderera kujerega Mutume (s.a.w.). Mu ngeri y'emu era abannanfuusi baakozesanga akakodyo akalala ak'okunyoola ebigambo olw'okutyooboola ekitiibwa kya Mutume (s.a.w.) nga bagamba nti 'Ra'ina' (رَاعِنًا) (oli musumba atulundira endiga zaffe) mu kifo ky'ekigambo ekituufu 'Ra'inā' (otwanguyira, totukaluubiriza). Ku lw'ensonga eno, Allah kye yava agaanira ddala abakkiriza okukozesa ekigambo 'Ra'ina' abannanfuusi kye baanyoolanga, n'abagamba nti mu kifo kya kyo bakozesenga ekigambo 'Undhurnā' (וֹבُשׁׁרָבׁוֹ) ekitegeeza nti 'ssebo tutunuulire n'ekisa', kubanga kyo ky'ekituukana n'ekitiibwa kya Mutume (s.a.w.).

- 50. Abaffe, tolaba abo abeetukuzatukuza so nga Allah y'atukuza oyo gw'aba asiimye? wadde Naye tebaliryazaamanyizibwa akasirikitu
- eby'obulimba! Era ekyo kimala okuba ekibi eky'enkukunala.

Ruku 8

- 52. Abaffe, tolaba abo abaaweebwa ekitundu ku Kitabo? Bakkiririza mu mizimu ne Sitaani, era boogera ne kw'abo abatakkiriza nti: Bano be basinga obulung'amu mu ddiini kw'abo abakkiriza.
- 53. Abo nno be bo Allah be yakolimira. Naye oyo Allah gw'akolimidde, tolimuzuulirayo muyambi yenna.
- 54. Abaffe, balinayo omugabo gwonna mu bwakabaka, kye bava balema okuwa abantu wadde akasirikitu?
- 55. Nandiki bakwatirwa bantu nsaalwa olw'ebyo Allah bye yabawa mu mikisa gye? Mazima twawa abaana ba Ibrāhimu Ekitabo n'ebyamagezi era netubawa obwakabaka obusukkirivu.
- 56. Kale mu bo mulimu abaamukkiriza, ne mu bo mulimu abaamwebengulako. Naye Jahannamu emala ng'omuliro ogubumbujja.
- 57. Mazima abo abaagaana Aya zaffe, mangu nnyo tujja kubasuula mu muliro. Buli ensusu zaabwe lwe zinasiriiranga, tulibakyuusizangamu ensusu endala, balyooke baloze ku هُمُنَةُ الْحَامُةُ مُنْ مُنْ اللَّهُ اللّ kibonerezo. Mazima Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.
- 58. Naye abo abakkiriza era ne bakola ebikolwa ebirungi, mangu nnyo tujja kubayingiza mu nsuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo; omwo mwe balibeera olubeerera. Balifuniramu be balifumbiriganwa nabo فِيْهَا ٱزْوَاجُ مُّطَهَّرَةً نِوَّ نُدُ خِلُهُ هُ ظِلَّا abaatukuzibwa, era tulibayingiza mu kisiikirize ekiweweevu ennyo.

ٱلَمْتَوَ إِلَى الَّذِينَ يُوَكُّونَ ٱنْفُسَهُمْ بَلِ اللَّهُ يُزَكِّيْ مَنْ يُشَاءُ وَ لَا يُظْلَمُونَ فَتِثلًا ۞

أَنْظُرْكَيْفَ بَفْتُرُوْنَ عَلَى اللّهِ الْكَذِبِ مَا Laba nga bwe balumika ku Allah أَنْظُرْكَيْفَ بَفْتُرُوْنَ عَلَى اللّهِ الْكَذِبَ مُ عُ وَكُفَى بِهَ إِثْمًا مُّبِينًا ٥

> ٱلمُرتَدَالَى اللَّهِ يُنَ أَوْ تُوْا نَصِيْبًا مِّنَ الكِتْبِ يُؤْمِنُونَ بِالْجِبْتِ وَالطَّاعُونِ وَيَقُوْلُونَ لِلَّذِيْنَ كُفَّرُوْا هَوُّلَّاءِ آهَدى مِنَ الَّذِينَ أَمَنُوْ اسبيلان

أُولِيُكَ الَّذِينَ لَعَنَهُمُ اللَّهُ ، وَ مَنْ يَكْ عَنِ اللَّهُ فَكُنْ تَجِدَكُهُ نَصِيرًا أَمْ

اَمْلَهُمْ نَصِيْبُ مِّنَ الْمُلْكِ فَإِذًا لَّه يُؤْتُون النَّاسَ نَقِيْرًا اللَّهُ

آهُ رَحِسُدُونَ النَّاسَ عَلَى مَآ أَتْهِ هُمُ اللَّهُ مِنْ فَضْلِهِ ، فَقَدْ أَتَيْنَا أَلَ إِبْرُهِيْمَ الْكِتْبُ وَ الْمِكْمَةَ وَ أَتَيْنُهُمْ مُلْكًا عظيمًا ١٩٥

فَمِنْهُمْ مِّنَ إِمَن بِهِ وَمِنْهُمْ مِّنْ صَدَّ عَنْهُ وَكُفْي بِجَهَنَّهُ سَعِيْرًا ١٠

رِنَّ الَّذِيْنَ كَفَرُوا بِالْنِينَا سَوْفَ نُصْلِيْهِمْ نَارًا ﴿ كُلُّمَا نَضِجَتْ لِيَذُوْتُوا الْعَذَاتِ مِ إِنَّ اللَّهُ كَانَ الله عَزِيزًا حَكِيمًا

وَ الَّذِينَ أَمَنُوا وَ عَمِلُوا الصَّالِحْتِ سَنُدْ خِلُهُمْ جَنْتٍ تَجْرِيْمِنْ تَحْتِهَا اكا تُهُرُ خُلِوِيْنَ فِيْهَا ٱبَدًا ولَهُمْ 59. Mazima Allah abalagira okuwanga obuvunaanyizibwa abo abalina ebisaanyizo bya bwo. Era nti bwe mulamulanga wakati w'abantu. kale mulamulenga mu bwenkanya. Mazima Allah by'ababuulirizisa si birungi ggero! يعظُكُمْ بِهِ مِإِنَّ اللهُ كَانَ سَمِيْعًا مِصارًا (Odala Allah ye Muwulizi wa byonna, الله كان سَمِيْعًا مِصارًا Omulabi wa byonna.

Allah era mugondere Mutume, n'abobuyinza mu mmwe.* Era bwe mutotoogananga mu kintu kyonna, kale mukizzenga eri Allah ne Mutume; bwe muba nga ddala mukkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero. Ekyo ky'ekisinga obulungi era ky'ekikomekkerezebwa obulungi.

ا ت الله يَامُهُ كُمْ أَنْ تُوَدُّوا الْأَمْنَاتِ الى آهلها " وَإِذَا حَكَمْتُهُ يَثِنَ النَّاسِ آن تَحْكُمُوْ إِبِالْعَدْلِ وَ إِنَّ اللَّهُ نِعِمًّا

الرِّسُوْلَ وَ أُولِي الْأَمْرِ مِنْكُمْ مَ فَإِنْ تَنَازَعْتُمْ فِي شَيْءٍ فَرُدُّوهُ إِلَى اللَّهِ وَ الرَّسُولِ إِنْ كُنْتُمْ تُؤْمِنُونَ بِاللّٰهِ وَ الْيَوْمِ الْأَخِيرِ ، ذٰلِكَ خَيْرٌ وَّ آحْسَنُ

عُ تَأْدِيْلاً ۞

Ruku 9

61. Abaffe, tewalaba abo abeefuula nti bakkiriza ebyo ebyassibwa gy'oli ebyassibwa olubereberye lwo ng'ate baagala kulamulirwa eri Sitaani, so nga baalagirwa obutamukkiriza? Naye Sitaani ky'ayagala, kwe kubabuza okubula okw'ewala.

ٱكَمْتُوَ إِلَى الَّذِيْنَ يَهِ عُمُوْنَ ٱنَّهُمْ أَمَنُوا بِمَآاُ نُزِلَ إِلَيْكَ وَمَآ أُنْزِلَ مِنْ قَبْلِكَ يُرِيدُونَ أَنْ يُتَكَمَّا كُمُوْا إِلَى الطَّاعُوْتِ وَ قَدْ أُمِرُواً آنَ يَكُفُرُوا يه ، وَيُرِيْدُ الشَّيْطُنُ اَنْ يُضِلَّهُ ضَلِلاً يَعِنْدُانَ

وَإِذَا تِتِيْلَ لَهُمْ تَعَا كَوْا إِلَى مَا آنْزَلَ اللهُ عَلَى الْمُعَالِقِيلَ لَهُمْ تَعَا كَوْا إِلَى مَا آنْزَلَ اللهُ Allah bye yassa n'eri Mutume, olaba bakwemansulako bannanfuusi bwe olwemansula.

63. Naye kitya awo nga batuukiddwako akabenje olw'ebyo emikono gyabwe bye gyakulembeza? Olwo bajja gy'oli nga balayira nti: Mu mazima ga Katonda, tetwagenderera kirala kyonna okuggyako okukola ekisa n'okutabagana.

64. Abo nno Allah amanyi bulungi ebiri mu mitima gyabwe. Kale ggwe baleke era babuulirire, era yogera nabo ekigambo

وَ إِلَّى الرَّسُولِ رَآيْتَ الْمُنْفِقِيْنَ يَصُدُّونَ عَنْكَ صُدُوْدَاشَ

فَكُنِفَ إِذَا صَا بَتْهُمْ مُصِيدةٌ بِمَاقَدٌ مَثْ ٱيْدِيْهِمْ تُمَرِّجَا أَرُوكَ يَحْلِفُونَ لَمَّ بِاللَّهِ رِنْ أَرَدْ نَآرِكُ رِحْسًا نَا وَتَوْ نِفِقًا

أُولِيُكَ الَّذِينَ يَعْلَمُ اللَّهُ مَا فِي قُلُوْ بِهِمْ: فَأَعْرِضْ عَنْهُمْ وَعِظْهُمْ وَ

^{4:60.} Abantu abamu tebategeera bulungi makulu gava mubigambo 'ulil amri minkum' (أَلُوالْأَكْبُرِينَكُمُةُ) ekitegeeza 'ab' obuyinza mu mmwe', naddala ekigambo 'minkum' ekirimu ebigambo ebibiri 'min' (جُونَ) ne 'kum' (5). 'Min' kitegeeza 'okuva' oba 'mu', ate 'kum' kitegeeza 'mmwe'. Abamu balowooza nti Aya eno etegeeza nti Ahasiraamu basaanye kugondera ab'obuyinza abo bokka abaya mu bo nga Basiraamu. Okusinziira ku mateeka g'Oluwarabu, 'min' egatta bugassi 'kum' ku 'amri', n'olwekyo amakulu amatuufu gasaanye kuba 'n'abobuyinza 'mu mmwe' oba 'ku mmwe' so si 'okuva mu mmwe'.

AL-NISĀ

ekibakwatirako ddala.

65. Era tetwatuma Mubaka yenna wabula twamutuma alyooke agonderwe olw'ekiragiro kya Allah. So singa bwe beeryazaamaanya, bajja gy'oli nebasaba okusonyiyibwa kwa Allah, ne Mutume n'abasabira okusonyiyibwa, mazima baalisanze nga Allah Musonyiyi nnyo, Musaasizi nnyo.

66. Nedda, amazima ga Mukama wo, tebajja kuba bakkiriza okutuusa lwe balikufuula omulamuzi mu buli mpaka eziri wakati waabwe, n'oluvannyuma baleme kusanga nkenyera yonna mu mitima gyabwe kw'ekyo ky'osazeewo era bajeemulukuke olujeemulukuka.

67. Era singa twabalagira nti mutte abantu bammwe oba nti muve mu maka gammwe, tebaalikikoze okuggyako abatono ennyo mu bo. So nno singa baakola ebyo ebibabuulirirwako, ky'ekyalisinze obulungi gye bali era bwe bwalibadde obunyweeyu obwa nnamaddala.*

68. Era olwo ddala twalibawadde empeera nsuffu okuva gye tuli;

69. Era ddala twalibalung'amizza mu kkubo eggolokofu.

70. Era oyo agondera Allah ne Mutume, kale abo be bali mw'abo Allah be yawa ebyengera: Mu ba Nabbi, n'Abamazima, n'Abajulizi, n'Abatuukirivu. Era bano si ba mukwano ggero!

Era Allah ye Mumanyi amalira ddala.

Ruku 10

72. Abange mmwe abakkiriza, mutwale eby'okwerinza byammwe; kale mulumbise ekibiina kimu kimu, oba mwenna mugende bumu.

eyeesigaza emabega. Kale bwe Mutuukibwako akabenje, ng'agamba nti: Mazima

قُلْ لَهُمْ فِي آنْفُسِهِمْ قَوْلًا بَلِيْغًا ۞ وَمَا آرْسَلْنَا مِنْ رَّسُوْلِ رَكَّ لِيُطَاعَ بِإِذْنِ اللَّهِ ، وَلَوْ ٱلنَّهُمْ إِذْ ظَّلَمُهُ ا آنفسه ه حاء وك فاستغف والله وَاسْتَغْفَو لَهُمُ الرَّسُولُ لَوْ حَدُوا الله تقالاً وما ومنعان مُوْكَ نِيْمَا شَجَرَ بَيْنَهُمْ ثُمَّ آ يَجِدُوا فِي آثفُسِهِمْ حَرَحًا مِّمَّا قَضَيْتَ وَيُسَلِّمُوْا تَسْلِمُواا وَسُلْمُواا وَكُوْ آتًا كَتَيْنَا عَلَيْهِمْ أَنِ اقْتُلُوْآ ٱنْفُسَكُمْ أَوِ اخْرُجُوْا مِنْ دِيَارِكُمْ مَّا

فَعَلُوْهُ إِلَّا قَلِيْكُ مِّنْهُمْ وَكُوْاَتَّهُمْ فَعَلُوْا مَا يُوْ عَظُوْنَ بِهِ لَكَانَ خَيْرًا لَّهُمْ وَ ٱشَدَّ تَثْبِيْتًا۞

وَّادِدًا لَاٰتَيْنُهُمْ يَتِنْ لَـُدُنَّا آجُرًا

نهُ مُصِرًا طَّا مُّسْتَقِيْمًا ١٠ وَمَنْ يُطِعِ اللَّهُ وَالرَّسُولَ فَأُولِينَكَ مَعَ الَّذِينَ ٱنْعَمَامِلُّهُ عَلَيْهِمْ مِّنَ الْنَّبِيِّنَ وَ الصِّدِيْقِيْنَ وَالشَّهُدَّاءِ وَالصَّلِحِيْنَ ، وَ حَسُنَ أُولَنكَ رَفِيْقًا أَن

71. Egyo nno gy'emikisa egiva eri Allah. إلك الْفَضْلُ مِنَ اللّهِ وَكُفْي بِاللّهِ عِلَى اللّهِ اللّهِ اللّه الله عَلَيْمُالُ

> يَا يُهَا الَّذِينَ أَمَنُوا خُذُوا حِذْرُكُمْ فَا نُفِرُوا نُسَبًا بِ أَوِا نُفِرُوْا جَمِيْعًا

73. Era ddala mu mmwe mulimu n'oyo وَإِنَّ مِثْكُمْ لَمَنْ لَيُبَطِّئُنَّ مِوَانَ مِثْكُمْ لَمَنْ لَيُبَطِّئُنَّ مِوَانَ مَالْكُمْ وَمِعْمُ مِنْكُمْ لَمَنْ لَيُبَعِظُنَّ مِوَانُ مِا اللهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ اللهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ اللهِ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلِيهُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلِيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلِي عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلِي عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلِي عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلِي عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلِي عَلَيْهِ عَلِيهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلِيهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَل مُّصِيْبَةً قَالَ قَدْاَنْعَمُ اللهُ عَلَيَّ إِذْ لَهُ

^{4:67.} Kino tekitegeeza nti baalagirwa okwetta wabula baakubirizibwa okwemalamu omuze gw'okwemanya, amaddu n'empisa embi basobole okujeemulukukira Allah mu bujjuvu.

nze Allah ansaasidde nemba nga siri wamu nabo.

74. Naye bwe mutuukibwako emikisa egiva eri Allah, ddala ajja kwogera nga wali ng'awataabadde mukwano wakati wammwe nave. nti: Nga ndabye! Kale singa nabadde nabo, naaliganyuddwa okuganyulwa okusuffu!

abatunda obulamu bw'ensi olw'enkomerero. Era oyo alwana mu kkubo lya Allah n'attibwa صَيِيْلِ اللهِ فَيُقْتَلُ أَوْ يَغْلِبُ فَسَوْفَ مَسَاءِ فَ مُعَالِيهِ مَا oba n'awangula, kale mangu nnyo tujja kumuwa empeera ensukkirivu.

76. Ye mubadde kkubo lya Allah n'olw'abateesobola mu basajja n'abakazi n'abaana abo abagamba nti: Mukama waffe, tujje mu kibuga kino abantu ba kyo bajoozi nnyo,era otuteerewo ow'omukwano ava gy'oli, era otuteerewo n'omuyambi ava gy'oli?

77. Abo abakkiriza be balwana mu kkubo lya آگذِيْنَ أَمَنُوْ ايْقَاتِلُوْنَ فِيْ سَبِينِكِ اللَّهِ ءَ Allah. Naye abatakkiriza, balwana mu kkubo lya Sitaani. Kale mmwe mulwanyise الطَّاغُوْتِ فَقَاتِلُوْا وَلِيَا ءَالشَّيْطِي وَ يَ mikwano gya Sitaani. Mazima enkwe za الطَّاغُوْتِ فَقَاتِلُوْا وَلِيَا ءَالشَّيْطِيءَ وَقَ Sitaani nnafu nnyo.

Ruku 11

Muziyize emikono gyammwe temulwana, naye mujjumbire essaala era mutoole zaka? Naye bwe baalaalikibwa okulwana, okwejjuukiriza nga abamu mu bo batya abantu nga bwe baalitidde Allah,oba okutya اِذَا فَرِيْقٌ مِّسْنُهُ مْ يَخْشُونَ النَّاسَ okusinga nawo. Era baagamba nti: Mukama waffe, lwaki watulaalika okulwana? Singa nno watulwisalwisaako okumala akaseera akampimpi! Gamba nti: Emigaso gy'ensi nnyo, naye egy'enkomerero gy'egisinga obulungi eri oyo atya Allah; era temuliryazaamaanyizibwa n'akatono.

79. Wonna wemuba, okufa kwa kubatuukako, ne bwe muba mu bigo ebinyweevu

أكُن مَّعَهُمْ شَهِيدًا ١٩

وَكَنِّنَ اصَا بَكُمْ فَضْلُ مِّنَ اللهِ لَيَقُولَنَّ كَانَ لَــمْ تَكُنْ بَيْـنَكُمْ وَ بَيْنَهُ مَوَدَّةً يْلَيْتَنِيْ كُنْتُ مَعَهُمْ فَأَفُوزَ فَوْزًا

75. Kale balwane mu kkubo lya Allah abo فَلْيُقَاتِلْ فِيْ سَبِيْلِ اللهِ اللَّهِ الَّذِينَ يَشْرُونَ الْحَيْدِةَ الدُّنْيَا بِالْإِخِرَةِ وَمَنْ يُقَاتِلُ فِيْ نُوْرِتِيْهِ آجُرُاعَظِيْمًا

> ki obutalwana mu وَمَالَكُمْ لَا تُقَاتِلُوْنَ فِي سَبِيْكِ اللهِ وَ الْمُسْتَضْعَفِيْنَ مِنَ الرِّجَالِ وَالنِّسَاءِ وَ الْوِلْدَانِ الَّذِيْنَ يَتَّقُوْلُوْنَ رَبَّنَّا آخرجنا مِنْ هٰذِو الْقَرْيَةِ الظَّالِمِ آهُلُهَاء وَ احْعَلْ لَّنَا مِنْ لَّدُنْكَ وَلِتَّاءً وَّاجْعَلْ لَّنَامِنْ لَكُ نُكَ نَصِيْرًا إِلَى

> > الَّذِيْنَ كَفَرُوا يُقَاتِلُونَ فِي سَبِيلِ ع كَيْدَ الشَّيْطِي كَانَ ضَعِيْفًا ﴿

آكَمْ تَكُرُ إِلَى اتَّـذِينَ رِقَيْلَ لَهُ مُ كُفُّهَا: 78. Abaffe, tewalaba abo abaagambibwa nti: أَيْدِيَّكُمْ وَ أَقِيْمُوا الصَّلُوةَ وَ أَتُوا الزُّكُوةَ * فَلَمَّا كُتِتِ عَلَيْهِمُ الْقِتَالُ كَخَشْيَةِ اللَّهِ أَوْ أَشَدَّ خَشْيَةً * وَ قَالُوْ ا رَبِّنَا لِمَ كَتَبْتَ عَلَيْنَا الْقِتَالَ ، لَوْكَ ٱخَّدْ تُنَّا إِلَّي آجَلِ قَرِيبٍ و قُلْ مَتَاعُ الدُّنْيَا قَلِيْلُ ﴿ وَ الْأَخِرَّةُ خَيْرٌ لِّمَنِ اتَّقَى سُولًا تُظْلَمُونَ فَيْسِيلًا

> آيْتَ مَا تَكُوْ نُوْا يُدْ رِكَكُّمُ الْمَوْتُ وَلَوْ كُنْتُمْ فِي بُرُوجِ مُّشَيَّدَةٍ ﴿ وَإِنْ

Era bwe batuukibwako ebirungi, bagamba nti: Bino bivudde eri Allah. Naye bwe batuukibwako akabi, bagamba nti: Kano kavudde gy'oli. Gamba nti: Byonna biva eri Allah. Abaffe, abantu bano babadde ki, tebakyayinza na kutegeera kigambo kyonna?

80. Ekirungi kyonna ekikutuukako kiva eri Allah, naye ekibi kyonna ekikutuukako kiva gy'oli. Era twakutuma nga ggwe Mubaka eri abantu bonna. Era Allah nga Omujulizi, amala.

81. Oyo agondera Mutume, ddala aba agondedde Allah. Era yenna eyeekyuusa, *amanye nti* ggwe tetwakutuma kuba mukuumi ku bo.

82. Era bagamba nti: Obuwulize *bwe tugenderera*. Naye bwe bava w'oli, ekibiina ekimu mu bo kisula kiteesa okuwakanya ebyo bye wayogedde. Naye Allah awandiika ebyo bye basula bateesa. Kale ggwe baleke, era weesige Allah *yekka*. Era Allah nga Omulabirizi, amala.

83. Abaffe, Kur'āni *eno* tebagifumiitirizaako? Ddala singa yava eri atali Allah, tewali kubuusabuusa, baaligisanzeemu ebitatabagana nfaafa.*

84. Era bwe batuukibwako amawulire ag'emirembe oba ag'entiisa, bagalaalaasa bulaalaasa. So singa bagazza eri Mutume oba eri ab'obuyinza mu bo, ddala abo mu bo abaganoonyerezaako baalitegedde *ekituufu*. Era singa si mikisa gya Allah egiri ku mmwe n'okusaasira kwe, mazima mwaligoberedde Sitaani, okuggyako abatono ennyo.

85. Kale lwana mu kkubo lya Allah—tovunaanyizibwa okuggyako ku lulwo ggwe wennyini— era kubiriza n'abakkiriza

تُصِبْهُمْ حَسَنَةً يَّقُوْلُوا هٰذِهِ مِنْ عِنْدِا سَّهِ مَرَانْ تُصِبْهُمُ سَيِّعَةً يَّقُولُوا هٰذِهِ مِنْ عِنْدِكَ فُلْ كُلُّ مِّنْ عِنْدِ اللهِ مُنَالِهُ وَكُلْءِ الْقَوْمِ لَا يَكَادُونَ يَفْقَهُوْنَ حَدِيْنًا اللهِ

مُ آصاً بَكَ مِنْ حَسَنَةٍ فَمِنَ اللهِ وَمَ مَ اللهِ وَ مَ اللهِ وَ مَ اللهِ وَ مَ اللهِ مَ اللهِ مَ اللهِ مَ اللهِ مَ اللهُ اللهِ مَ اللهُ اللهُ وَ اللهُ مَ اللهُ اللهِ مِنْ اللهُ وَ اللهُ اللهِ مِنْ اللهُ وَ اللهُ مِنْ اللهُ وَ اللهُ وَ اللهُ مِنْ اللهُ وَ اللهُ مِنْ اللهُ وَ اللهُ وَ اللهُ مِنْ اللهُ وَ اللهُ مِنْ اللهُ وَ اللهُ مِنْ اللهُ وَ اللهُ مِنْ اللهُ وَ اللهُ وَ اللهُ اللهُ وَ اللهُ وَاللهُ وَ اللهُ وَاللهُ وَاللّهُ وَاللّ

مَّن يُّطِعِ الرَّسُوْلَ فَقَدْ اَطَاعَ اللَّهِ وَمَنْ تَوَلَّى اللَّهِ وَمَنْ تَوَلَّى فَقَدْ اَطَاعَ اللَّهِ وَمَنْ تَوَلَّى فَمَا اَرْسَلْنَكَ عَلَيْهِمْ حَفِيْظًا أَهُ

وَيَقُوْلُوْنَ طَاعَةً نَوَاذَا بَرَزُوْا مِنْ عِنْدِكَ بَيْرَزُوْا مِنْ عِنْدِكَ بَيْرَزُوْا مِنْ عِنْدِكَ بَيْتَ مُلَاثِنَهُ مِنْ عُنْدَالَانِيْ تَقُوْلُ، وَاللهُ يَكُنتُ مُا يُبَيِّتُوْنَ مَا يُبَيِّتُوْنَ مَا يُبَيِّتُوْنَ مَا عَلَى اللهِ وَوَعَلْ عَلَى اللهِ وَوَعَلْ عَلَى اللهِ وَوَعَلْ عَلَى اللهِ وَوَعَلْ عَلَى اللهِ وَرَكِيلًا ﴿ كَاللَّهُ مِنْ إِلَا للهِ وَكُلِيلًا ﴿ ﴾

آفَلَا يَتَدَ بَبُرُوْنَ الْقُرْاْنَ ﴿ وَكُوْ كَانَ مِنْ عِنْدِ غَيْرِ اللهِ لَوَجَدُوْا فِيْهِ الْحَتَلَا قُاكِتْنُوْا

وَإِذَا جَآءَ هُمْ آمُرُقِنَ الْأَمْنِ آوَالْعَوْفِ
آذَا عُوَابِهِ ، وَلَوْرَدُّ وَهُ إِلَى الرَّسُولِ وَإِلَى
أَدِلِي الْأَمْرِ مِنْهُمْ لَعَلِمَهُ الَّذِينَ
أُولِي الْأَمْرِ مِنْهُمْ لَعَلِمَهُ الَّذِينَ
يَسْتَنْبِطُونَهُ مِنْهُمْ ، وَلَوْلَافَضْلُ اللهِ
عَلَيْكُمْ وَرَحْمَتُهُ لَا تَبَعْتُهُ الشَّيْطِي
اللَّ قَلِيدًا الشَّيْطِي

فَقَاتِلُ فِي سَبِيْلِ اللهِ عَلَا ثُكُلَّفُ إِلَّا تَفْسَكُ وَ مَا سَبِيْلِ اللهِ عَلَى اللهُ مَا تُفْسَكُ وَ حَرِّضِ الْمُؤْمِنِيْنَ عَصَى

4:83. Ebigambo 'ikhtilāfan katheeran' (נְבָּצְלּוֹלְבִּינֶּן) wano bitegeeza butatabagana, kukontana oba kukoonagana okungi. Ekitegeeza nti singa ddala Kur'ani Entukuvu teyava eri Katonda, yandibaddemu ebitatabagana nfaafa. Amakulu ge gamu gasangibwa ne mu 67:4 Katonda w'agamba nti toyinza kulaba njawukana (oba butatabagana)mu kutonda kwe.

okulwana; ob'olyawo Allah n'aziyiza enkundi y'abatakkiriza. Era Allah musukkirivu mu maanyi, era Mukakali mu kubonereza.

86. Oyo awolereza okuwolereza okulungi, akufunamu omugabo. N'oyo awolereza okuwolereza okubi, afuna omutemwa gw'ekibi gwa kwo. Era Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.

87. Era bwe mulamusibwanga n'ekiramuso ekirimu okusaba, kale nammwe mulamusenga mu ngeri ekisingako obulungi, oba mukiddengamu. Mazima buli kimu Allah akibala.*

88. Allah ye yekka, teri musinzibwa mulala okujjako Ye. Ddala ajja kugenda ng'abakung'aanya okutuusa ku lunaku lw'okuzuukira, tekiriimu kubuusabuusa. Y'ate ani asinga ku Allah okwogera amazima?

Ruku 12

89. Abaffe, mubadde mutya okwetemamu awabiri ku nsonga za bannanfuusi, songa Allah yabasuula dda olw'ebyo bye baakola? Abaffe, mwagala kulung'amya abo Allah be yasalira okubula? Naye oyo Allah gw'asalidde okubula, kale toyinza kumuzuulirayo kkubo ddala.

90. Era beegomba nnyo nammwe mubeere batakkiriza nga bo bwe bali abatakkiriza, olwo *mwenna* mwenkanenkane. Kale temutwalanga yenna mu bo okuba ow'omukwano, okutuusa lwe balisengukira mu kkubo lya Allah. Naye ate bwe beefuulanga, olwo mubakwate era mubatte wonna wemubasanganga. Era bo okuba temutwalanga yenna mu

ow'omukwano wadde omuyambi;

91. Okuggyako abo abalina enkolagana n'abantu nga wakati wammwe nabo waliwo endagaano, oba nga bazze gye muli nga emitima gyaabwe gikaluubiriddwa okulwana nammwe oba okulwana ne bannaabwe. Era singa Allah yayagala, ddala yaalibawadde amaanyi ku mmwe; olwo ddala baalirwanye nammwe. Naye bwe babeesambanga nebatalwana nammwe era nebassaawo emirembe gye muli, kale olwo Allah mmwe tabakkiriza

الله أَنْ يَكُفُّ بَأْسَ الَّذِيْنَ كَفَرُوْا وَاللَّهُ أَشَدُّ بِأَسَّا وَّأَشَدُّ تَنْكِيلًا ١٠ مَنْ تَشْفَحُ شَفَاعَةً حَسَنَةً كُنُ، لَّهُ تَصِيْبُ مِّنْهَاءً وَمَنْ يَشْفَحُ شَفَاعَةً سَيِّئَةً يُكُن لَّهُ كِفْلُ مِنْهَا ﴿ وَكَانَ اللهُ عَلْ كُلَّ شَيْءِ مُقَتْتًا ١٠ وَإِذَا حُيِّيْتُمْ بِتَحِيَّةٍ فَحَيُّوا بِأَحْسَنَ

مِنْهَا أَوْرُدُّ وْهَا مِنْ اللهَ كَانَ عَلَى كُلُّ

ٱللُّهُ كُلَّ إِلَّهُ إِلَّا هُوَ، لَيَجْمَعَتُكُمْ الْقِيْمَةِ لَا رَيْتِ فِيْهِ، وَمَنْ آَصْدَقُ اللهِ حَدِيثًا اللهِ حَدِيثًا

فَمَا لَكُمْ فِي الْمُنْفِقِيْنَ فِئَتَيْنِ وَاللَّهُ آدُكَسَهُمْ بِمَا كُسَبُوا مِ آثُرِيْدُونَ آنَ تَهْدُوْا مَنْ آضَلَ اللهُ ، وَمَنْ يُضْلِلِ اللهُ فَكُنْ تَجِدُ لَـ لَهُ سَبِيْلًا ١٠

وَدُّوا لَوْ تُكُفُّرُونَ كَمَّا كُفَّرُوا فَتَكُمْ نُهُ نَ سَوَاءً فَلَا أَوْلِيّاءً حَتَّى يُهَاجِرُوا فِي اللهِ ، فَإِنْ تَوَلَّوْا فَخُذُوْهُمْ حَاءُوْ كُوْ حُصِرَتْ صُدُوْدُ هُمُ أَنْ تُقَامِنُهُ كُمْ أَوْ يُقَامِنُهُ اقَوْمَهُمْ وَلَوْ هَاءًا بِلَّهُ لَسَلَّا طَهُمْ عَلَيْكُمْ فَلَقْتُلُمْ كُمْ فَإِنِ اعْتَزَلُوْكُمْ فَكُمْ يُقَامِلُوْكُمْ وَ

4:87. Mu butuufu Aya eno tekwata ku kulamusaganya kwokka, wabula ekwata ne ku kuweerezaganya ebirabo eby'enjawulo ebiddizibwamu ebibisingako oba ebibyenkana.

kubasosonkereza.

92. Mujja kukisanga nti abalala baagala mirembe gye muli era nga baagala mirembe eri abantu baabwe. Naye ng'ate buli lwe bazzibwa eri obulabe, basindika asitamye. Nave bwe bataabaveeko era bwe bataateekewo mirembe gye muli ate nebaziyiza emikono gyabwe ku mmwe, olwo mubakwate era mubatte wonna mubasanganga. Era abo tubabawaddeko obuyinza obwetadde.

Ruku 13

93. Era si kituufu omukkiriza okutta omukkiriza, mpozzi mu butanwa. Era oyo atta omukkiriza mu butanwa, kale awe omuddu omukkiriza eddembe, n'engassi y'omusaayi esasulwe eri ababe; okuggyako nga bo be bagisonyiye. Naye omufu bw'aba nga yali ava mu bantu abalabe bammwe, nga ye mukkiriza, olwo omussi awe omuddu omukkiriza eddembe. Naye bw'aba nga yali ava mu bantu nga wakati wammwe nabo waliwo endagaano, kale engassi y'omusaayi esasulwe eri ababe, n'okuwa omuddu omukkiriza eddembe. Naye oyo atabirina, kale asiibe emyezi ebiri egiddiring'ana. Okwo nno kusaasira okuva eri Allah. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

94. Era oyo atta omukkiriza nga agenderedde, kale empeera ye Jahannamu; mu yo mw'alibeera, ne Allah agenda kumusunguwalira era alimukolimira; nate vamutegekera ekibonerezo ekisuffu.

95. Abange mmwe abakkiriza, bwe mugendanga *mu lutalo* mu kkubo lya Allah, kale mwekkaanyanga nnyo.

Naye temugambanga oyo abatooledde Salaamu *nti*: Toli mukkiriza, nga munoonya okufuna ebintu by'ensi, so nga eri Allah y'eri eby'obugagga enfaafa. Anti nammwe bwe mutyo bwe mwali edda, naye Allah النَّهُ ثَيَا وَحَنْدَا مِتْهِ مَعَالِمُ كَثِيْرَةً اللهِ مَعَالِمُ كَثِيْرَةً اللهِ مَعَالِمُ كَثِير

ٱلْقَوْا إِلَيْكُمُ السَّلَمَ افْمَاجَعَلَ اللَّهُ لَكُمْ عَلَيْهِمْ سَبِيْلًا ۞

سَتَجِدُوْنَ الْخَرِيْنَ يُرِيْدُوْنَ اَنْ يَّأْمَنُوْكُمْ وَيَاْمَنُوْا قَوْمَهُمْ وَكُلَّمَا رُدُّوْا لَّكَ الْفِشْنَاةِ ٱلْكِسُوا فِيْهَا ﴿ فَإِنَّ لَّمْ يَعْتَزِلُوْكُمْ وَ يُلْقُوْآ إِلَيْكُمُ السَّلَمَةِ يَكُفُّهَ ٓ اَيْدِيَهُمْ فَخُذُوْهُمْ وَ اقْتُلُوْهُمْ حَيْثُ ثَقِفْتُمُوْ هُمْ وَأُولِيْكُمْ جَعَلْنَا اللهُ مُكَمُعَلَيْهِمْ سُلْطْنًا شُبِيْنًا اللهُ

وَمَاكًا نَ لِمُؤْمِنِ أَنْ يَقْتُلُ مُؤْمِنًا إِلَّا خَطَأَءً وَ مَنْ قَتَلَ مُؤْمِنًا خَطَأً فَتَحْرِيْرُ رَقَبَةٍ مُّؤْمِنَةٍ وَّدِيةً مُّسَلَّمَةً إِلَّ ٱۿڸؚؠٓٳ؆ٚؖٲڽؾۜڞۜڐۜڠؙۉ١٠ٷٛڽػٲ؈ؽ قَوْمِعَدُوِّ لَكُمْ وَهُوَ مُؤْمِنَ فَتَحْرِيرُ رَقَبَةِ مُّؤْمِنَةٍ ﴿ وَإِنْ كَانَ مِنْ قَوْمٍ بَيْنَكُمْ وَ بَيْنَهُمْ مِيْثَاقُ فَدِيَةً مُسَلَّمَةً إِلَّى آهٰلِهِ وَتَحْرِيرُ رُقَبَةٍ مُّؤُمِنَةٍ عَنَمَنْ لَّمْ يَجِذُ فَصِيامُ شَهْرَيْنِ مُتَتَابِعَيْنِ نَوْبَةً مِّنَا لِلْهِ وكان الله عليمًا حَكِيمًا ص

وَ مَنْ يَقْتُلُ مُؤْمِنًا مُّتَعَمِّدًا فَكَنَّاؤُهُ حَهَنَّهُ خَالِدًا فِنْهَا وَ غَضِبَ اللَّهُ عَلَيْهِ وَلَعَنَهُ وَإَعَدُّلُهُ عَذَا يًا عَظِيْمًا ١٠

يّاً يُهَا الَّذِيْنَ أَمَنُوْ الإِذَا ضَرَبْتُمْ فِي سَبِيْلِ اللَّهِ فَتَبَيَّنُوْ ا وَلَا تَقُو لُوْ ا يمَن أَنْقَى إِلَىْكُمُ السَّلْمَ لَسُتَ مُؤْمِنًا ﴿ تَبْتَغُونَ عَرَضَ الْحَيْوِةِ

n'abasaasira busaasizi. Kale mwekkaanyanga كَذْلِكَ كُنْتُمْ مِّنْ قَبْلُ فَمَنَّ الله nnyo. Mazima bye mukola, Allah abitegeera.

96. Abakkiriza abatuula obutuuzi nga tebalina bulemu bwonna tebayinza kwenkana n'abo abatakabana mu kkubo lya n'ebyobugagga bwabwe n'emyoyo gyabwe. yasukkulumya ekitiibwa ky'abo abatakabana n'ebyobugagga bwabwe n'emyoyo gyabwe kw'abo abatuula obutuuzi. Wewaawo bombiriri Allah yabasuubiza ebirungi. Naye Allah yasukkulumya nnyo abo abatakabana mu kkubo lye mu mpeera ensukkirivu okusinga kw'abo abatuula obutuuzi,

97. Mu bitiibwa okuva gy'ali n'okusonyiwa, n'okusaasira. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

Ruku 14

98. Mazima abo abafiisibwa ba malayika nga beryazaamaanyizza bokka, ba malayika balibagamba nti: Mwali ku ki? Baliddamu nti: Twali tutwalibwa nti tuli banafu nnyo mu nsi. Ba malayika baliddamu nti: Abaffe, ensi ya Allah teyali ngazi mmwe okusengukira mu yo? Kale abo amaka gaabwe muliro. Naye obwo buddo bubi nnyo;

99. Okuggyako abo abateesobola mu basajja n'abakazi n'abaana, abatasobola na ntegeka yonna era abatasobola kuzuula kkubo ddala lyonna;

mu. Era Allah ye Musanguzi w'ebibi, Omusonyiyi ennyo.

101. Era oyo asengukira mu kkubo lya Allah*, asanga obubudamu bungi mu nsi n'okwetaaya. Era oyo yenna ava mu nju ye nga asengukira eri Allah ne Mutume we n'oluvannyuma n'atukibwako okufa, kale empeera ye eba ekakase ku Allah. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

عَلَيْكُمْ فَتَبَيَّنُوْا وَقَ اللَّهُ كَانَ بما تَعْمَلُوْنَ خَبِيْرًا لا يَسْتَوِى الْقَاعِدُ ذُنَ مِنَ الْمُؤْمِنِيْنَ غَيْرُ أُولِي الضَّررِ وَ الْمُجَاهِدُوْنَ فِي سَيِيْلِ اللهِ إِمَا مُوَالِهِ هُرُوا نَفْسِهِ هُ وَضَّلَ الله المُجْهِدِينَ بِآمُوالِهِمْ وَآنَفُسِهِمْ عَلَى الْقُعِدِيْنَ ذَرَجَةً وَكُلَّا وَعَدَ اللَّهُ

الْحُسْنَى ، وَ فَضَّلَ اللَّهُ الْمُجْهِدِيْنَ عَلَى

حَرَجْتِ مِّنْهُ وَمَغْفِرَةً وَرَحْمَةً ﴿ وَكَانَ ع اللهُ غَفُورًا رَّحِيْمًا ١٠

الْقُعِدِيْنَ آجُرًا عَظِيْمًا أَنْ

إِنَّ الَّذِيْنَ تَوَقَّٰمُهُمُ الْمَلْئِكَةُ ظَالِمِيٓ آنْفُسِهِ مْقَالُوْ افِيْمَكُنْ تُمْ وَقَالُوْ اكُنَّا مُشتَضْعَفِيْنَ فِي الْهَ رُضِ عِقَالُوْآاكُهُ تَكُنُ أَرْضُ اللهِ وَاسِعَةً فَتُهَاجِدُوا فِيْهَا ، فَأُولَئِكَ مَاوْسَهُمْ جَهَـ نَكُمُ ، وَ

راكا المُسْتَضْعَفِيْنَ مِنَ الرِّجَالِ وَ سَاءِ وَ الْوِلْدَانِ لَا يَسْتَطِيْعُوْنَ حِيْلَةً زُلايَهْتَدُونَ سَبِيْلانَ

قَارُ لِيَنِكَ عَسَى اللَّهُ آنْ يَتَعْفُو عَنْهُمْ وَ -100. Kale abo ob'olyawo Allah alibaddira كان الله عَفْهُ اغَفُهُ وَال

> وَمَنْ يُبْعَا جِرْفِيْ سَبِيْلِ اللهِ يَ فِي الْأَرْضِ مُاغَمًّا كَتْنُا وَمَنْ يَتَخُرُجُ مِنْ بَيْتِهِ مُهَاجِرًا إِلَى الله وَرَسُولِهِ ثُمَّ يُدُرِكُ هُ الْمَوْتُ فَقَدْ وَقَعَ أَجْرُهُ عَلَى اللهِ وَكَانَ اللهُ الم عَفُورًا رَّحِيْمًا

^{4:101. &#}x27;Fii sabiilillah' (فَيْسَعِيْكِ اللهِ) bitegeeza: 'Ku lwa Allah' oba 'ku lw'omulimu gwa Allah'oba 'mu kkubo lya Allah.'

Ruku 15

102. Era bwe muba nga mutambula mu nsi, kale temubaako kinenyo bwe muyimpawaza ku ssaala, bwe muba nga mwekeka nti abo abatakkiriza bayinza okubaleetera emitawaana. Mazima abatakkiriza balabe bammwe ba lwaatu.

103. Era bw'obanga mu bo mu biseera eby'akabi n'obakulembera mu ssaala, kale ekibiina ekimu mu bo kiyimirire naawe mu ssaala era batwale n'ebyokulwanyisa byabwe. Naye bwe bamalanga okuvuunama, kale abo badde emabega wammwe, nate ekibiina ekirala ekitannasaala kijje kisaale naawe, naye era nabo batwalenga eby'okwerinza byabwe n'ebyokulwanyisa byabwe; kuba abatakkiriza baagala nti singa mulagajjalira eby'okulwanyisa byammwe n'ebintu byammwe, olwo babagwiira olugwiira lumu. Naye temubaako kinenyo bwe muba nga mulina obuzibu olw'enkuba nemussa wansi oba nga muli balwadde eby'okulwanyisa byammwe. mutwalenga eby'okwerinza byammwe. Mazima Allah yategekera abatakkiriza ekibonerezo ekiswaaza.

104. Kale bwe mumalirizanga essaala, mujjukirenga nnyo Allah mu kuyimirira ne mu kutuula n'awo nga mugalamidde ku mbiriizi zammwe. Naye bwe mubanga emirembe, olwo mutuukirizenga essaala mu bujjuvu. Mazima essaala yalaalikibwa ku bakkiriza okugisaalanga mu biseera ebigere.

105. Era temuddiriranga nga mulondoola abantu *ababalwanyisa*, kuba bwe muba nga mulumizziddwa, ddala nabo baba balumiziddwa nga mmwe bwe mulumiziddwa; naye mmwe musuubira eri Allah bo bye batasuubira. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

وَ إِذَا ضَرَبْتُمُ فِي الْآرْضِ فَلَيْسَ عَلَيْكُمْ جُنَاحُ آنْ تَقْصُرُوْا مِنَ الصَّلُوةِ انْ خِفْتُمُ آنَ يَفْتِنَكُمُ الَّذِيْنَ كَفَرُوْا الْآ الْكُفِرِيْنَ كَانُوْا لَكُمْ عَدُوَّا مُّيِيْنًا اللَّهِ

وَإِذَا كُنْتَ فِيْهِمْ فَاقَمْتَ لَهُمُ الصَّلُوةَ فَلْتَقُمْمُ الْفَقَةُ مِنْهُمْ مَتَعُكَ وَلَيَا خُهُ وَلَا يَعْ وَلَيَا خُهُ وَلَا يَعْ وَلَيَا خُهُ وَلَا يَعْ وَلَيَا خُهُ وَلَا يَعْ وَلَيْ اللّهِ وَلَا يَعْ وَلَيْ اللّهُ وَلَا يَعْ وَلَيْ اللّهُ وَلَا يَعْ وَلَا يَعْ وَلَا عَلَى اللّهُ وَلَا اللّهُ وَاللّهُ وَلَا اللّهُ وَلّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ اللّهُ وَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ اللّهُ وَلَا اللّهُ وَاللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ اللّهُ اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ الللّهُ الللّهُ اللّهُ اللللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ الللّهُ اللّه

فَإِذَا قَضَيَ تُمُ الصَّلْوةَ فَاذْكُرُواا بِلَّةَ يَنِكَامًا وَ تُحُودًا وَعَلْ جُنُو بِحُمْ ا فَإِذَا اطْمَا نَنْتُمْ فَالْقِيمُوا الصَّلْوةَ مِ إِنَّ الصَّلُوةَ كَانَتْ عَلَى الْمُؤْمِنِيْنَ كِتْبًا الصَّلُوةَ كَانَتْ عَلَى الْمُؤْمِنِيْنَ كِتْبًا مَدْ قُوتًا (١٠)

وَكُوتُهِ اَنُوافِ ابْتِكَا الْقَوْمِ الْ تَكُونُوا تَاكَمُوْنَ فَإِلَّهُمْ يَاكُمُونَ كَمَا تَاكَمُوْنَ مِنَ اللهِ مَاكَ يَرْجُونَ مِنَ اللهِ مَاكَ يَرْجُونَ مِنْ وَكَانَ الله عَلِيْمًا

حَكِيْمًا

Ruku 16

106. Ddala twassa gy'oli Ekitabo ekirimu amazima olyooke olamule wakati w'abantu n'ebyo Allah bye yakulaga. Era tobanga muyomberezi wa balyaake.

mazima Allah ye Mubikkirizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

108. Era towolerezanga abo aberyazaamaanya bokka. Mazima Allah tayagala buli mukumpanya, omwonoonyi lukulwe.

109. Beekweka bantu naye tebayinza kwekweka Allah; anti abeera wamu nabo awo bwe basula nga bateesa ekiro ku bigambo ebyo by'atasiima. Era Allah vetoolodde ebvo bve bakola.

110. Anti mmwe muumwo ababawolereza mu bulamu bw'oku nsi. Nave ani alibawolereza eri Allah ku lunaku lw'okuzuukira, era ani alibevimirira?

111.Era oyo akola ekibi oba aba yeeryazaamaanyizza yekka n'oluvannyuma n'asaba Allah okumusonyiwa, alisanga nga Allah Musonviyi nnyo, Musaasizi nnyo,

112. Era oyo akola ekibi, kale ddala akikola nekikosa mwoyo gwe. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

113. Era oyo akola ekisobyo oba ekibi n'oluvannyuma n'akipaatiika kw'oyo atalina musango, kale ddala aba yetisse okuwaayiriza n'ekibi eky'enkukunala.

Ruku 17

114. Era singa si mikisa gya Allah egiri ku ggwe n'okusaasira kwe, mazima ekibiina ekimu mu bo kyali kimaliridde okukusaanyaawo. Naye tebasaanyaawo mulala wabula beesaanyaawo bokka, era tebayinza kukulumya n'akatono. Era Allah yakussiza Ekitabo n'ebyamagezi era

إِنَّا ٱنْزَلْنَا إِلَيْكَ الْكِتْبُ بِالْحَقِّ لِتَحْكُمُ بَيْنَ النَّاسِ بِمَا أَرْمِكُ اللهُ ولا تكن لِلْغَالِينِينَ خَصِيمًا الله رَّحِيْمًا ۞

> وَ لَا تُجَادِلُ عَنِي الَّذِيْنَ يَهْتَانُوْنَ ٱنْفُسَهُمْ وَإِنَّ اللَّهَ لَا يُحِبُّ مَنْ كَانَ خَوَّا نَّا آثِيمًا أَنَّ

> يَّشَتَخْفُوْنَ مِنَ النَّاسِ وَ لَا يَسْتَخْفُوْنَ مِنَ اللَّهِ وَهُوَمَعَهُمْ إِذْ يُبَيِّتُونَ مَا كَايَرْضَى مِنَ الْقَوْلِ وَ كَانَ اللَّهُ بِمَا يَعْمَلُوْنَ مُحِيْطًا هَا نَتُمْ هَوُلاً عِادَلْتُمْ عَنْهُمْ فِ

> الْكَيْوِةِ الدُّنْيَاسُ فَمَنْ يُجَادِلُ اللَّهَ عَنْهُمْ يَوْمَا لَقِيلَمَةِ آمْ مَّنْ يَكُونُ عَلَيْهِمْ وَكِيْلًا ١٠

> وَمَنْ يَعْمَلُ سُوْءً أَوْ يَظْلِمْ نَفْسَهُ ثُمَّ يَسْتَغْفِرِاللَّهَ يَجِدِاللَّهَ عَفُوْرًا

> وَ مَنْ يَكِسِبُ إِثْمًا فَإِنَّمَا يُحْسِبُ عَلَى نَفْسِهِ ، وَكَانَ اللَّهُ عَلِيْمًا حَكِيْمًا ١٠٠٠

وَ مَنْ يَكْسِبْ خَطِيْئَةً أَوْلِ ثُمَّا ثُمَّ يَرْمِ بِهِ بَرِيْكًا فَقَدِ احْتَمَلَ

وَلَوْ لَا فَضْلُ اللَّهِ عَلَيْكَ وَ رُحْمَتُكَ لَهُمَّتْ طَّأَرْفَةً مِّنْهُ مُآنَ يُضِلُّوكَ وَ مِمَا يُضِلُّونَ إِلَّا ٱنْفُسَهُمْ وَ مِمَا يُضُرُّوْنَكَ كُونَ شَيْءٍ ﴿ وَ ٱنْزَلَ اللَّهُ عَلَيْكَ الْكِتْبُ وَالْحِكْمَةُ وَعَلَّمَكَ مَا

n'akuyigiriza n'ebyo bye wali tomanyi. Era ekisa kya Allah ekiri ku ggwe kisuffu.

115. Mu bufubo bwabwe obusinga obungi temuli kalungi, okuggyako nga bakubirizza okutoola saddaaka, oba okukola ebikolwa ebirungi ebigasa abantu, oba okutabaganya wakati w'abantu. Era oyo akola atyo olw'okunoonya okusiima kwa Allah, kale mangu nnyo tujja kumuwa empeera ensuffu.

116. Era oyo awakanya Mutume oluvannyuma lw'okunnyonnyokerwa obulung'amu n'agoberera ekkubo eritali lya bakkiriza, naffe tulimwolekeza gy'ayolekedde era tulimuyingiza mu muliro. Era obwo buddo bubi nnyo.

Ruku 18

117. Mazima Allah tasonyiwa kumwenkanya na kirala, naye asonyiwa ekitali ekyo eri oyo gw'aba asiimye. Era oyo eyenkanya oyo gw aba asıımye. Era oyo eyenkanya Allah n'ekirala, mazima aba abuze okubula المُشْرِكُ بِاللَّهِ وَقَدُ صَلَّ صَلَّالًا بَعِيْدًا اللهِ اللَّهِ وَقَدْ صَلَّ صَلَّالًا بَعِيْدًا اللهِ اللهِ وَقَدْ صَلَّ صَلَّالًا لمَّا اللهِ عَلَيْهِ اللهِ اللهِ وَقَدْ صَلَّ صَلَّالًا لمَّا اللهِ وَاللهِ وَاللَّهُ وَاللّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَلَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَلَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللّهُ وَاللَّهُ وَاللَّاللَّهُ وَاللَّهُ وَلَا اللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَلَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللّ okw'ewala ennvo.

118. Abamu nno tebalina kye basaba ebbali we okuggyako ba lubaale abakazi; era mu butuufu tebalina kye basaba okuggyako Sitaani omujeemu,

119. Allah gwe yakolimira, era eyagamba nti: Mazima ng'enda kwetwalira omutemwa omugereke mu baddu bo.

120. Era ddala ndibabuza era nti ndibeegombesa ebitaliimu nsa era ddala ndibapikiriza nebasala amatu g'ebisolo era ddala ndibapikiriza nebakyuusakyuusa ebitonde bya Allah. Era oyo atwala Sitaani nga ye w'omukwano abbali wa Allah, mazima aba afiiriddwa okufiirwa okw'olwaatu.

121. Sitaani abasuubiza era n'abegombesa ebitaliimu nsa. Naye Sitaani tasuubiza kirala okuggyako okubuzaabuza.

122. Abo amaka gaabwe muliro era tebalizuulayo buddukiro ku gwo.

123. Era abo abakkiriza era ne bakola ebikolwa ebirungi tulibayingiza mu nsuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo; omwo

لَمْ تَكُنْ تَعْلَمُ وَكَانَ فَضْلُ اللهِ عَلَيْكَ

لَا خَيْرَ فِي كَثِيْرِيِّن تَجْوْ مُهُمْ إِلَّا مَنْ آمَرَ بِصَدَ قَنْةٍ آوْ مَعْرُوْفٍ آوْ إِصْلَاجُ بَيْنَ النَّاسِ وَ مَن يَتَفْعَلُ ذَٰلِكَ الْمِيْعَاءَ مَرْضاً بِ اللهِ فَسَوْفَ نُؤْمِيْهِ آجُرًا

وَ مَنْ يُشَاقِقِ الرَّسُولَ مِنْ بَعْدِ مَا تَبَيِّنَ لَـ هُا لَهُ لِمِي وَيَتَّكِعِ غَيْرَسَهِ يِيلِ الْمُؤْمِنِيْنَ نُولِهِ مَا تَوَكُّو نُصْلِهِ عُ جَهَنَّمُ وَسَأَءً ثُ مَصِيْرًا الله

إِنَّ اللَّهَ لَا يَغْفِرُ أَنْ يُشْرَكِ بِهِ وَ يَغْفِرُمَا دُوْنَ ذِلِكَ لِمَنْ يَتَشَاءُ وَمَنْ

إِنْ يَدْعُوْنَ مِنْ دُوْنِهَ إِلَّا إِنْثَاءِ وَإِنْ يَّدْعُونَ إِلَّا شَيْطْنَا مَرِيدًا اللهِ

﴿ لَّعَنَهُ اللَّهُ مِنَ قَالَ كَا تُنْفِذَنَّ مِنْ عِبَا وِكَ نَصِيْبًا مَّفْرُوْضًا الله وَّهُ ضِلَّتُهُمْوَ لَا مُتِّيَنِّهُمْ وَكَامُوتُهُمْ

مُنْ يَتِكُنُ أَذَا نَا لاَ نُعَامِرُ لَا ثُمَا يَكُمُ وَلَا مُو لَا مُو لَا مُو فَكَيُغَيِّرُنَّ خَلْقَ اللهِ ﴿ وَ مَنْ يَتَنْخِزِ الشَّيْطُنَ وَرِليَّامِّنْ دُوْنِ اللهِ فَقَدْ خَسِرَ خُشرَانًا مُبينًا

يَعِدُ هُمْ وَ يُمَنِّيهِمْ وَ مَا يَعِدُهُمُ الشَّيْطِيُ إِلَّا غُرُورُ ال

أولينك مَا وْسَهُ هُجَهُنَّمُ وَلَا يَجِدُونَ عَنْهَا مَحِيْصًا

وَالَّذِيْنَ أَمَنُوا وَ عَمِلُوا الصَّلِحْتِ سَنُدُخِلُهُمْ جَنَّتٍ تَجْرِيْ مِنْ تَحْتِهَا mwe balibeera emirembe n'emirembe. Okwo kwe kusuubiza kwa Allah okw'amazima. Y'ate ani asinga Allah okwogera amazima?

124. Tekigenda kuba nga mmwe bwe mwagala oba ng'abantu b'Ekitabo bwe baagala. Oyo akola ekibi alikisasulwa era talizuulayo wa mukwano wadde omuyambi ebbali wa Allah.

125. Era oyo akola ebirungi, k'abe musajja oba mukazi, naye nga mukkiriza, kale abo be baliyingira mu Janna era tebaliryazaamaanyizibwa wadde akatono ennyo*.

126. Y'ate ani asinga eddiini kw'oyo eyeewayo yenna eri Allah ate nga mukozi wa birungi era nga agoberera eddiini ya Ibrāhīmu omwesimbu? Era Allah yatwala Ibrāhīmu nga mukwano gwe ow'enjawulo.

127. Era byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bya Allah. Era buli kimu Allah yakyetooloola.

Ruku 19
128. Era banoonya ensala yo ku bifa ku bakazi. Gamba nti: Allah abawa ensala ye ku bo. N'ebyo ebibasomerwa awalala mu Kitabo ebifa ku bakazi ba mulekwa abo be mutawa mahare ago agaabalagirwa so nga mwagala okubawasa, era abawa ensalaye ku baana abateesobola, nti mulabirirenga bamulekwa mu bwenkanya. Era buli kirungi kye mukola, ddala Allah akimanya.

129. Era omukyala bw'atya bba okumuyisa obubi oba okusuulirirwa, kale tekiba kinenyo gye bali bombiriri bwe batabagana bokka na bokka. Era okutabagana kulungi nnyo. Era abantu baateekerwawo okululunkana. Naye bwe mweyisa obulungi era nemwekuuma, mazima bye mukola Allah abitegeera.

130. Era temusobola kwenkanyankanyiriza ddala wakati w'abakyala ne bwe muba nga

الاَ الْهُرُخُلِدِ بَنَ فِيهَا آبَدًا اوَعُدَا اللهِ عَقَّا اللهِ عَدَا اللهِ عَقَّا اوَ مُنَ آصَدَقُ مِنَ اللهِ قِيلًا ﴿
لَيْسَ بِالْمَا نِيِّكُمْ وَ لَا آمَانِيِّ آهُلِ الْيُسَ بِالْمَا نِيِّكُمْ وَ لَا آمَانِيِّ آهُلِ الْكَيْبِ اللهِ وَلِيَّا وَ لَاللهِ وَلِيَّا وَ لَا يَصِيْرُونَ اللهِ وَلِيَّا وَ لَا يَصِيْرُونَ اللهِ وَلِيَّا وَ لَا يَصِيْرُونَ اللهِ عَنْ يَعْمَلُ مِنَ الصَّلِحُتِ مِنْ ذَكِ اَوْ وَمَنْ يَعْمَلُ مِنَ الصَّلِحُتِ مِنْ ذَكَ اَوْ وَمَنْ يَعْمَلُ مِنَ الصَّلِحُتِ مِنْ ذَكَ اَوْ

وَمَن يَعْمَلُ مِنَ الصَّلِخِتِ مِن ذَكُراَوْ انشى وَهُوَ مُؤْمِنَ فَا وَلَيْكَ يَدْخُلُوْنَ الْجَنَّةَ وَكَا يُظْلَمُونَ نَقِيْرًا وَمَن اَحْسَنُ دِينًا مِتَنَى اَسْلَمَ وَجُهَةَ لِلْهِ وَهُو مُحْسِنَ وَاتَّبَعَ مِلَّةَ رَجْهَةَ لِلْهِ وَهُو مُحْسِنَ وَاتَّبَعَ مِلَّةً رَبْرُهِ يُمَ حَنِيْفًا وَاتَّخَذَ اللهُ الْمُرْهِ يُمَ خَلِيْلًا شَ

وَيِلْتُهِمَا فِي الشَّمْوٰتِ وَمَا فِي الْاَرْضِ ، وَ اللَّهُ مِنْ الللِّهُ مِنْ اللللِّهُ مِنْ اللللِهُ مِنْ اللللِهُ مِنْ اللللِهُ مِنْ الللِهُ مِنْ الللِهُ مِنْ الللِهُ مِنْ الللللِهُ مِنْ اللللِهُ مِنْ اللللِهُ مِنْ اللللِهُ مِنْ اللللْمُ الللِهُ مِنْ الللِهُ مِنْ الللللِهُ مِنْ الللِهُ مِنْ الللللِهُ مِنْ اللللِهُ مِنْ مِنْ الللللِهُ مِنْ الللِهُ مِنْ الللللِهُ مِنْ الللللِمُ اللِهُ مِنْ اللللِهُ مِنْ اللللِهُ مِنْ الللللِمُ الللللِمُ الللللِمُ الللللِمُ الللللِمُ الللللِمُ اللللللِمُ الللللِمُ الللللِمُ الللللِمُ الللللِمُ الللِمُ اللللللِمُ الللللِمُ الللللِمُ اللللِمُ الللللِمُ الللللِمُ الللللِمُ الللللِمُ الللللِمُ الللللِمُ

وَ يَسْتَفْتُوْ نَكَ فِي النِّسَآء ، قُلِ اللهُ يُفْتِيكُمْ فِيهِنَّ ، وَمَا يُثْلُى عَلَيْكُمْ فِي الْخِسَآء ، قُلِ اللهُ يُفْتِيكُمْ فِي الْنِسَآءِ الَّتِي كُمْ الْكِتْبِ فِي يَتْمَى النِّسَآءِ الَّتِي كُمْ وَوَ ثُوْثُونَ تُوْثُونَ لَكُونَ وَتُوْتُمُونَ اللهُ سَتَضْعَفِيْنَ أَنْ الْمُسْتَضْعَفِيْنَ مِن الْوِلْدَانِ وَانْ تَقُوْمُوا لِلْيَتَنْمَى مِن الْوِلْدَانِ وَانْ تَقُوْمُوا لِلْيَتَنْمَى بِي الْقِسُطِ وَمَا تَفْعَلُوا مِن خَيْرٍ فَلْ قَلْ اللهُ مَنْ مَنْ فَي وَلَيْمَا اللهُ اللهُ كَانَ بِه عَلِيْمُا اللهُ اللهُ كَانَ بِه عَلِيْمًا اللهُ اللهُ كَانَ بِه عَلِيْمًا اللهُ اللهُ اللهُ كَانَ بِه عَلِيْمًا اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ كَانَ بِه عَلِيْمًا اللهُ ا

وَاكِ امْرَاةً كَاٰ فَكُ مِنْ بَعْلِهَا نُشُوزًا اَوْ اعْرَاضًا فَلَا جُنَاحَ عَلَيْهِمَا اَنْ يُصْلِحَا اعْرَاضًا فَلَا جُنَاحَ عَلَيْهِمَا اَنْ يُصْلِحَا بَيْنَهُمَا صُلْحًا ﴿ وَ الصُّلْحُ خَيْرً ﴿ وَ الصُّلْحُ خَيْرً ﴿ وَ الْكُلْمُ مَا الشَّحَ ﴿ وَ الْنَ الشَّحَ ﴿ وَ الْنَ الشَّحَ لَا وَ الْنَ الشَّحَ اللهِ عَلَا اللهِ كَانَ مِمَا تُعْمَلُونَ خَيِيرًا ﴿ وَ الْنَ اللهُ كَانَ مِمَا لَا اللهُ كَانَ مِمَا لَهُ مَكُونَ خَيِيرًا ﴿ وَ الْنَ اللهُ كَانَ مِمَا لَمُ عَمَلُونَ خَيِيرًا ﴿ وَ الْنَ اللهُ كَانَ مِمَا لَا مُعْمَلُونَ خَيِيرًا ﴿ وَالْمَالِ اللهُ عَلَى اللهُ عَلَى اللهُ كَانَ مِمَا لَا مُعْمَلُونَ خَيِيرًا ﴿ وَالْمُلْعَلَى اللهُ اللهُ عَلَى اللهُ عَلَى اللهُ اللهُ اللهُ عَلَى اللهُ ا

وَكَنْ تَسْتَطِيْعُوٓ النَّهُ الْوَابَيْنَ النِّسَأَءِ

^{4:125. &#}x27;Naqiir' kitegeeza akannya akabeera ku nsigo y'entende.

mwagala mutya, naye temwekubiiranga ne mwemalira kw'omu, ne muleka omulala nga aling'anga awanikiddwa aleebeeta. Naye فَتَذَرُوْهَا كَا لَمُعَلَّقَةِ وَإِنْ تُصْلِحُوا

131. Nave bwe baawukananga, buli omu Allah alimuwa okwemalirira okuva ku butitimbe bwe. Era Allah y'Agaziya, Omugezi ennyo.

132. Era byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bya Allah. Era ddala twakuutira abo abaaweebwa Ekitabo olubereberye lwammwe, n'eri mmwe nti: Mutye nnyo Allah. Naye bwe mulyerema, *mumanye nti* ddala byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bya Allah. Era Allah Yeemala, y'Atenderezebwa.

133. Era byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bya Allah. Era Allah nga ye Mulabirizi, amalira ddala.

134. Abange mmwe abantu, *Allah* bw'aba nga ayagadde, mmwe abaggyawo n'aleeta abalala, Era ekyo Allah akisobola nnyo.

135. Oyo aba ayagala empeera y'oku nsi yokka, kale ajjukire nti eri Allah y'eri empeera y'oku nsi n'eyenkomerero. Era Allah y'Awulira byonna, y'Alaba byonna.

Ruku 20

136. Abange mmwe abakkiriza, mubeerenga beesimbu mu bwenkanya, abawa obujulizi ku lwa Allah, ne bwe kiba ku mmwe bennyini oba ku bazadde bombiriri oba abammwe. Aweebwako obujulizi k'abe mugagga oba mwavu, kale era Allah y'asinga okubalumirwa bombi *okusinga mmwe*. Kale temugobereranga kwagala kwa mitima gyammwe nemutaba benkanya. Era bwe mukweka amazima oba nemwebalama, mumanye nti ddala bye mukola, Allah abitegeera.

137. Abange mmwe abakkiriza, mukkirize Allah ne Mutume we, n'Ekitabo ekyo kye yassa ku Mutume we, n'Ekitabo ekyo kye yassa olubereberye. Era oyo eyeegaana Allah, ne ba malayika be, n'ebitabo bye, n'Ababaka be, n'olunaku lw'enkomerero, mazima aba abuze okubula okw'ewala.

وَلَهُ حَرَصْ تُمْفَلَا تَمِيْلُوْ اكُلَّ الْمَيْلِ وَإِنْ يَتَفَرَّقًا يُغْنِ اللَّهُ كُلًّا مِّنْ سَعَيْدِهِ وَكَانَ اللَّهُ وَاسِعًا حَكِيمًا اللهُ

وَيِتُهِ مَا فِي السَّمُوٰتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ، وَ لَقَدْ وَصَّيْنَا الَّذِيْنَ أَوْتُواالْكِتْبَ مِنْ قَبْلِكُمْ وَإِيَّاكُمْ آنِ اتَّقُواا سَلَّهُ ﴿ وَإِنْ تَكُفُرُوْا فَيَا تَ بِيلْهِ مَا فِي السَّمَٰ فِي وَمَا في الكارْضِ وكان الله غَينيًّا حَمِيْدُ ال وَ يِتْهِما فِي السَّمَٰوْتِ وَمَا فِي الْاَرْضِ وَ كُفِّي بِاللَّهِ وَكِيْلًا ﴿

ان تَشَايُدْ هِنكُمْ آيُهَا النَّاسُ وَيَأْتِ يِأْخَرِيْنَ ، وَكَانَ اللَّهُ عَلَى ذَلِكَ قَدِيْرًا ١ مَنْ كَانَ يُرِيدُ ثُوابَ الدُّنْيَافَعِنْدَاللهِ ثُوَابُ اللَّهُ ثُنِيَا وَ الْأَخِرَةِ وَكَانَ اللَّهُ

الَّذِيْنَ أَمَنُوا كُوْنُوا قَوَّا مِيْنَ بِالْقِسْطِ شُهَدّاءَ بِينَّهِ وَلَوْعَلْ ٱنْفُسِكُمْ آوِالْوَالِدَيْنِ وَالْأَقْرَبِيْنَ وَإِنَّ يُكُنْ غَنِيًّا أَوْ فَقِيْرًا فَاللَّهُ أَوْلَى بِهِمَات فَلَا تَنْتَبِعُوا الْهَوْي آنْ تَعْدِلُوْاء وَإِنْ تَكُوَّا أَوْ تُغْرِضُوا فَإِنَّ اللَّهَ كَانَ بِمَا تَعْمَلُوْنَ خَبِيْرًا 💬

يَّا يُّهَا الَّذِينَ إَمَنُوْا أَمِنُوا بِاللَّهِ وَ رَسُولِهِ وَالْكِتْبِ الَّذِيْ نَـزُّلُ عَلَى رُسُولِهِ وَ الْكِتْبِ الَّذِي آئِزِلَ مِنْ كُتُبِهِ وَ رُسُلِهِ وَ الْيَهُومِ الْأَخِرِ فَقَدْ 138. Mazima abo abakkiriza n'oluvannyuma ne bagaana, nate ne bakkiriza, n'oluvannyuma ne bagaana, n'oluvannyuma ne beeyongera okwerema, Allah talibasonyiwa wadde talibalung'amya mu kkubo.

139. Wa amawulire eri bannanfuusi nti balifuna ekibonerezo ekirumya ennyo,

140. Be bo abafuula abatakkiriza okuba ab'emikwano mu kifo ky'abakkiriza, abaffe banoonya kitiibwa gye bali? Naye ddala ekitiibwa kyonna kya Allah.

141. Era ddala yamala okubassiza mu Kitabo nti: Bwe muwuliranga Aya za Allah nga zigaanibwa oba nga zijeregebwa, kale temutuulanga wamu n'abo *abazijerega*, okutuusa lwe badda ku mboozi *endala* eteri eyo; *kubanga bwe mutuula nabo*, olwo nammwe muba nga bo. Mazima Allah alikung'aanyiza abannanfuusi n'abatakkiriza bonna mu Jahannamu:

142. Be bo abalindirira ebinaagwa kummwe. Kale bwe muba nga mmwe mufunye obuwanguzi obuva eri Allah, bagamba nti: Abaffe, ffe tetwali wamu nammwe? Ate abatakkiriza bwe baba nga be bafunye omugabo, bagamba nti: Si ffe twabawanguzza n'okubakubirira eri abakkiriza? Kale Allah aliramula wakati wammwe ku lunaku lw'okuzuukira. Era Allah tajja kuwa batakkiriza kkubo lya buwanguzi ku bakkiriza.

Ruku 21

143. Mazima abannanfuusi mbu babuzaabuza Allah, naye ajja *kubaleka* bo bennyini babuzibwebuzibwe.Era bwe basituka okugenda eri essaala, basituka beenyoola na lwa kulabibwa bantu, era tebajjukira Allah okuggyako akatono ennyo.

144. Bannampawengwa; tebali eri bano wadde tebali eri bali. Era oyo Allah gw'ayabulira, toyinza kumuzuulirayo kkubo ddala *nate*.

اِنَّ الَّذِيْنَ أَمَنُوا ثُمَّ كَفَرُوا ثُمَّ الْمَوَّا ثُمَّ الْمَدُوا ثُمَّ الْمَدُوا ثُمَّ الْمَدُوا ثُمَّ الْمَدُوا ثُمَّ الْمَدُوا ثُمَّ الْمَدُوا ثُمُّ الْمَدُوا ثُمُّ الْمَدُولِيَهُ فِي مُكُولًا لِيَهُ فِي مُكُولًا لِي مُكُولًا لِيَهُ فِي مُكُولًا لِي مُكُولًا لِي مُكْلِكُ اللّهُ مِنْ اللّهُ مُنْ اللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ الللّهُ الللّهُ الللّهُ الللّهُ ال

بَشِّرِ الْمُنْفِقِيْنَ بِأَنَّ لَهُمْ عَذَابًا اَلِيْمَاهُ

اِلْهُ إِيْنَ يَتَّخِذُ وْنَ الْكُفِرِ يُنَ آوْلِيَا آءَ مِنْ دُوْفِ الْمُؤْمِنِيْنَ مَ أَيَبْتَغُوْنَ عِنْدَهُمُ الْعِزَّةَ فَإِنَّ الْعِزَّةَ بِللهِ حَمْمُعُالُهُ

اِنَّ الْمُنْفِقِيْنَ يُخْدِعُوْنَ اللَّهَ وَهُوَ خَادِعُهُمْ كَاذَا قَامُوْا إِلَى الصَّلُوةِ قَامُوْا كُسَانِي الْهُرَآءُوْنَ النَّاسَ وَلَايَذْ كُرُوْنَ اللَّهَ إِلَا قَلِيْلًا شُ

ڞ۠ڎؘؠؙۘۮؘؠؽؖڹؖؠؽؖڹڎؽڎۮڸڰ؆ؖڷٳڶ۬ۿۅؙٛڵٳٷ ڷٙٳڶۿۅؙؙؙؙؙؙؙٞڒٳ۫؞ۅٙڡۜؽؿ۠ۻٛڸڶۣ١ۺ۠ٷڶڬڽڗڿؚ؞ ڮۮڛڽؽڵٳ؈

145. Abange mmwe abakkiriza, temufuulanga abatakkiriza okuba ab'emikwano mu kifo ky'abakkiriza. Abaffe, kye mwagala kwe kwewaako mwekka obujulizi obw'olwaatu eri Allah?

146. Mazima bannanfuusi be baliba mu ssa erisemberavo ddala wansi mu muliro; era tolibazuulirayo muyambi yenna,

147. Okuggyako abo abalibonerera ne batereerera ddala, era nebanywerera ku Allah, era ne bamalira obuwulize bwabwe eri Allah; kale abo baliba mu bakkiriza. Era mangu nnyo Allah ajja kuwa abakkiriza empeera ensuffu.

148. Allah ababonereze lwaki singa muba nga mwebazizza era nga mukkirizza? Era Allah ye Musiimi ennyo, Omumanyi wa byonna.

Juzu 6

149. Allah tayagala kulaalaasa kigambo kibi, okuggyako eri oyo aba ayisiddwa obubi. Mazima Allah ye Muwulizi wa byonna, Omumanyi wa byonna.

150. Bwe mwoleka ekirungi oba ne mukikisa, oba ne musonyiwa ekibi, mazima Allah ye Musanguzi w'ebibi, Nannyini buyinza.

151. Mazima abo abeegaana Allah n'Ababaka be era ne baagala okwawula wakati wa Allah n'Ababaka be, era ne bagamba nti: Tukkirizaako bamu, abalala tetubakkiriza, era nga baagala kukwata kkubo eriri wakati w'ebyo,

152. Abo nno be batakkiriza wawu, Era twategekera abatakkiriza ekibonerezo ekiswaaza.

153. Naye abo abakkiriza Allah n'Abatume be ne batasosola n'omu mu bo, abo mangu nnyo Allah ajja kubawa empeera yaabwe. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa مَنْ وَكُانَ اللّهُ Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

يَا يُهَا الَّذِينَ أَمَنُوا لَا تَتَّخِذُوا الْكُفِرِيْنَ أَوْلِيَآءُ مِنْ دُوْنِ الْمُؤْمِنِيْنَ ا آتُرِيْدُوْنَ آنْ تَجْعَلُوْا بِللَّهِ عَلَيْكُمْ سُلُطْنًا شُبِينًا

إِنَّ الْمُنْفِقِيْنَ فِي الدِّرْكِ الْأَسْفَلِ مِنَ النَّارِة وَكَنْ تَجِدَ لَهُمْ نَصِيْرًا اللَّهُ

إلَّا الَّذِينَ تَا بُوْاوَاصَلَحُوْاوَاعَتَصِيمُوْا بِاللّٰهِ وَآخُلُصُوْا جِيْنَهُمْ يِللَّهِ فَأُولَئِكَ مَعَ الْمُؤْمِنِيْنَ ، وَسَوْفَ يُوْبِيهِ اللَّهُ الْمُؤْمِنِيْنَ آجُرًا عَظِيْمًا

مَا يَفْعَلُ اللَّهُ بِعَذَا بِكُمْ إِنْ شَكَرْ تُمْرَو أَمَنْتُمُو وَكَانَ اللَّهُ شَاكِرًا عَلِيْمًا

لا يُحتُ اللَّهُ الْجَهْرَ بِالسُّوَّءِ مِنَ الْقَوْلِ إِلَّا مَنْ ظُلِمَ وَكُانَ اللَّهُ سَمِيْعًا عَلِيْمًا ١

57. Jahannamu — gye baliyingiramu. Ekyo الْمِهَادُ الْمِهَادُ عَلَيْ الْمِهَادُ الْمِهَادُ الْمِهَادُ الْمِهَا nga kiwummulo kibi nnyo!

58. Kino kya batakkiriza. Kale olweje kabalulozeeko n'olusaayisaayi oluwunya ennyo, olumeketa.

59. N'ebibonerezo ebirala ebikifaanana eby'engeri ezitali zimu.

هٰذَا فَوْجُ مُّقْتَحِمُ مِّعَكُمْ مِ لَا مَرْحَبًا Kino ky'ekibiina هٰذَا فَوْجُ مُّقْتَحِمُ مِّعَكُمْ مِ لَا مَرْحَبًا ekinaayingira awamu nammwe, tebaayanirizibwe. Mazima bo balina okwokebwa mu muliro.

61. Abagoberezi baligamba abakulembeze nti: Nedda, mmwe bennyini, mmwe mutagendera ddala kwanirizibwa, anti mmwe mwatutegekera kino. Naye nga kiwummulo kibi nnyo!

62. Baligamba nti: Mukama waffe, oyo atutuusizza ku kino, mwongere ekibonerezo ky'omuliro emirundi ebiri.

63. Era baligamba nti: Tubadde ki, nga tetulaba bantu be twabaliranga mu babi?

وَإِنَّاهُمْ عِنْدَنَّا لَمِنَ الْمُصْطَفَيْنَ الأغيارا

وَاذْكُوْ السَمْحِيْلَ وَالْيَسَعَ وَذَا الْكِفْلِ * وَ كُلُّ مِنْ الْأَخْسَارِيُ

كَا ذِكْرُ اوَإِنَّ لِلْمُتَّقِيْنَ لَحُسْنَ مَا بِي ﴿ 50. Kuno kwe Kubuulirira. Era ddala abatya

جَنّْتِ عَدْنِ مُفَتَّكَةً لَّهُمُ الْإَبْوَابُ مُتَّكِئِينَ فِيْهَا يَدْعُوْنَ فِيْهَا بِفَاكِهَةٍ كَثِيْرَةِ وَ شَرَابِ

وَعِنْدَهُمْ قُصِرْتُ الطَّرْفِ ٱثْرًا بُ۞

إلى هذاما تُوعدُون لِيسوْمِ الْحِسَابِ إِنَّ هٰذَا لَرِ (ثُنَّامَا لَهُ مِن تُفَارِقُ هٰذَاهُ وَإِنَّ لِلطُّغِيْنَ لَشَرَّ مَانِي ٥

هٰذَا الْ فَلْتَذُوْقُوْهُ كَمِيْمُ وَّ غَسَّاقُ اللَّهِ

وَّ أَخَدُ مِنْ شَكِلَةِ ٱزْوَاجُهُ

مِهِ هُ النَّادِنَ النَّادِنَ قَالُوْا بُلُ آنْ تُمُون لا مَرْحَبًا بِكُمْ وَ آنْ تُمْ قَدَّمْتُمُوْهُ لَنَاء فَبِئْسَ الْقَرَّارُ اللَّهِ الْقَرَّارُ

قَالُوْا رَبُّنَا مَنْ قَدَّمَ لَنَا هُذَا فَإِذْهُ عَذَابًا ضِعْفًا فِي النَّارِ وَ قَالُوا مَا لَنَا لَا نَدٰى رِجَالًا كُنَّا نَعُدُّهُمْ مِنَ الْاَشْرَارِشُ

- 64. Abaffe, lwa kubanga twabatwalanga ng'ekyokuzannyisa, nandiki amaaso ge gabawubiddwa?
- 65. Ddala eky'okutotoogana kw'abantu b'omu muliro kituufu ddala.

Ruku 5

- 66. Gamba nti: Mazima nze ndi Mulabuzi. Era teri musinzibwa mulala okuggyako Allah, Omu yekka, Omukasi;
- 67. Mukama w'eggulu n'ensi n'ebiri wakati wa byombi, Luwangula, Omusonyiyi ennyo.
- 68. Gambanti: Ago amawulire amasukkirivu,
- 69. Mmwe ge mukuba amabega.
- 70. Nze sirina kye nnamanya ku Lukiiko lwa waggulu bwe baali nga bakubaganya ebirowoozo *ku kyo*.
- 71. Naye ekimbikkulirwa si kirala okuggyako nti ddala nze ndi Mulabuzi ow'olwaatu.
- 72. *Jjukira* nga Mukama wo bwe yagamba ba malayika nti: Ddala ng'enda kutonda omuntu mu budongo,
- 73. Kale bwe nnaamala okumutereeza nemmufuuwamu n'omwoyo gwange, olwo mweyale wansi ku lulwe mumugondere.
- 74. Kale ba malayika bonna wamu baamugondera,
- 75. Okuggyako Ibilisi. Ye yeekuluntaza era n'aba mu beerema.
- 76. Allah n'agamba nti: Owange Ibilisi, kiki ekikugaanyi okugondera oyo gwe ntonze n'emikono gyange? Abaffe, weekuluntazza oba oli mw'abo abegulumiza.
- 77. *Ibilīsi* n'agamba nti: Nze mmusinga. Nze wantonda mu muliro, naye ye wamutonda mu budongo.
- 78. Allah n'agamba nti: Kale vaamu, kuba oli mukolimire.
- 79. Era ddala ojja kubaako ekikolimo kyange okutuusa ku lunaku lw'okulamu-lirwako.

اَتَّخَذُنْهُمْ سِخْرِيًّا آمْ زَاغَتْ عَنْهُمُ الْآبُصَارُنَ

إلى الله لَمَقُ تَعَاصُمُ آهُلِ النَّارِيَ النَّارِيَ النَّارِيَ

قُلْ إِنَّمَا آنَا مُنْزِرٌ ﴿ مَا مِنْ اللهِ إِلَّا اللهِ إِلَّا اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ الله

رَبُّ السَّمُوْتِ وَ الْآرْضِ وَ مَا بَيْنَهُمَا الْعَزِيْرُ الْغَفَّارُ الْعَقَّارُ الْعَقَّارُ الْعَقَّارُ الْعَقَّارُ الْعَلَّالُ الْعَقَارُ الْعَقَارُ الْعَقَارُ الْعَقَارُ الْعَقَارُ الْعَلَى الْعَلِي الْعَلَى الْ

قُلْ هُوَ نَبَوًّا عَظِيْمٌ ۞ آنْتُمْ عَنْهُ مُعْرِضُوْنَ۞

مَا كَانَ لِيَ مِنْ عِلْمٍ بِالْمَلَارِ الْاَعْلَى اِذْ يَخْتَصِمُوْنَ۞

اْن يُوْخَى إِلَيَّ إِلَّا آتَمَا آنَا تَذِيرُ مُبِينُ

اِذْ قَالَ رَبُّكَ لِلْمَلْئِكَةِ اِنِّيْ خَالِقٌ بَشَرًا مِّنْ طِيْبِ

فَاِذَا سَوَّيْتُكَ وَنَفَخْتُ فِيْدِهِ مِنْ رُّوْجِيْ فَقَعُوْا لَكَ لَمِهِ دِيْنَ۞

فَسَّجَدَ الْمَلْيُكَةُ كُلُّهُمْ آجْمَعُوْنَ ۞

اِلَّا اِبْلِيْسَ ، اِسْتَكُبَرَ وَ كَانَ مِنَ الْكَوْرِيْنَ⊙ الْكُوْرِيْنَ⊙

قَالَ يَابِيْكُ مَا مَنْعَكَ أَنْ تَشَهُدَ لِمَا خَلَقْتُ بِيَدَيَّ اَسْتَكُبَرْتَ آمْكُنْتَ مِنَ الْعَالِيْنَ۞

قَالَ اَنَا خَيْرُ مِّنْهُ مُخَلَقْتَنِيْ مِنْ نَّارٍ وَّ خَلَقْتَهُ مِنْ طِيْنٍ ۞

قَالَ فَاخْرُجْ مِنْهَا فَإِنَّكَ رَجِيْمٌ أَنَّ

وَّاِنَّ عَلَيْكَ لَعْنَرَيْ اللهِ يَوْمِ الرِّيْنِ ۞

- 80. *Ibilisi* n'agamba nti: Mukama wange, mpa akaagaanya okutuusa ku lunaku lwe balizuukizibwa.
- 81. Allah n'agamba nti: Ddala oli mw'abo abaweereddwa akaagaanya,
- 82. Okutuusa ku lunaku lw'ekiseera ekyategekebwa.
- 83. *Ibilīsi* n'agamba nti: Kale ndayira mu kitiibwa kyo, mazima nzija kubabuza bonna,
- 84. Okuggyako abaweereza bo abalondemu mu bo.
- 85. Allah n'agamba nti: Ddala gano ge mazima, era amazima ge njogera,
- 86. Ddala ng'enda kujjuza Jahannamu na-awe era n'abo bonna abalikugoberera mu bo.
- 87. Gamba nti: Nze sibasaba mpeera kw'ebyo *bye nkola* era nze siri mw'abo abeekaluubiriza *mu bitaliimu*.
- 88. Naye yo *Kur'āni* si kirala, wabula yo ky'Ekijjukiza eri abantu bonna.
- 89. Era ddala mujja kumanya amazima ga yo oluvannyuma lw'ekiseera.

قَالَ دَتِ فَانْظِرْنِي الْ يَوْمِ يُبْعَثُونَ ۞ قَالَ فَالنَّكُ مِنَ الْمُنْظَرِيْنَ ۞ الْ يَوْمِ الْوَقْتِ الْمَعْلُومِ ۞ قَالَ فَيعِزَّ تِكَ لَاغُو يِنَّهُمْ اَجْمَعِيْنَ ۞ إلَّا عِبَادَكَ مِنْهُمُ الْمُعْلَصِيْنَ ۞ قَالَ فَالْحَقُّ رَوَالْحَقَّ اَتُولُ ۞ كَامْلَعَنَّ جَهَنَّمَ مِنْكَ وَ مِمَّنُ تَبِعَكَ قَالَ فَالْحَقَّ جَهَنَّمَ مِنْكَ وَ مِمَّنُ تَبِعَكَ عَنْ مُمْمَ اَجْمَعِيْنَ ۞ عُنْ مَنَا اَسْعَلُكُمْ عَلَيْهِ مِنْ اَجْرٍ وَّ مَا اَنَا مِنَ الْمُتَكِيِّةِ فِيْنَ ۞ إِنْ هُوَ إِلَّا ذِكْرُ لِلْمُعْلَمِيْنَ ۞ إِنْ هُوَ إِلَّا ذِكْرُ لِلْمُعْلَمِيْنَ ۞ إِنْ هُوَ إِلَّا ذِكْرُ لِلْمُعْلَمِيْنَ ۞ إِنْ هُوَ اللَّذِ ذِكْرُ لِلْمُعْلَمِيْنَ ۞





AL-ZUMAR

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Okubikkulirwa kw'Ekitabo *kino* kwaviira ddala eri Allah, Luwangula, Omugezi ennyo.

3. Ddala Ffe twakubikkulira Ekitabo mu mazima; kale sinza Allah nga oli mwesimbu gy'ali mu buwulize.

- 4. Mwetegereze, obuwulize bwennyini busaanye kuba bwa Allah. Naye abo abatwala abakuumi abalala ebbali we bagamba nti: Tetubasinza wabula balyooke batusembeze ku lusegere lwa Allah. Mazima Allah aliramula wakati waabwe mw'ebyo bye batakkiriziganyaamu. Mazima Allah talung'amya oyo omulimba, omuteebaza lukulwe.
- 5. Singa Allah yayagala kwefunira mwana, y'alyerobozza mw'ebyo bye yatonda kyonna kye yaalyaagadde. Obutuukirivu bubwe! Ye Allah Omu yekka, Omukasi.
- 6. Yatonda *emigigi gy*'eggulu n'ensi mu magezi amasuffu. Y'asaanikira ekiro ku misana, era y'asaanikira emisana ku kiro era y'eyassa enjuba n'omwezi ku kuweereza, nga buli kimu kiseeyeeya okumala ekiseera ekigere. Mwetegereze! Oyo nno ye Luwangula, Omusonyiyi ennyo.
- 7. Y'eyabatonda okuva mu mwoyo ogumu n'oluvannyuma n'akola mu gwo gunnaagwo era n'abassiza ebisolo (ekisajja n'ekikazi) emigogo munaana. Era yabatondera mu mbuto za bannyammwe nga abayisa mu ntonda emu oluvannyuma lw'entonda endala nga muyita mu bizikiza bisatu.Oyo nno ye Allah Mukama wammwe, Nannyini bwakabaka. Teri musinzibwa mulala okuggyako Ye yekka. Kale ate muwugulirwa wa?

بِشمِ اللهِ الرَّحْمُنِ الرَّحِيْمِ () تَنْزِيْلُ الْكِتْبِ مِنَ اللهِ الْعَزِيْزِ الْحَكِيْمِ ()

إِنَّا آنْزَلْنَاۤ إِلَيْكَ الْكِتْبَ بِالْعَقِّ فَاعْبُرِ اللهَ مُخْلِصًا لَّهُ الدِّيْنَ۞

لَوْ آرَا ذَ اللّٰهُ آنَ يَّتَخِذَ وَلَدًّا لَّا صَطَغٰى مِمَّا يَخْلُقُ مَا يَشَاءُ اللهُ عَبْدُنَهُ اللّٰهُ الْوَاحِدُ الْقَهَّا رُن

خَلَقَ السَّمَٰوْتِ وَالْأَرْضَ بِالْحَقِّ مِ يُكَوِّرُ الَّيْلَ عَلَى النَّهَارِ وَ يُنكَوِّرُ النَّهَارَ عَلَ الَّيْلِ وَ سَخَّرَ الشَّمْسَ وَ الْقَمَرَ و كُلُّ يَجْرِيْ لِآجَلِ مُّسَمَّى و آلَا هُوَ الْعَزِيْرُ الْعَفَّارُ ۞ الْعَفَّارُ ۞

غَلَقَكُمْ قِنْ نَفْسِ وَّاحِدَةٍ ثُمَّ جَعَلَ مِنْهَا رَوْجَهَا وَ اَنْزَلَ لَكُمْ مِّنَ الْاَنْعَامِ تَمْنِية زَوْجَهَا وَ اَنْزَلَ لَكُمْ مِّنَ الْاَنْعَامِ تَمْنِيةَ اَزْوَاجِ مِيهُ لُقُكُمْ فِي بُطُونِ أُمَّ لَهِ يَكُمُ خَلْقًا مِّنْ بَعْدٍ خَلْقِ فِي ظُلُمْتٍ ثَلْثٍ م ذٰلِكُمُ اللَّهُ دَبُّكُمُ اللَّهُ لَالْمُلْكُ مِنْ اللَّهُ الْمُلْلِمُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّلِي الْمُلِمِي اللَّهُ اللَّهُ اللَّلْمُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُلْلِمُ اللْمُلِلْمُ اللْمُلِمِي الْمُوالِمُ اللَّهُ اللَّهُ اللْمُ اللَّهُ اللْمُلِلْمُ اللْمُلْمُ اللْمُلِلْمُ اللَّالِمُ اللْمُلْمُ اللَّ 8. Bwe muteebaza, *mumanye nti* ddala ye Allah talina ky'abetaagako. Naye tayagaliza baddu be buteebaza. Kyokka bwe mwebaza, ekyo ky'abaagaliza. Era teri mwetissi alyetikka buzito bwa mulala. N'oluvannyuma eri Mukama wammwe y'eri obuddo bwammwe, kale alibategeeza ebyo bye mwakolanga. Mazima Ye y'Amanyi obulungi ebiri mu mitima.

9. Era omuntu bw'atuukibwako akabi, olwo alaajanira Mukama we nga yetoowaza gy'ali. Naye ate bw'amuwa ku byengera ebiva gy'ali, *amangu ago* yeerabira bye yabadde alaajanako gy'ali olubereberye, olwo ng'assizaawo Allah abavuganya naye, *mbu* alyooke abuze *abantu* ku kkubo lye. Gamba nti: Kale weyagalemu katono n'obutakkiriza bwo, mazima oli mu bantu ba muliro.

10. Abaffe, oyo asaba nga mwetoowaze *eri Allah* mu biseera by'ekiro nga bwe yeevuunika era nga bw'ayimirira, ng'atya enkomerero era nga asuubira okusaasira kwa Mukama we, *afaanana n'omujeemu atakola atyo*? Gamba nti: Abaffe, abo abamanyi n'abo abatamanyi benkana? Mazima abalina amagezi be balabuka.

Ruku 2

11. Gamba nti: Allah agamba nti: Abange mmwe abaweereza bange abakkiriza, mutye Mukama wammwe. Abo abakola ebirungi ku nsi kuno, be balifuna ebirungi. Era ensi ya Allah ngazi nnyo. Mazima abagumiikiriza balifuna empeera yaabwe mu bujjuvu awatali kubalirira.

12. Gamba nti: Mazima nze nalagirwa okusinzanga Allah nga ndi mumalirivu gy'ali mu buwulize.

13. Era nalagirwa mbeere mubereberye mu beewaayo gy'ali.

14. Gamba nti: Mazima nze ntya ekibonerezo ky'olunaku olw'entiisa, singa njeemera Mukama wange.

15. Gamba nti: Allah yekka gwe nsinza, nga ndi mumalirivu gy'ali mu ddiini yange.

16. Kale *ggwe* mmwe musinze ebyo bye mwagala ebbali we. Gamba nti: Mazima abaafaafaaganirwa be bo abeefiiriza bokka

اِنْ تَكُفُرُوْا فَاِنَّ اللَّهِ خَنِيُّ عَنْكُمْ تَدُولُا يَرْضَى لِعِبَادِهِ الْكُفْرَمِ وَ اِنْ تَشْكُرُوْا يَرْضَهُ لَكُمْ وَ لَا تَدْرُرُ وَازِرَةً وَرْزَرَ اُخْرَى مُ شُمَّرً إِلَى رَبِّكُمْ مَّرْجِعُكُمْ فَيُنَتِئُكُمْ بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُوْنَ مَ اِنَّكَ عَلِيْمُ بِذَاتِ الصَّدُورِ (()

وَإِذَا مَشَّ الْهِ نُسَانَ ضُرَّدَ عَارَبَهُ الْمَنِيبَا إِكَيْوِثُمَّ إِذَا خَوَّكَ الْمَنْعُمَةُ مِّنْهُ نَسِيَ مَا كَانَ يَسْمُ عُوْ الرَّيْدِ مِنْ قَبْلُ وَجَعَلَ بِللهِ كَانَ يَسْمُ عُوْ الرَّيْدِ مِنْ قَبْلُ وَجَعَلَ بِللهِ الْمَا اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ مِنْ آصْحْبِ النَّادِ () بِكُفُرِكَ قَلِيْلًا اللَّهِ إِنَّكَ مِنْ آصْحْبِ النَّادِ ()

آمَّن هُوَ قَانِتُ أَنَاءَ الَّيْلِ سَاجِمًا وَّ قَائِمًا يَحْدَرُ الْأَخِرَةَ وَ يَرْجُوْا رَحْمَةَ رَبِّهِ ا قُلْ هَلْ يَشْتُوى الَّذِيْنَ يَعْلَمُوْنَ وَ الَّذِيْنَ لَا يَعْلَمُوْنَ الْإِنْمَ يَعْلَمُوْنَ إِذَا الْإِنْنَ لَا يَعْلَمُوْنَ الْإِنْمَا يَتَذَهَّرُ

قُلْ يُعِبَادِ الَّذِيْنَ أَمَّنُوا التَّقُوْا رَبَّكُمْهُ لِلَّذِيْنَ آحْسَنُوْافِيْ هٰذِوالدُّنْيَا حَسَنَةً اللَّذِيْنَ حَسَنَةً اللَّهِ وَالدُّنْيَا حَسَنَةً اللَّهِ وَالسَّمِرُوْنَ وَآرُضُ اللَّهِ وَاسِعَةً وانَّمَا يُوَفَّ الصَّهِرُوْنَ آجْرَهُمْ يِغَيْرِ حِسَابِ (()

قُلْ إِنِّيَّ أُمِرْتُ آنْ آعْبُدُ اللَّهَ مُغْلِصًّا لَّـهُ الـــ يِّنِينَ ﴾

وَ أُمِرْتُ لِآنَ آكُونَ آوَّلَ الْمُسْلِمِيْنَ ﴿ وَأُمِرْتُ لِآنَ آكُونَ آوَّلَ الْمُسْلِمِيْنَ ﴿ قُلُ إِنْ عَصَيْتُ رَبِّيْ عَذَابَ يَوْمِ عَظِيْمٍ ﴿ اللَّهِ عَلَيْمِ ﴿ اللَّهِ عَظِيْمٍ ﴿ اللَّهِ عَلَيْمِ اللَّهِ عَظِيْمٍ ﴿ اللَّهِ عَلَيْمِ اللَّهِ عَلَيْمِ اللَّهِ عَلَيْمِ اللَّهِ عَلَيْمِ اللَّهِ عَلَيْمٍ اللَّهِ عَلَيْمِ اللَّهِ عَلَيْمٍ اللَّهُ عَلَيْمٍ اللَّهُ عَلَيْمٍ اللَّهُ عَلَيْمٍ اللَّهُ عَلَيْمٍ اللَّهُ عَلَيْمٍ اللَّهُ عَلَيْمِ اللَّهُ عَلَيْمِ اللَّهُ عَلَيْمٍ اللَّهُ عَلَيْمٍ اللَّهُ عَلَيْمٍ اللَّهُ عَلَيْمِ اللَّهُ عَلَيْمُ اللَّهُ عَلَيْمُ اللَّهُ عَلَيْمِ اللّهُ عَلَيْمِ اللَّهُ عَلَيْكُونَ اللَّهُ عَلَيْكُوا عَلَيْكُوا عَلَيْكُوا عَلَيْكُوا عَلَيْكُمِ اللَّهُ عَلَيْكُمْ اللَّهُ عَلَيْكُ اللَّهُ عَلَيْكُمْ عَلَيْكُمْ اللَّهُ عَلَيْكُمْ اللَّهُ عَلَيْكُمْ اللَّهُ عَلَيْكُمْ اللَّهُ عَلَيْكُمْ عَلَيْكُمْ عَلَيْكُمْ اللَّ

قُلِ اللهُ آعْبُدُ مُغْلِصًا لَّهَ وَيُزِي اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ الله

فَاعْبُدُوْا مَا شِئْتُمْ مِّنْ دُونِهِ د قُلْ إِنَّ الْخُسِرِيْنَ الَّذِيْنَ خَسِرُوْا ٱنْفُسَهُمْ *nebafiiriza* n'abewaabwe ku lunaku lw'o-kuzuukira. Mwetegereze, okwo nno kwe kufiirwa okw'olwaatu.

17. Baliba n'ebibikka eby'omuliro waggulu waabwe, nga ne wansi waabwe eriyo ebibikka. Ebyo Allah by'atiisa nabyo abeweereza be. Abange mmwe abaweereza bange, kale mutye Nze nzeka.

18. Era abo abeewala okusinza bakatonda ab'obulimba era nebeetoowaza eri Allah, balina amawulire ag'essanyu. Kale wa abaweereza bange amawulire ag'essanyu,

- 19. Abo abawuliriza ekigambo n'oluvannyuma nebagoberera ekisinga obulungi mu kyo. Abo nno be bo Allah be yalung'amya, era abo be balina amagezi.
- 20. Abaffe, oyo aba akakaseeko ensala y'ekibonerezo, waliwo ayinza okumu-wonya? Abaffe, ggwe osobola okuwonya oyo ali mu muliro?
- 21. Naye abo abatya Mukama waabwe, balifuna ebizimbe ebitumbiivu nga ne waggulu wa byo ezimbiddwayo kalina, nga n'emigga gikulukutira wansi wa byo. *Ekyo* kisuubizo kya Allah, *ate* Allah tamenya kisuubizo.
- 22. Abaffe, tolaba nga Allah bw'atonnyesa amazzi okuva mu bire, kale n'agayisa mu nsulo eziri mu ttaka n'oluvannyuma n'agamezesa ebimera eby'erangi ezitali zimu? Oluvannyuma biwotoka n'obiraba nga bya kyenvu, n'oluvannyuma abifuula ebikutusekutuse. Mazima mw'ebyo mulimu okubuulirira eri abo abalina amagezi.

Ruku 3

23. Abaffe, oyo Allah gw'ayanjululiza ekifuba kye eri Obusiramu era nga ali ku butangaavu obuva eri Mukama we *afaanana n'oyo awammanta mu kizikiza ky'obubuze?* Kale nno zibasanze abo abakakanyavu b'emitima ku kujjukira Allah. Abo nno be bali mu kubula okw'olwaatu.

24. Allah yassa ekigambo ekisingira ddala obulungi, *nga ky*'Ekitabo ekitabagana, ekidding'ana *ebigambo mu ngeri ezitali*

وَ اَهْلِيْهِهُ يَوْمُ الْقِيْمَةِ * اَلَا ذَٰلِكَ هُوَ الْهُدِيْنِ اللَّهِ اللَّهُ اللَّهُ الْهُدِيْنُ اللَّهُ اللّلِهُ اللَّهُ ال

لَهُمْ مِّنْ فَوْقِهِمْ ظُلَلُ مِّنَ النَّارِ وَمِنْ تَحْتِهِمْ ظُلَلُ مِّنَ النَّارِ وَمِنْ تَحْتِهِمْ ظُلَلُ اللَّهُ يَحْوِّفُ اللَّهُ بِهِ عِبَادَهُ لِيعِبَادِ فَاتَّقُوْنِ۞

وَ الَّذِيْنَ اجْتَنَبُوا الطَّاعُوْتَ آنَ يَعْبُدُوْهَا وَ آنَابُوَا إِلَى اللهِ لَهُمُ الْبُشْرِى مِ فَبَشِّرْ عِبَادِلُمُ

الَّذِيْنَ يَسْتَمِعُوْنَ الْقَوْلَ فَيَتَّبِعُوْنَ آَخِيْنَ مَدْسُهُمُ اللَّهُ الْمُثُمُ اللَّهُ وَالْوَالْاَلْبَابِ الْ

ٱفَمَنْ حَقَّ عَلَيْهِ كَلِمَةُ الْعَذَابِ ﴿ آفَانَتَ تُنْقِذُ مُنْ فِي التَّارِثُ

لَكِنِ النَّذِيْنَ النَّقَوْا رَبَّهُمْ لَهُمْ خُرَثُ مِّنْ فَوْقِهَا خُرَفُ مَّبْنِيَّةً النَّهِرِيْ مِنْ تَحْتِهَا الْاَ نَهْرُ أَوْعَدَا للهِ وَلا يُخْلِفُ اللَّهُ الْمِيْعَادَ ()

اَلَمْ تُواَنَّ اللهَ اَنْزَلَ مِنَ السَّمَا مِ مَا اللهُ مَا اللهُ الل

آفَمَن شَرَح الله صَدَرَة لِلاشكام فَهُوَ عَلْ نُورٍ مِن رَّبِهِ افَوَيْلُ لِلْفسِيةِ قُلُوبُهُمْ مِن ذِكْرِ اللهِ الوليَّكَ فِي صَلْلٍ شُبِيْنِ

اللهُ نَزَّلَ احْسَنَ الْعَدِيْثِ كِتْبًا مُّتَشَابِهًا مَّتَشَابِهًا مَّتَشَابِهًا مَّتَافِيْنَ مَثْنُ جُلُوكُ الَّذِيْنَ

25. Abaffe, oyo eyeekuumisa ekyeenyi kye ku kibonerezo ekibi eky'olunaku lw'okuzuukira yenkana n'oyo aliba emirembe? Era aboonoonyi baligambibwa nti: Muloze ku bubi bw'ebyo bye mwakolanga.

takyalinayo mulung'amya.

26. Abo abaakulembera baalimbisa *Aba*baka, kale ekibonerezo nekibatuukako mu ngeri gye bataamanya.

bulamu bw'oku nsi, naye ddala ekibonerezo ky'enkomerero ky'ekisinga obunene, singa babadde bamanyi.

28. Era ddala twaleetera abantu eby'okulabirako ebya buli ngeri mu Kur'āni eno, balvooke bafumiitirize.

29. Twassa gy'oli Kur'ani ennyinyonnyofu mu Luwarabu nga teriimu bukyaamu bwonna, balyooke batye Allah.

30. Allah yaleeta eky'okulabirako: omuntu atwalibwa abakolaganira awamu nga bangi ate nga bakuubagana, n'omulala nga مُتَشَاكِسُوْنَ وَرَجُلٌ سَلَمًا لِرَجُلِ هَلْ مَلْ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ yeewaayo okufugibwa omuntu omu yekka. Abaffe, bombi benkanankana mu mbeera? Mumanye nti amatendo gonna ga Allah naye era abasinga obungi mu bo tebamanyi.

31. Mazima ggwe oli wa kufa, era nabo ddala ba kufa.

32. N'oluvannyuma ddala mmwe ku lunaku lw'okuzuukira mulitotoogona mu maaso ga Mukama wammwe.

Juzu 24 Ruku 4

33. Naye ani mwonoonyi okusinga kw'oyo apaatiika obulimba ku Allah era n'alimbisa n'amazima nga gamutuuseeko? Abaffe, mu Jahannamu temulimu butuulo bw'abeerema?

34. Era oyo aleeta amazima n'oyo agakakasa, abo ddala be batya Allah.

يَخْشَوْنَ رَبُّهُمْ عِثُمَّ تَلِيْنُ جُلُوْدُهُمْ وَ هُ إِلَّى ذِكْرِ اللَّهِ وَإِلَّكَ هُدًى اللَّهِ مَنْ يَشَاءُ وَمَنْ يَضْلِل اللَّهُ فَمَالَهُ مِنْ هَادِنَ

آفَمَن يَّتَقِيْ بِوَجْهِم سُوْءَ الْعَذَابِ يَوْمَ الْقِيلِمَةِ وَقِيْلَ لِلظَّلِمِيْنَ ذُوْقُوْا مَا كُنْتُمْ تَكُسِيُونِ صَ

كَذَّبِ الَّذِيْنَ مِنْ قَبْلِهِمْ فَٱتَّهُمُ الْعَدَابُ مِنْ حَيْثُ لَا يَشْعُرُونَ 🕾

فَأَذَا قَهُ مُاللَّهُ الْخِزْيَ فِي الْحَيْوِةِ الدُّنْتَاءِ 27. Kale Allah n'abaloza ku buswaavu mu إِنَّ وَلَعَذَابُ الْأَخِرَةِ آكْبَرُ مِ لَوْ كَانُوْا يَعْلَمُوْ نَ۞

> وَ لَقَدْ صَدَيْنَا لِلنَّاسِ فِي هٰذَا الْقُوانِ مِنْ كُلِّ مَثَلِ لَّعَلَّهُمْ يَتَذَكَّرُوْنَ ﴿

قُرْانًا عَرَبِيًّا غَيْرَ ذِي عِوَج تَعَلَّهُمْ تَتَّقُهُ كَ 📆

ضَرَبَ اللهُ مَثَلًا رَّحُلًا فِنهِ شُوكًا عُ يَسْتَوِيْنِ مَثَلًا ﴿ ٱلْحَمْدُ بِلَّهِ جِبْلِ ٱكْثَرُهُمْ الا تعْلَمُهُ وَنُ 🛈

اِنَّكَ مَيْتُ وَاِنَّهُمْ مَّيْتُونَ أَنَّ

نُمَّ إِنَّكُمْ يَوْمَ الْقِيلِمَةِ عِنْدَ رَبِّكُمْ

مِّنْ كَذَبَ عَلَى ملُّهِ وَكُذَّبِ بِالصِّدْقِ إِذْ كَاءَهُ مِ جَهَنَّهُ

وَالَّذِيْ جَاءَ بِالصِّدْقِ وَ صَ به أُولَئِكَ هُمُ الْمُتَقَوْنَ

35. Balifuna buli kye balyagala eri Mukama waabwe. Eyo nno y'empeera y'abakozi b'ebirungi.

36. Allah *akola atyo* alyooke abasanguleko ebibi bye baakola era abasasule empeera yaabwe okusinziira ku bisingira ddala obulungi mw'ebyo bye baakolanga.

37. Abaffe, *ddala* Allah tamala muweereza we? Era bajja kukutiisatiisa n'ebyo *bye basinza* ebbali we. Naye Allah gw'asalira nti abuze, taba na mulung'amya *mulala*.

38. Era oyo Allah gw'alung'amya aba takyalina yenna amubuza. Abaffe, Allah si ye Luwangula, Nannyini kwesasuza?

39. Era bw'obabuuza nti: Ani yatonda eggulu n'ensi, ddala bajja kugamba nti: Allah. Gamba nti: Mulowooza mutya kw'ebyo bye musinza ebbali wa Allah: singa Allah aba nga anjagalizza akabi, abaffe, byo bisobola okuggyawo akabi ke? Oba bw'aba nga anjagalizza okusaasira, abaffe, biyinza okuziyiza okusaasira kwe? Gamba nti: Nze Allah ammala. Ye abeesiga gwe baba beesiga.

40. Gamba nti: Abange, mukole kyonna kye musobola, nange nkola; kale mangu nnyo mujja kumanya,

41. Ani ekibonerezo ekimuswaaza gwe kinaatuukako, n'ekibonerezo ekiwangaala kimukkeko.

42. Mazima tukubikkulidde Ekitabo eky'amazima ku *lw'okugasa* abantu. Kale oyo alung'ama, *alung'ama* lwa kugasa mwoyo gwe; n'oyo awaba, kale ddala abula n'afiiriza gwo. Era ggwe toli mulabirizi ku bo.

Ruku 5

43. Allah atwala emyoyo gy'abalamu mu kiseera ky'okufa kwabwe, n'egyabo abatannafa agitwalira mu tulo twabwe. Kale aziyiza egyo gyokka egiba gisaliddwa okufa, emirala n'agizzaayo eri ba nnyini gyo okutuusa ku ntuuko eyagerekebwa.

لَهُمْ مِنَّا يَشَاءُونَ عِنْدَرَبِّهِ هُوذَ لِكَ جَنْدُ رَبِّهِ هُوذَ لِكَ جَنْدُ رَبِّهِ هُوذَ لِكَ جَنْدُ وَأَن الْمُحْسِنِيْنَ أَنَّ

لِيُكُوِّرُ اللَّهُ عَنْهُمْ آَسُوَا الَّذِيْ عَمِلُوْا وَ يَجْزِيهُمْ آَسُوَا الَّذِيْ عَمِلُوْا وَ يَجْزِيهُمْ آَسُوَا الْجُرَهُمْ وَالْمُصَوّا الَّذِي كَانُوْا يَعْمَلُوْنَ اللَّهُ بِكَافٍ عَبْدَةُ وَ لَا يَنْ مِنْ دُونِهِ وَ لَيْنَ مِنْ دُونِهِ وَ مَنْ يُضْلِلُ اللَّهُ فَمَا لَهُ مِنْ وَيُونِهِ مَا يَضْلِلُ اللَّهُ فَمَا لَهُ مِنْ مَا لَهُ مِنْ هَا لِيهُ مِنْ هَا لِيهُ مِنْ هَا لَهُ مِنْ هَا لِيهُ مَا لَهُ مِنْ هَا لَهُ مَا لَهُ مَا لَهُ مِنْ هَا لَهُ مِنْ هَا لَهُ مِنْ هَا لَهُ مِنْ هَا لَهُ مَا لَهُ مِنْ هَا لَهُ مِنْ هَا لَهُ مَا لَهُ مِنْ هَا لَهُ مَا لَهُ مِنْ مَا لَهُ مِنْ مُنْ مِنْ مَا لَهُ مَ

عَلَيْهِ عَذَابُ مُقِيْدُهُ ﴿
الْآَانُزَلْنَا عَلَيْكَ الْكِتٰبَ لِلنَّاسِ
الْآَانُزَلْنَا عَلَيْكَ الْكِتٰبَ لِلنَّاسِ
الْحَقِّ مَ فَمَنِ اهْتَدٰى فَلِنَفْسِهِ مَ
وَ مَنْ ضَلَّ فَإِنَّمَا يَضِلُّ عَلَيْهَا مَ وَمَا

هُ آنْتَ عَلَيْهِمْ بِوَكِيْلِ ﴿

ٱللهُ يَتَوَفَّ الْاَنْفُسَ حِيْنَ مَوْتِهَا وَ الَّتِيْ لَمْتَمُثْ فِي مَنَامِهَاء فَيُمْسِكُ الَّتِيْ قَضَى عَلَيْهَا الْمَوْتَ وَ يُرْسِلُ الْاَخْذَى إِلَّ آجَلِ مُسَمَّى، إِنَّ فِيْ Mazima mw'ekyo mulimu obubonereo eri abantu abafumiitiriza*.

- 44. Abaffe, baafunayo abawolereza abalala ebbali wa Allah? Gamba nti: Abaffe, ne bwe baba nga tebalina buyinza ku kyonna wadde nga tebategeera?
- 45. Gamba nti: Okuwolereza kwonna kuli eri Allah. Obwakabaka bw'omu ggulu ne mu nsi bubwe. N'oluvannyuma gy'ali gye mulizzibwa.
- 46. Era Allah bw'ayogerwako nga bw'ali Omu yekka, emitima gy'abo abatakkiriza nkomerero gyetamwa; naye abo abali ebbali bwe boogerwako, amangw'ago nga bajaganya.
- 47. Gambanti: Ayi Allah Omutandisi w'eggulu n'ensi, Omumanyi w'ebitalabika n'ebirabika, ddala Ggwe oliramula wakati w'abantu bo mw'ebyo bye baayawukanangamu.
- 48. Era aboonoonyi ne bwe baalibadde n'ebiri mu nsi byonna nga bigattiddwako n'ebirala ebibyenkana, mazima baalibiwaddeyo okwenunula ku kibonerezo ekibi ennyo ku lunaku lw'okuzuukira. Era ebyo bye baali tebasuubira okuva eri Allah biryeyoleka gye bali.
- 49. Era n'obubi bw'ebyo bye baakolanga bulyeyoleka gye bali, era balyetooloolwa ebyo bye baajereganga.
- 50. Kale omuntu bw'atuukibwako akabi, olwo atulaajanira. Naye bwe tumuwa ku byengera ebiva gye tuli, ng'agamba nti: Bino bimpeereddwa lwa magezi gange. So nno ekyo kiba kigezo, naye abasinga obungi mu bo tebamanya.
- 51. Ddala n'abo abaabakulembera baakyogera, naye ebyo bye baakola tebyabagasa.
- 52. Naye baatuukibwako obubi bw'ebyo bye baakolanga, era n'abo aboonoonefu abali mu فَلَكُمُوا مِنْ هُو كَاءِ سَيُصِيْبُهُمْ سَيِّاتُ batakkiriza bano, nabo mangu nnyo bajja

ذَلِكَ لَا يُتِ لِّقَوْمِ يُتَفَكِّرُوْنَ ﴿ آهِ اتَّخَذُوا مِن دُوْنِ اللهِ شُفَعًاءً م قُلُ آ وَلَوْ كَانُوْا لَا يَمْلِكُونَ شَيْئًا وَّ كايشقلون

قُلْ يِتْلِوالشَّفَاعَةُ جَمِيْعًا ﴿ لَهُ مُلْكُ السَّمُونِ وَ الْأَرْضِ وَ ثُمَّ رِلَيْهِ ثُوْ يَعِعُوْ لَنَ ۞

وَإِذَاذُ كِرَاللَّهُ وَهُدَةُ اشْمَازَّتْ قُلُوب الَّذِيْنَ لَا يُؤْمِنُونَ بِالْأَخِرَةِ * وَ إِذَا ذُكِرَ اللَّذِينَ مِنْ ذُوْنِهَ إِذَا هُمُهُ يَسْتَبْشِرُوْنَ۞

قُلِ اللَّهُمَّ فَاطِرَ السَّمَوْتِ وَ الْإَرْضِ عٰلِمَ الْغَيْبِ وَ الشَّهَا <َ قِ آنْتَ تَحْكُمُ بَيْنَ عِبَادِكَ فِيْ مَا كَانُوْا فِيْهِ يختيلفون

وَكُوْ أَنَّ لِلَّذِينَ ظَلَمُوْا مَا فِي الارض جَمِيْعًا رَّمِثْكَ عَمَعَهُ لَا فْتَدَوْا بِهِ مِنْ سُوْءِ الْعَدَّابِ يَوْمَ الْقِيلِمَةِ ﴿ رُبِدُ اللَّهُ هُ يِنَ اللَّهِ مَا لَهُ يَكُونُوا المحتسية ن

وَبُدَالَهُمْ سَيّاتُ مَا كَسَبُوا وَ حَاقَ بِهِمْمَّا كَانُوْابِهِ يَسْتَهْزِءُونَ۞ فَإِذَا مَسَّ الْارْنُسَانَ صُرُّدَ عَا لَا نَصُمَّ إِذَا خَوَّ لَنْهُ نِعْمَةً مِّنَّا ۗ قَالَ انَّهَا ٱوْرِيْتُهُ عَلْ عِلْمِ ابْلُ هِيَ فِعْنَدُ وَ لْكِنَّ ٱكْتُرُهُمْ لَا يَعْلَمُونَ ۞ قَدْ قَا لَهَا الَّذِيْنَ مِنْ قَبْيِهِ هُ فَكَا

آغْنٰى عَنْهُمْ مَّا كَانُوْا يَكْسِبُوْنَ۞ فَأَصَا بَهُمْ سَيّاتُ مَا كُسَبُوْ الرَّالَّذِينَ

kutuukibwako obubi bw'ebyo bye bakola, era tebayinza kufufuggaza ntegeka ya Allah.

53. Abaffe, tebamanyi nti ddala Allah y'agaziyiza ebigabibwa oyo gw'aba ayagadde era y'abikendeeza? Mazima mw'ebyo mulimu okulabula eri abantu abakkiriza.

Ruku 6

- 54. Gamba nti: Abange mmwe abaweereza bange abo abasukkiridde mu kweyonoona, temuggwebwamu ssuubi ku kusaasira kwa Allah. Mazima Allah asonyiwa ebyonoono byonna. Ddala Ye ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 55. Kale mudde eri Mukama wammwe era mweweeyo gy'ali nga ekibonerezo tekinnabatuukako, kuba oluvannyuma temuliyambibwa.
- 56. Era mugoberere *enjigiriza* esinga obulungi eyassibwa gye muli okuva eri Mukama wammwe, nga ekibonerezo tekinnabatuukako kibwatukira nga temutegedde.
- 57. Si kulwa nga omuntu agamba nti: O! nga ndabye olw'ebyo bye nnagayaalirira ku ludda lwa Allah era ddala nali mw'abo abaabalaatanga,
- yannung'amya, mazima naalibadde mw'abo abatya Allah:
- 59. Oba agambe awo ng'alabye ekibonerezo nti: Singa nnyinza okuddayo, olwo naalibadde mu bakozi b'ebirungi.
- okulabula kwange naye n'okulimbisa, neweekuza era n'oba mw'abo abagaanyi.
- 61. Era ku lunaku lw'okuzuukira oliraba abo abaayogeranga obulimba ku Allah nga obwenyi bwabwe buddugadde. Abaffe, mu muliro temuliimu butuulo bw'abo abeekuza?
- 62. Era Allah awonya abo ku buwonero n'abatuusa bwabwe obw'emirembe n'obuwanguzi bwabwe nga tebatuukibbwaako kabi konna, wadde tebalinakuwala.

مَاكَسَبُوا ﴿ وَمَا هُمْ بِمُعْجِزِيْنَ ﴿

أَوْكُمْ يَعْلُمُوْااَنَّ اللهُ يَبْشُطُ الدَّزْقَ لِمَنْ يَشَاءُ وَيَقْدِرُ وَإِنَّ فِي ذَٰلِكَ الله الله والمنافقة والمنافقة والمنافقة المنافقة المنافقة

قُلْ يُعِبَادِيَ الَّذِينَ ٱسْرَفُوا عَلَى آنفُسهم كاتقنط وامِن رَحْمَةِ اللهِ ع إِنَّ اللَّهُ يَغْفِرُ الذُّنَّةِ تَ جَمِيْعًا ﴿ إِنَّهُ هُوَ الْغَفُورُ الرَّحِيْمُ و آنييبُوَا إِلَى رَبِّكُمْ وَ آسْلِمُوا لَـك مِنْ

قَبْلِ أَنْ يَالِتِكُمُ الْعَذَابُ ثُمَّ كَا تُنْقَصَّرُوْنَ@

وَا تَلْبِحُوْا آهِ سَن مَا أَنْذِلَ إِلَيْكُمْ مِنْ رِّيْكُمْ مِّنْ قَبْلِ أَنْ يَأْرِيكُمُ الْعَذَابُ مَغْتَةً وَّ ٱلْتُمْ لَا تَشْعُرُونَ ۞

آنْ تَقُوْلَ نَفْسُ يَحْسُرَقْ عَلْ مَا فَرَّطْتُ فِيْ جَنْبِ اللهِ وَإِنْ كُنْتُ السَّاخِرِيْنَ ۞

آوْ تَقُوْلَ لَوْاَتَّ اللَّهُ هَالِينِي لَكُنْتُ Sa. Oba agambe nti: Singa ddala Allah اَوْ تَقُوْلَ لَوْاَتَّ اللَّهُ هَالِينِي لَكُنْتُ مِنَ الْمُتَّقِينَ ١٨٥

اَوْ تَقُوْلَ حِيْنَ تَرَى الْعَذَابَ لَوْ اَنَّ لِيْ كُرَّةً فَأَكُونَ مِنَ الْمُحْسِيثِينَ 60. Aligambibwa nti: Ddala watuukibwako كِلْ قَدْ جَاءَ ثُكَ الْمِيْنِي فَكَذَّبْتَ بِهَا وَ اللهُ اللهِ اللهُ اشتَكبَرْتَ وَكُنْتَ مِنَ الْكُفِرِيْنَ ١٠ وَيَوْمَ الْقِيلَمَةِ تَرَى اللَّهِ يَن كَذَّبُوْا عَلَى اللهِ وُجُوْهُ مُهُمْ مُّسُودٌ كُأُ الْيُسَ فِي جَهَنَّمَ مَثُوًى لِلْمُتَكَيِّرِينَ ١ يُنَجّى اللهُ الَّذِينَ اتَّقَوْا abamutya بِمَفَاذَ تِهِمْ وَلاَ يَمَسُّهُمُ السُّوءُ وَلا هُمْ يَحْزَنُونَ

أَنْتُ خَالِقُ كُلِّ شَيْءٍ رَوِّ هُوَ عَلَى كُلِّ وَعَلَى كُلِّ فَعَالِمُ فَعَالِمُ فَعَلَى كُلِّ فَعَالِمُ ف Mulabirizi wa buli kimu.

n'ensi. Era abo abatakkiriza bubonero bwa Allah be b'okufaafaaganirwa.

Ruku 7

- 65. Gamba nti: Abange mmwe abatamanyi, abaffe, mundagira nsinze bakatonda abalala atali Allah?
- 66. Era ddala kyabikkulirwa gy'oli n'eri abo abaakukulembera nti bw'olyenkanya Allah n'ebirala, ddala ebikolwa byo bigenda kwonooneka era ddala oliba mw'abo abalifaafaaganirwa.
- 67. Wabula Allah yekka gw'oba osinzanga era beeranga mw'abo abeebaza.
- 68. Mu butuufu tebaawa Allah kitiibwa kye ekimusaanira. Era ensi yonna eriba mu kibatu kye ku lunaku lw'okuzuukira, n'emigigi gy'eggulu girizingibwako ne ddyo we. Obutuukirivu bubwe, era ali waggulu nnyo n'ebyo bye bamwenkanya nabyo.
- 69. Era eng'ombe erifuuyibwa, kale abali mu ggulu n'abali mu nsi bonna balizirika, okuggyako abo Allah baalisiima, N'oluvannyuma erifuuyibwamu omulundi omulala, okwejjuukiriza nga bayimuse, batunula!
- 70. Era ensi eriyakaayakana n'ekitangaala kya Mukama wa yo, n'Ekitabo kiriteekebwawo, ne ba Nabbi, n'Abajulizi balireetebwa, era *abantu* baliramulwa wakati waabwe mu bwenkanya era tebaliryazaamaanyizibwa.
- olw'ebyo bye gwakola. Era Ye y'asinga okumanya ebyo bye bakola.

Ruku 8

Jahannamu mu bibinja. Okutuusa lwe baligituukako enzigi za gwo ne ziggulinti: Abasse, temwatuukibwako Batume nga اَبْوَا بُهَا وَقَالَ لَهُ هُ خَزَنَتُهَا آلَهُ اللهُ عَالَى اللهُ اللهُ

كَهُ مَقَالِيْدُ السَّمُوٰتِ وَالْكَارُضِ فَ by'eggulu لَهُ مَقَالِيْدُ السَّمُوٰتِ وَالْكَارُضِ فِي 64. Ye nannyini bisumuluzo

وَ الَّذِيْنَ كَفَرُوا بِالْيِتِ اللَّهِ ﴿ أُولَيْكَ هُمُ الْخُسِرُوْنَ أَنْ

قُلُ آفَعَيْرَ اللهِ تَامُرُوْلِيْ آعَبُهُ آيُّهَا الْجِهِلُونَ ۞

دَ لَقَدْ أُوْحِي إِلَيْكَ وَإِلَى اللَّهِ يَنَ مِنْ قَبْلِكَ مِلَيْنَ ٱشْرَكْتَ لَيَحْبَطَنَّ عَمَلُكَ وَ كَتُكُونَنَ مِنَ الْخُسِرِيْنَ الْ

بَلِ اللَّهَ فَاعْبُدْ وَكُنْ مِّنَ الشَّكِرِيْنَ ١٠

وَمَا تَدَرُوا اللهَ مَتَّى قَدْرِمْ اللهُ وَالْوَرْضُ جَمِيْعًا قَبْضَتُهُ يَوْمُ الْقِيْمَةِ السلطوت مطويتك بيميينه مشبطته وَتَعْلَى عَمَّا يُشْرِكُونَ

وَ نُفِخَ فِي الصُّورِ فَصَعِقَ مَنْ فِي السَّمُونِ وَ مَنْ فِي الْكَرْضِ إِلَّا مَنْ شَلَعَ اللهُ ونُسمَّ نُفِخَ فِيْهِ أَخْرَى فَإِذَا هُمْ قِيًا مُ يَتَنظُرُونَ ٠٠

وَٱشْرَقَتِ الْأَرْضُ بِنُوْرِرَيِّهَا وَ وُضِعَ الْكِتْبُ وَجَائِءَ بِالنِّبِيِّنَ وَ الشُّهَدَّاءِ وَ تُضِيّ بَيْنَهُمْ بِالْحَقِّ وَ هُمْ لَا € 50 3 6

71. Era buli mwoyo gulisasulwa mu bujjuvu وَوُفِيِّتَ كُلُّ نَفْسٍ مَّا عَمِلَتْ وَهُوَ آعْلَمُ اللهِ غٌ بِمَا يَفْعَلُونَ۞ُ

بَقَ الَّذِينَ كَفُرُوٓ اللَّهِ جَهَنَّمَ Pakanami مِثَقَ الَّذِينَ كَفُرُوٓ اللَّهِ جَهَنَّمَ Pakanami مِثَقَ الَّذِينَ كَفُرُوٓ اللَّهِ جَهَنَّمَ اللَّهِ اللَّهُ اللَّهِ اللَّهُ اللَّالَّا اللَّهُ اللَّا اللَّهُ اللَّهُ الللَّهُ اللَّا اللَّهُ اللَّا اللَّاللَّا اللَّا اللّل زُمَرًا مِحَتَّى إِذَا جَاءُ وَهَا فُيْحَتْ bava mu mmwe, nga babasomera Ava za Mukama wammwe n'okubalabula ku nsisinkano y'olunaku lwammwe luno? Baliddamu nti: Yee, baatutuukako naye ensala y'ekibonerezo emaze okukakata ku batakkiriza.

73. Kirigambibwa nti: Kale muyingire mu miryango gya Jahannamu, omwo mwe mujia okubeera. Ye nga obutuulo bw'abekuluntaza buliba bubi nnyo!

74. Era n'abo abaatyanga Mukama waabwe balitwalibwa eri Janna mu bibinja. Okutuusa lwe baligituukako, enzigi za yo neziggulibwawo. Olwo abakuumi ba yo baligamba nti: Emirembe gibeere ku mmwe, mwesanyukire, era mugiyingire mwebeerere omwo.

75. Era baligamba nti: Amatendo gonna زي صدرة الله علي الله الله علي الله على الله gye tuli n'atusikiza ensi , netutuula mu تَنَا الْاَ رْضَ نَقَيْبًا أُمِنَ Janna wonna nga bwe twagala. Kale empeera y'abakozi b'ebirungi si nnungi ggero!

76. Era oliraba ba malayika beetoolodde Nnamulondo nga batendereza n'amatendo ga Mukama waabwe. Era abantu baliramulwa wakati waabwe mu bwenkanya. Era kiryogerwa nti: Amatendo gonna ga Allah, Mukama w'ebitonde byonna.

تأتكُمْ رُسُأً، مِنْ كُمْ تَتْلُمْ نَ عُلَيْكُمْ

المُعَادِّةِ الْعُلَمِيْنَ الْعُلَمِيْنَ الْعُلَمِيْنَ







(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Hā Mīm.*
- 3. Okubikkulirwa kw'Ekitabo kino kwaviira ddala eri Allah Luwangula, Omumanyi wa byonna,
- 4. Omusonyiyi w'ebibi era Omukkiriza w'okwenenya, Omukakali mu kubonereza, Nannyini kugaba. Teri Musinzibwa mulala okuggyako Ye. Gy'ali y'eri obuddo.
- 5. Tewali awakanya Aya za Allah okuggyako abo abatakkiriza. Kale okutawuka kwabwe mu nsi kuleme kukubuzaabuza.
- 6. N'olubereberye lwabwe, abantu ba Nūhu 🖔 n'ebibinja ebirala oluvannyuma lwabwe baalimbisa obubaka era buli kyamalirira ku Mubaka wa kyo okumukwata era nebawakanyisa ebitaliimu mbu جَاكَالُوابِالْبَاطِلِ لِيُدْ حِضُوْابِدِالْحَقِّ balyooke babifufuggazise amazima. Kale ne mbakwata, naye okubonereza kwange kwali kutya?
- 7. Era bwe kityo, ekigambo kya Mukama wo nekikakata ku batakkiriza nti ddala bo bantu ba muliro.
- 8. Ba malayika abo abawaniridde Nnamulondo era n'abo abagyetoolodde, batendereza n'amatendo ga Mukama waabwe, era bakkiririza mu Ye, era basabira abo abakkiriza okusonyiyibwa nga bwe bagamba nti: Mukama waffe, weetooloola buli kimu mu kusaasira n'okumanya, kale sonyiwa abo مَيْثَلِكُ abeenenya nebagoberera ekkubo lyo era bawonye ekibonerezo ky'omuliro.
- ey'olubeerera eyo gye wabasuubiza, أَوَ مَنْ صَلَّحَ مِنْ صَلَّحَ مِنْ صَلَّحَ مِنْ الْجَارِيَّهِ هُمْ وَمُنْ صَلَّحَ مِنْ الْجَارِيِّهِ هُمْ وَمُنْ صَلَّحَ مِنْ الْجَارِيِّهِ هُمْ وَمُنْ صَلَّحَ مِنْ الْجَارِيِّةِ هُمْ وَمُنْ صَلَّحَ مِنْ الْجَارِيِّةِ هُمْ وَمُنْ صَلَّحَ مِنْ الْجَارِيِّةِ مُمْ وَمُونِ اللَّهِ مِنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ مِنْ اللَّالِي مِنْ اللَّهُ م أَذْوَاجِهِمْ وَ ذُرِّيَّتِهِمْ رَاتَكَ آنْتَ be baafumbiriganwa nabo n'ezadde

والله الرَّحُمْن الرَّحِيْمِ

تَنْزِيْلُ الْكِتْبِ مِنَ اللهِ الْعَزِيْزِ

عَافِرِالذَّنْبِ وَقَابِلِ التَّوْبِ شَدِيدِ الْعِقَابِ الذِي الطَّوْلِ وَلَا رَالْيَةِ رَاكُ هُوَ مِ الثه المصائر

مَا يُجَادِلُ فِي أَيْتِ اللهِ إِلَّا الَّذِينَ كَفَرُوا فَلَا يَخُورُكَ تَقَلُّنُهُمْ فِي

ا كَاحْذَا بُ مِنْ بَعْدِهِ عَرْسِ وَهَمَّتُ كُلُّ أمَّةً برَّسُولِهِمْ لِيَانُدُ فَآخَهُ ثُهُمُ مِن فَكَيْفَ كَانَ عِقَابِن وَ كَذٰلِكَ حَقَّتْ كُلْمَتُ رَبِّكَ عَلَى إِلَيْ إِنَّا إِنَّ كُفَرُوااتَّهُمْ اَصْحُبُ النَّا رِجَ ٱلَّذِيْنَ يَحْمِلُوْنَ الْعَرْشَ وَمَنْ حَوْلَهُ بتحون بحمد ربيهم ويؤمنون به يَسْتَغْفُرُونَ لِلَّذِيْنَ أَمَنُوْا مِرَيِّنَا وَسِعْتَ كُلُّ شَيْءٍ رَّحْمَةً وَّعِلْمًا فَاغْفُدْ لِلَّذِيْنَ تَابُوا وَ اتَّبَعُوا وَقِهِمْ عَذَابَ الْجَحِيْمِ (١)

9. Mukama waffe, era bayingize mu Janna رَبُّنَا وَ آدْخِلْهُمْ جَنَّتِ عَدْنِ إِلَّتِيْ

40:2. Atenderezebwa ennyo, Ow'ekitiibwa ennyo.

lyabwe. Mazima Ggwe Luwangula. Omugezi ennyo.

10. Era bawonye ebibi. gw'oliwonya ebibi olunaku olwo, mazima oliba omusaasidde. Era obwo bwe buwanguzi obusuffu.

Ruku 2

- 11. Mazima abo abatakkiriza baliwereekerezebwa ebigambo nti: Ddala okukyawa kwa Allah kw'abakyayemu, kusingira wala obukyayi mmwe bwe mwalinanga awo nga muyitiddwa eri okukkiriza, nemugaana.
- 12. Baligamba nti: Mukama waffe, otutuusizzaako okufa kwa mirundi ebiri, era otuwadde obulamu bwa mirundi ebiri: kale kati tukkirizza ebisobyo byaffe. Abaffe, waliwo ku kkubo erifuluma mu kibonerezo?
- 13. Baligambibwa nti: Ekyo kibatuuseeko olw'okubanga Allah bwe yalangirirwanga nti ali Omu yekka, mwagaananga; naye bwe yenkanyizibwanga n'ebirala, mwakkirizanga. Kati nno okulamula okusembayo kuli eri Allah yekka, Omugulumivu, Omukulu ennyo.
- 14. Ye y'Oyo abalaga obubonero bwe y'abassiza ebigabibwa okuva mu ggulu. Nave teri afumiitiriza okuggyako oyo adding'ana eri Allah.
- 15. Kale musabenga Allah nga muli bamalirivu gy'ali mu buwulize, abatakkiriza ne bwe baba nga tebaagala.
- 16. Y'asitula mu madaala, Nannyini Nnamulondo. Assa Mwoyo kw'oyo asiimye mu baweereza be gw'aba olw'okulagira kwe, alyooke alabule abantu ebifa ku lunaku lw'okusisinkana,
- 17. Olunaku bonna lwe balijjirako eri tewali kyonna kibakwatako ki-Allah. ryekisa Allah. Obwakabaka buliba bw'ani kw'olwo? Buliba bwa Allah, Omu yekka, Omukasi.
- 18. Olwa leero buli omu ajja kusasulwa olw'ebyo bye yakola. Leero tewali kulya- الْحِسَابِ الْحِسَابِ الْحِسَابِ الْحِسَابِ الْحِسَابِ الْحِسَابِ الْح

الْعَزِيْزُ الْحَكِيْمُ الْ

وَقِهِمُ السَّيِّاتِ وَ مَنْ تَقِ السَّيِّاتِ يَوْمَئِذٍ فَقُدْ رَحِمْتَكَ وَ ذَٰ لِكَ مُوَ عُ الْفَوْزُ الْعَظِيمُ

إِنَّ الَّذِيْنَ كَفَرُوْا يُنتَادَوْنَ لَمَقْتُ الله آكبر مِن مَقتكُم آثفُسكُم إِذْ تُدْعَوْنَ إِلَى الْدِيْمَانِ فَتَكُفُرُونَ (١)

قَالُوْا رَبَّنَا آمَتَّنَا اثْنَتَيْنِ وَ آهيينتنا اثنتين فاعترننا بِذُنُوْبِنَا فَهَلَ إِلَّى خُدُوْمٍ مِّنْ سَبِيْلِ 💮

ذٰلِكُمْ بِأَنَّكَ لِذَا دُعِيَ اللَّهُ وَحُدَهُ كَفَرْ سُمْءَ وَإِنْ يُشْرَكُ بِيهِ تُؤْمِنُوا قَالْحُكُمُ بِدُّهِ الْعَلِيِّ الْكَبِيْرِ ﴿

هُوَ الَّذِيْ يُرِيكُمْ أَيْتِهِ وَ يُنَزِّلُ لَكُمْ قِينَ السَّمَاءِ دِزْقًا وَمَا يَتَذَكُّرُ راكم مَن يُندث

فَادْعُوا اللَّهُ مُخْلِصِيْنَ لَهُ الدِّيْنَ وَكُوْ كُورِةُ الْكُفِرُونَ ١٠

رَفِيْحُ الدِّرَجِيةِ ذُوالْعَدُشِ يُلْقِي الرُّوْسَ مِنْ آمْرِهِ عَلَى مَنْ يَشَاءُ مِنْ عِباً وِهِ لِيُنْ ذِرَ يَوْمَ التَّكَرِقِ الْ

يَـوْمَ هُمْرِبَا رِزُوْنَ أَ لَا يَخْفَى عَلَى اللّهِ مِنْهُمْ شَيْءً ولِمَنِ الْمُلْكُ الْيَوْمَ ويلي الْوَاحِدِ الْقَهَّا رِ

ٱلْيَوْمَ تُجْزٰى كُلُّ نَفْسٍ بِمَا كَسَبَتُ وَكَا

zaamaanya. Mazima Allah mwangu nnyo mu kubala.

19. Era balabule ku lunaku olubindabinda, awo nga emitima gituuse mu mimiro nga gifa ennaku. Aboononyi tebaliba na wa mukwano wadde omuwolereza alikkirizibwa.

20. Allah y'amanyi obulyake bw'amaaso n'ebyo ebifuba bye bikisa.

21. Era Allah alamula mu bwenkanya. Nave abo be balaajanira ebbali we, tebayinza kusalawo ku kyonna. Mazima Allah ye Muwulizi wa byonna, Omulabi مُرْمُهُمُ السَّمِيُّةُ wa byonna.

Ruku 3

22. Abaffe, tebatambulako mu nsi nebalaba enkomerero y'abo abaabakulembera nga bwe yali? Baali be babasinga ennyo mu maanyi n'okuleka ebyewuunyo mu nsi. Naye era Allah yabakangavvula olw'ebibi byabwe era tebaalina yenna wa kubataasa ku Allah.

23. Ekyo lwa kubanga baatuukwangako Abatume baabwe n'obubonero obw'olwaatu naye nebeerema, kale Allah n'abakangavvula. Mazima Ye wa maanyi nnyo, mukakali mu kubonereza.

bwaffe, n'obukakafu obw'olwaatu.

رِلْ فِدْرَعَوْنَ وَ هَا مِنْ وَ قَارُونَ فَقَالُوا 25. Eri Farāwo ne Hāmāni ne Qārūna naye nebagamba nti: Mulogo, mulimba mukulu.

فَلَمَّا جَآ ءَهُمْ بِالْحَقِّ مِنْ عِنْدِنَّا قَالُوا 26. Awo bwe yajja gye bali n'amazima agava gye tuli, baagamba nti: Mutte batabani b'abo abakkiriza awamu naye, enkwe z'abatakkiriza si kirala wabula kugwa عَيْدُ مَا كَيْدُ مَا كَيْدُ butaka.

nzite Mūsa, kale akoowoole

وَ إَنْ ذِرْهُمْ يَوْمُ الْأَزْفَةِ رَاذِ الْقُلُوْبُ لَدَى الْحَنَّاجِرِكَّا ظِيمِيْنَ أَ مَا لِلظّٰلِمِيْنَ مِنْ حَمِيْرَمِ وَّ ﴾ شَفِيْعٍ

يَعْلَمُ خَالِئَةَ الْآعْبُنِ وَمَا تُغْفِي الصُّدُوْدُنِ

دُعُوْنَ مِنْ دُونِهِ يستني و د رات الله عد ﴿ الْبَصِيرُ أَنْ

آوكم يسيرُوا فِي الْآرْضِ فَيَتَنْظُرُوا كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الَّذِيْنِ كَانُوْا مِنْ قَبْلِهِمْ الْكَانُوا هُمْ آشَدَّ مِنْهُمْ قُوَّةً وَ أَنَّارًا فِي الْكَارُفِ فَاخَذَ هُمُ اللُّهُ بِذُ نُوْ بِيهِ هُو وَ مَا كَانَ لَهُمْ يِّنَ الله مِنْ وَاقِي

ذلك ما تَهُمُ كَانَتْ تَنَايَتُهُمُ وَاللَّهُمُ بِالْبَيِّنْتِ فَكَفَرُوْا فَآخَذُ هُمُ اللَّهُ ا رانكَ قُوِيٌّ شَدِيدُ الْجِقَابِ

24. Era ddala twatuma Mūsa n'obubonero وَلَقَدْ ٱرْسَلْنَا مُوْسَى بِالْنِتِنَا وَسُلْطِينِ

سُحِرُ كَذَّابُ؈

ا ثَنُلُوٓا آئِنَاءً الَّذِينَ أَمَنُوْا مَعَهُ الْكُفِرِيْنَ إِلَّا فِيْ ضَلْلِ

رَ قَالَ فِرْعَوْتُ ذَرُوْنِيٓ ٱقْتُلْ مُوسى 27. Era Farāwo yagamba nti: Mundeke

nti ajja kukyuusa enzikiriza yammwe okuleeta mu nsi yaffe.

وَ قَالَ مُوْسَى إِنِّيْ عُنْدُتُ بِرَبِّيْ وَ رَبِّكُمْ Mazima مِوْسَى إِنِّيْ عُنْدُتُ بِرَبِّيْ وَ رَبِّكُمْ neewogoma eri Mukama wange amponye neewogoma en wiukama wange amponye buli eyeekuza, atakkiriza lunaku lwa وَسَنْ كُلِّلَ مُتَكَلِّبِرٍ لَّا يُؤْمِنُ رِبِيَةُ هِم kubalirira.

Ruku 4

- 29. Era omusajja omu omukkiriza mu bantu وَ قَالَ رَجُلُ مُّوْمِنَ لِيَّ قِينَ الِل فِيرْحَوْقَ اللهِ المُعَالِينَ اللهِ وَمُونَ اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ ال ba Farāwo eyakisanga okukkiriza kwe, n'agamba nti: Abaffe, mutte omuntu olw'okubanga agambye nti: Mukama wange يَّقُوْلَ رَبِّيَ اللهُ وَ قَدْ جَاءَكُمْ اللهُ مَا اللهُ وَ قَدْ جَاءَكُمْ ye Allah, ate nga abaleetedde n'obukakafu obuva eri Mukama wammwe? Kale bw'aba nga mulimba, obulimba bwe buvunaanyizibwa ku ye; naye ddala bw'aba nga ayogera mazima, mujja kutuukibwako ebimu مَادِقًا يُصِبْكُمْ بَعْضُ الَّذِي يَعِدُ كُمْ وَإِنَّ we'ebyo by'ebatica المُعَانِينَ عَلَيْهُ كُمُوانَّ الْعَانِينَ عَلَيْهُ اللهِ اللهِ اللهُ اللّهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ kw'ebyo by'abatiisa. Mazima Allah talung'amya oyo asukkiridde obubi, اللَّهَ لَا يَهْدِيْ مَنْ هُوَمُشرِفٌ كَذَّا كِي اللَّهَ لَا يَهْدِيْ مَنْ هُوَمُشرِفٌ كَذَّا كِي اللَّهَ اللَّهِ اللَّهَ لَا يَهْدِيْ مَنْ هُوَمُشرِفٌ كَذَّا كِي اللَّهِ اللَّهُ اللّ omulimba lukulwe.
- obufuzi, mmwe muli kungulu mu nsi. Naye ani anaatuyamba ku kibonerezo kya Allah nga kitutuuseeko? Farāwo n'agamba nti: bye ndabako era sibalaga okuggyako أُرِيْكُمْ إِلَّا مَا آذَى وَمَا آهُدِيكُمْ ekkubo ettuufu.
- Bannange, nze mbatiisa okuzikirira okufaanana n'okwolunaku lwa b'ebibinia.
- Nuhu n'aba 'Adi n'aba Thamuda وَالَّذِينَ مِنْ بَعْدِهِمْ وَمَا اللَّهُ يُرِيدُهُ اللَّهُ عَلَيْ اللَّهُ عَلَيْ اللَّهُ عَلَيْهِ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهِ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ اللَّهُ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عِلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ ع tayagala kulyazaamaanya baweereza be.
- lw'okuwanjagiragana,
- gyammwe okudduka. Temuliba na mutaakiriza yenna ku Allah. Era oyo Allah gw'asalira nti abuze, taba n'amulung'amya.

Mukama we tulabe. Mazima nze ntya وَلَيَدُعُ رَبِّتُهُ مِ إِنِّي ٓ اَخَافُ آنَ يُبُرِّلُ مَا عَلَى اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ اللهِ ال دِيْنَكُمْ آوْ آنْ يُّظْهِرَ فِي الْآرْضِ obusambattuko

غَ الْحِسَابِ 6

يَكْتُمُ إِيْمَانَكَ آتَقْتُ لُوْنَ رَجُلًا آنَ بِالْبَيِّنْتِ مِنْ رَّبِّكُمْ وَإِنْ يَلْكُ كَاذِبًا نَعَلَيْهِ كَذِبُهُ * وَران يَكُ

الْعَوْمِ لَكُمُ الْمُلْكُ الْيَوْمَ ظَاهِرِيْنَ Mulina يُعَوْمِ لَكُمُ الْمُلْكُ الْيَوْمَ ظَاهِرِيْنَ Mulina يُعَوْمِ لَكُمُ الْمُلْكُ الْيَوْمَ ظَاهِرِيْنَ فِي الْأَرْضِ دِ فَمِّن يَتَنْصُرُنّا مِنْ بَأْسِ الله إن جَاءَنا وقال فِرْعَوْنُ مَا إِلَّا سَبِيلَ الرَّشَادِنَ

31. Era oli eyakkiriza yagamba nti: وَقَالَ الَّذِينَ أَمَنَ لِيقَوْمِ إِنِّيٓ آخَاتُ اللَّهِ عَلَى اللَّهِ وَاللَّهِ مَا اللَّهُ اللَّهِ عَلَى اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهُ اللَّهِ اللَّهُ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ اللّ مّليْكُمْ مِّثْلَ يَوْمِ الْأَحْزَابِ أَنْ 32. Okufaanana n'embeera y'abantu ba كَابِ قَوْمِ نُوْجِ وََّ عَادِ وَتَنْمُوْكَ ba كَابِ قَوْمِ نُوْجِ وَ عَادِ وَتَنْمُوْكَ عَامِينَا لَهُ اللَّهِ عَلَيْهِ مِنْ اللَّهُ عَلَيْهِ عَلَيْهِ اللَّهُ عَلَيْهِ اللَّهُ عَلَيْهِ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلِيهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَل ظُلْمًا لِلْحِبَادِ

33. Era bannange, nze mbatiisa olunaku عَلَيْكُمْ يَوْمَ كَالْكُمْ يَوْمَ اللَّهُ عَلَيْكُمْ يَوْمَ التَّنَّادش

يَوْمَ تُوَلُّوْنَ مُدْبِرِيْنَ مَمَا لَكُمْ مِّنَ Olunaku lwe mulikyuusa emigongo الله مِنْ عَاصِيمِ ، وَ مَنْ يُضْلِلِ اللهُ نَمَا لَهُ مِنْ هَا دِنَ

35. Era ddala Yūsufu yajja gye muli olubereberye n'obubonero obw'olwaatu, naye temwalekayo kubuusabuusa mw'ebyo bye yabaleetera. Kyokka bwe yafa, mwagamba nti: Allah talituma Mubaka mulala luvannyuma الن يَّبُعَثُ اللَّهُ مِنْ بَعْدِهِ رَسُوْلًا لا lwe. Bw'atyo nno Allah bw'asalira okubula oyo asukkiridde obubi, abuusabuusa,

36. Be bo abawakana ku Aya za Allah nga tebalina bukakafu bwonna obwabatuukako. Ekyo kikyayibwa nnyo mu maaso ga Allah n'eri abo abakkiriza. Bw'atyo nno Allah bw'akoona envumbo ku buli mutima gw'eveekuza, nnalukalala.

37. Era Farāwo yagamba nti: Owange Hāmāni, nzimbira omunaala omuwanvu nsobole okutuuka ku makubo.

oke nningize eri Katonda wa Mūsa, era ddala nze nkakasa nti ye mulimba. Era bwe bityo ebikolwa bya Farāwo byamulungiyizibwa, n'aziyizibwa eri ekkubo ettuufu: era okwekoba kwa Farawo si kirala wabula kwali mu kuzikirira.

Ruku 5

39. Era oli eyakkiriza n'agamba nti: Bannange, mungoberere mbalage ekkubo eryesimbu.

40. Bannange, mazima amasanyu g'ensi eno ga kaseera; naye ddala enkomerero, yo ge maka ag'olubeerera.

okuggyako ekikifaanana; n'oyo eyakola ekirungi mu basajja oba mu bakazi era nga mukkiriza, kale abo be baliyingira mu Janna; وَ هُوَ مُؤُمِنَ فَأُولَوْكَ يَدْخُلُونَ يَدْخُلُونَ baligabulirwamu awatali kubalirira.

42. Ye bannange, ddala lwaki nze mbakoowoolera eri okununulwa, ate mmwe nemunkoowoolera eri muliro?

43. Abaffe, mumpita neegaane Allah era تَدْعُوْ نَنِيْ لِأَكُفُرُ بِاللَّهِ وَأَشْرِكَ بِهِ mmwenkanye n'ebirala bye sirina kye mbimanyiiko, ng'ate nze mbakoowoolera eri

وَلَقَ مُاءَكُمْ يُوسُفُ مِنْ قَيْلُ بِالْبَيِّنْتِ فَمَا زِلْتُمْ فِي شَكٍّ مِّمَّا جَاءَكُمْ بِهِ مُحَتَّى إِذًا هَلَكَ تُلْتُمْ كَذٰلِكَ يُضِلُّ اللَّهُ مَنْ هُوَ مُشرِفً مُّرْتَاكِيُّ

إِلَّـزِينَ يُجَادِلُوْنَ فِيٓ الْبِينَ اللَّهِ بِغَيْرِ سُلْطِينِ ٱتْهُمُ «كَبُرٌ مَقْتًا عِنْدَ اللهِ وَ عِنْدَ الَّذِيْنَ الْمُنُوَّاء كَذَٰلِكَ يَطْبَحُ اللَّهُ عَلْ كُلِّ قَلْبِ مُتَكَبِّرِجَبَّارِنَ

وَقَالَ فِوْعَوْنُ لِهَا مِنُ ابْنِ لِنْ صَوْحًا لَّعَلَّنَ ٱلْلُغُوالْكُ شَيَا بَكُ

38. Ku makubo agatuuka mu ggulu ndyo- اَشْبَاتِ السَّمَٰوٰتِ فَاطَّلِعَ إِلَى اللهِ مُوْسَى وَ إِنِّي كَا ظُنُّهُ كَا ذِيًّا و كَذَٰ لِكَ رُيِّنَ لِفِرْعَوْنَ سُوْءُ عَمَلِهِ وَصُدَّعَن ebibi السَّبِيْلِ وَ مَا كَيْدُ نِرْعَوْنَ إِلَّا فِيْ عُ تَبَابِ۞

> وَ قَالَ الَّذِي أَسَنَ يُقَوْمِ اتَّبِحُونِ آهْدِ كُمْ سَبِيْكَ الرَّشَّادِ أَنْ

يُقَوْمِ إِنَّمَا هَٰذِهِ الْحَيْهِ أُ الدُّنْيَا مَتَّاعُ رُوِّإِنَّ الْأَخِرَةَ هِيَّ دَارُالْقَرَارِ ١٠

41. Oyo eyakola ekibi, kale talisasulwa مَنْ عَمِلَ سَيِّتَةً قَلَا يُجْزِّى إِلَّا مِثْلَهَاء وُمَّنْ عَمِلَ صَالِحًا مِّنْ ذَكِيراً وْأَنْتُى الْجَنَّةَ يُسْرَزَقُونَ فِيهَا بِغَيُرِ حِسَابِ®

> وَيْقَوْمِ مَا لِنَ آدْ عُوْكُمْ إِلَّى الزَّجُوقِ إِنَّ وَتَدْعُونَيْنَ إِلَّ النَّارِقُ

مَاكَيْسَ لِي بِهِ عِلْمُزْدُّ أَنَا آدْعُوْكُمْ

Luwangula, Ssaabasonyiyi?

ku nkomerero era ddala obuddo bwaffe ku nkomerero era ddala obuddo bwatte buli eri Allah yekka, era ddala abeesukkulu- وَ اَنَّ مُعَرِّدٌ كَا اللَّهِ وَ اَنَّ mya be bantu b'omuliro.

mbagamba. Era ensonga yange ngirekedde آَمْرِيَ إِلَى اللهِ د إِنَّ اللهُ بَصِيْرٌ Allah. Mazima Allah alaba bulungi abaweereza he.

فَوَقْمَهُ اللَّهُ سَيِّاتِ مَا مَكَرُوْا وَ مَاقَ bye فَوَقْمَهُ اللَّهُ سَيِّاتِ مَا مَكَرُوْا وَ مَاقَ baamwekoberamu era ekibonerezo ekibi nekvetooloola abantu ba Farāwo —

n'eggulo. Era olunaku essaawa eyalagaanyizibwa lw'eribaawo, malayika zirigambibwa nti: Muyingize abantu ba Farawo الْمُخِلُّوْا الْ فِدْرَعَوْنَ ٱشَدَّ الْعَدَابِ الْعَالِمُ الْعَالِمُ الْعَالِمُ الْعَالِمُ الْعُلَالِ الْعُلَالِينَا الْعُلَالِينَا الْعُلَالِينَا اللهِ الْعُلَالِينَا اللهِ الْعُلَالِينَا اللهِ اللهُ اللهِ الل mu kibonerezo ekisukkirivu.

48. Era awo bwe baliba nga batotooganira وَإِذْ يَتَكِمَا شُونَ فِي النَّارِ فَعَقُولُ لِهُ اللَّهِ اللَّهُ عَلَيْهُ لِي النَّارِ فَعَقُولُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ اللَّ mu muliro, kale abateesobolanga baligamba الضَّعَ فَوُّ الِلَّذِيْنَ اسْتَكُبِّرُوٓ الِنَّا كُنَّا الْكُنِّةِ فَاللهِ اللهِ ا abo abeekuzanga nti: Mazima ffe twali لَكُ هُ تَبَعًا فَهَلَ آنَتُمْ مُّنْنُونَ عَنَا bagoberezi bammwe. Naye abaffe, الله مُنْنُونَ عَنَا munaatuwonyako ekitundu ku kibonerezo ky'omuliro?

49. Abo abeekuzanga baliddamu nti: Mazima fenna tuli mu gwo. Ddala Allah amaze okulamula wakati w'abaweereza be.

abakuumi ba Jahannama nti: Musabe Mukama wammwe atuwewuleko ekibonerezo waakiri olunaku lumu.

51. Baliddamu nti: Abaffe, temwatuukibwako Babaka bammwe n'okulabula okw'o بالْبَيِّنْتِ وَقَالُوْا بَلَى وَقَالُوْا مُلْ وَقَالُوْا مُلْ وَقَالُوْا مُلْ وَقَالُوْا مُلْ وَقَالُوا مُوافًا Ba malayika baligamba nti: Kale musabe. tekwanukulwa wabula kugwa butaka.

Ruku 6

baffe n'abo abakkiriza, mu bulamu bw'oku nsi ne ku lunaku abajulizi lwe balyesimbawo.

الله العزيز العَقّار 44. Tewali kubuusabuusa, ddala ebyo bye لَاجَرَمُ ٱنَّمَا تَدْعُوْنَنِيْ اِلَّيْدِ لَيْسَ المُشرفِينَ هُمُ اصْحِبُ النَّارِ

فَسَتَذْكُرُوْنَ مَا اَقُوْلُ لَكُمْ اوَ اُفَوِّضُ 45. Kale mangu nnyo mujja kujjukira bye بالعِبَادِن

بِالْ فِرْعَوْنَ سُوْءُ الْعَذَابِ أَ

اَلنَّارُ يُحْرَضُونَ عَلَيْهَا خُدُوًّا وَّ 47. Omuliro. Boolesebwa ku gwo ku makya عَشِيًّا ﴿ وَيَوْمَ تَقُوْمُ السَّا عَيةُ تَ تَصِيْعًا مِنَ النَّارِي

قَالَ الَّذِينَ اسْتَكَبُرُ وَالِنَّاكُلُّ فِيْهَآ إنَّا لِلَّهُ قَدْمَ حَكُمْ يَدِينَ الْعِبَادِ 50. Era abo abaliba mu muliro baligamba وَقَالَ الَّذِيْنَ فِ النَّارِ لِخَزَّنَةِ جَهَنَّمَ ادْعُوْا رَبَّكُمْ يُخَفِّفْ عَنَّا يَوْمًا مِّنَ الْعَدّاب

قَالُهَا آوَلَمْ تَكُ تَأْتِيْكُمْ رُسُلُكُمْ أَعْ وَمَا دُعْوُ اللَّهُ فِي رَبْنَ إِلَّا فِي ضَلْكِ أَن اللَّهِ عَلَيْكُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَيْكُ أَلُوكُ عُ

52. Mazima Ffe ddala tuyamba Ababaka اِنَّا كَنَنْصُرُرُ سُلِنَا وَالَّذِيْنَ أَمَنُوا فِ الْحَيْوةِ الدُّنْيَا وَ يَوْمَ يَعْقُومُ ا كَمْ شَلِقًا وُلُ

- 53. Olunaku aboonoonyi okuwampanya kwabwe lwe kutalibagasa, era balibaako ekikolimo era baliba n'obutuulo bubi nnyo.
- era netusikiza abaana ba Isirairi Ekitabo-
- 55. Nga bwe bulung'amu era nga kwe kubuulirira eri abalina amagezi.
- kwa Allah kwa mazima. Era saba okubikkiriolw'obunafu bwo era tendereza n'amatendo ga Mukama wo eggulo n'enkva.
- 57. Mazima abo abawakanya Aya za Allah awatali bukakafu bwonna bubatuuseeko, ddala mu mitima gyabwe temuli kirala wabula mululu gwa bukulu bwe batalituuka nako. Kale ggwe weewogome eri Allah. Mazima Ye ye Muwulizi wa byonna, Omulabi wa byonna.
- 58. Mazima okutonda kw'eggulu n'ensi kusingira wala okutonda kw'abantu, naye abantu abasinga obungi tebamanyi.
- 59. Era omuzibe w'amaaso n'oyo alaba tebenkanankana; era n'abo abakkiriza nebakola ebikolwa ebirungi tebenkanankana na mwonoonyi. Naye mufumiitiriza katono nnyo!
- 60. Mazima Essaawa eyalagaanyizibwa ddala ya kutuuka, tekiriimu kuwannaanya; naye abantu abasinga obungi tebakkiriza.
- 61. Era Mukama wammwe yagamba nti: Munsabe, nzija kubaanukula. Mazima abo abekuluntaliza ku kunsinza, ddala baliyingira mu muliro nga banyoomoofu.

Ruku 7

62. Allah y'Oyo eyabakolera ekiro mulyooke muwummulire mu kyo, n'emisana nga bwe butangaavu. Mazima Allah ye Nannyini mikisa eri abantu, naye abantu abasinga obungi tebeebaza.

يَوْمَ لَا يَنْفَعُ الظُّلِمِيْنَ مَعْذِدَ تُسُهُمْ وَلَهُمُ اللَّعْنَةُ وَلَهُمْ سُوْءُ الدَّارِسِ 54. Era ddala twawa Musa obulung'amu, وَلَقَدُا تَيْنَا مُوْسَى الْهُدَى وَ آوْرَثْنَا كَا اللهُ الْهُدَا لَيْ بَيْنِي إِسْرَاءِ يُلَ الْكِتْبُ

12. Abo nno be b'oku lusegere lwa Allah.

13. Abaliba mu Janna ez'essanyu erijjuvu —

14. Nga ekitundu ekinene kiva mu baasooka okukkiriza Obusiraamu,

15. N'abatonotono nga baya mii b'oluvannyuma,

16. Nga bali ku ntebe empunde ne zaabu ne luulu.

17. Nga bagalaamiridde ku zo, nga batunuuliganye.

18. Nga beetooloolwamu abavubuka abatava mu kigero.

n'ebikompe ebirimu eby'okunywa ebiva mu nsulo ezitiiriika.

بشواداته الرَّحمن الرَّحيون إِذَا وَقَعَتِ الْهَ ايْعَةُ أَنَّ الْ يُسَالِوَ ثَعَيْهَا كَاذِيَةً ﴿ خَافِضَةً رَّافِحَةً ﴾ اِذَارُجَّتِ الْأَرْضُ رَجَّانُ و بُسَّتِ الْجِبَالُ بُسَّالُ فَكَانَتْ هَنَاءً مُّنْنَكُ اللهِ وَّكُنْتُمْ أَزْوَاهًا ثَلِقَةً مُ

فَأَصْحُبُ الْمَيْمَنَةِ لَمْ مَنَ آصَحْبُ الْمَيْمَنَةِ لَمْ مَنَ آصَحْبُ abaffe, بنامة

الْمَشْعُمَةِ لَهُ مَيّاً

وَالسَّيقُونَ السَّيقُونَ السَّيقُونَ السَّيقُونَ

اُولِئُكَ الْمُقَرِّبُونَ ﴿

في جَنّْتِ النَّحِيْمِ (١)

ثُلَّةً مِّنَ الْإَوَّلِيْنَ أَلَ

وَ قَلِيْلُ مِّنَ الْأَخِيرِيْنَ أَنَ

عَلْى سُرُرِ مِّوْضُوْنَةٍ أَنْ

مُّتُكِئِنَ عَلَيْهَا مُتَقْبِلِيْنَ ﴿

يَطُوْفُ عَلَيْهِمْ وِلْدَانُ مُّغَلَّدُوْنَ ﴿

بِٱكْوَابِ وَّ ٱبَارِيْقَ مُّ وَكَاْسِ مِّنَ 19. Nga babaweereza eggiraasi n'ebbinika

لاً يُصَدَّ عُنُونَ عَنْهَا وَكُمْ يُسْنُزِنُونَ قُنْ يَكُونَ عَنْهَا وَكُمْ يُسْنُزِنُونَ قُنْ يُكُونُ عَنْهَا ira.

21. Baliweebwa n'ebibala mw'ebvo bve balyeroboza,

22. N'ennyama y'ennyonyi mw'eyo gye balyagala.

23. N'abakyala amakula ab'amaaso ag'endege.

24. Abaling'anga luulu omukusike.

25. Nga y'empeera olw'ebyo bve baakolanga.

ebibi.

27. Okuggyako ekigambo ky'okulamusa

nti: Mirembe, mirembe.

abantu b'oku ddyo be baliba batya!

29. Balibeera mu *miti gva* sidiri egitaliiko

maggwa,

30. N'ebitooke ebissizza,

31. N'ebisiikirize ebigaziyizibbwa,

32. N'amazzi agafukumulwa.

33. N'ebibala enfaafa.

34. Ebitasalikako era ebitaziyizibwa,

35. N'abakyala aba waggulu ennyo —

36. Ddala twabatonda olutonda.

37. Kale twabakola nga mbeerera,

38. Nga baagalwa nnyo, ba myaka egyenkanankana

39. Nga ba bantu b'oku ddyo.

Ruku 2

40. Nga ekitundu ekinene kiva mu bantu abaasooka *okukkiriza Obusiraamu*,

41. N'ekitundu ekinene *ekirala* nga kiva mu b'oluvannyuma.

42. Era abantu b'oku kkono — Ye ate abantu b'oku kkono be baliba batya!

43. Balibeera mu mpewo eyokya, n'olweje,

44. N'ekisiikirize ky'erikka eriddugavu,

45. Ekitaliimu bunnyogovu wadde akalungi konna!

وَ فَاكِمَةٍ مِتَّا يَتَغَدُّونَ شُ وَ لَهُمِ طَيْرٍ مِّمَّا يَشْتَهُوْنَ أَنَّ وَحُورٌ عِينَ ﴿

كَآمَثَالِ اللُّو لُوءِ الْمَكْنُونِ ﴿

جَزَاءً بِمَا كَانُوْا يَعْمَلُوْنَ

كَا يَهُمَّعُونَ فِيْهَا كُفُوًا وَ كُلَّ تَاثِيْهِا هُ اللَّهُ اللّلْمُ اللَّهُ ال

الاقتلاسلماسلما

فِي سِدْرِ مَّخْضُوْدِ اللهُ

وَّ طَلْحِ مَّنْضُوْدِ ﴿

وَّ ظِلِّ مِّ مُدُوْدِ ﴿ وَّمَا ﴿ مُسْكُوبٍ ﴿

وَّ فَاكِمَة كَثُثُورَة شُ

وَّ فُرُشِ مَّ دُفُهُ عَبِهِ أَن

رِاكًا آئشاً نَهُنَّ إِنْشَاءًا

وَحَعَلْنُهُ مِنْ آئِكًا رُاكُ

عُدُكًا آثرًا لَكُاكُ

ع لِآصْحٰبِ الْيَمِيْنِ ﴿

ثُلَّةً مِّنَ الْأَوْلِيثِينَ

يحُبُ الشِّمَالِ لا مَّا

وَّ ظِلِّ مِّنْ يَحْمُوْ مِ

لاَّ بَارِدِ وَّ لَا كَرِيْمِ



46. Ddala olubereberye lwa bino bo baalinga mu bulamu obw'eddembe n'ebvobugagga.

47. Era ekisukkiriyu

48. Era baagambanga nti: Abaffe, bwe وَكَانُوْا يَقُوْلُوْنَ لَا آئِدًا مِثْنَا وَكُنَّا وَكُنَّا وَكُنَّا tulifa netufuuka ettaka era nga tuli magumba, abaffe era tulizuukizibwa,

49. Era ne bakitaffe ab'edda?

50. Gamba nti: Mazima ab'olubereberve n'aboluvannyuma,

51. Ddala balikung'aanyizibwa ku kiseera ekyategekebwa eky'olunaku olumanyiddwa.

الطَّيَّا لُكُونَ ,52. N'oluvannyuma nammwe abaabula abaalimbisa amazima.

53. Ddala mulirya ku muti gwa Zagqūmi,

54. Kale mugujjuze embuto *zammwe*,

55. N'oluvannyuma mugunywereko ama-

zzi olweje, 56. Kale nga munywa ennywa ering'anga

ey'eng'amira etawona nnyonta.

57. Okwo nga kwe kusembezebwa kwabwe ku lunaku lw'okusasulirwako.

kasa bye tugamba?

59. Kale mulowooza mutya ku 'mani' ge muyiwa?

batonzi?

era Ffe tetulemwa.

ababafaanana, mmwe netubakola mu ngeri endala gye mutamanyi.

eyasooka. Kale lwaki temufumiitiriza?

64. Abaffe, mulaba mutya ebyo bye mulima?

ءَ ٱنْتُمْ تَزْرَعُوْنَهَ آمْ تَحْنُ 65. Abaffe, mmwe mubimeza oba Ffe bameza ba byo?

رانَّهُمْ كَانُوا قَبْلَ ذُرِكَ مُ تُرَفِيْنَ أَمُّ

nga bagugubira nnyo ku kibi عَلَى الْحِنْثِ عَلَى الْحِنْثِ

تُرَاعًا وَعِظَامًا ءَ إِنَّا لَمَبْعُوثُونَ ۞ آة أَكَادُنَا الْأَوَّلُونَ ١٠

قُلْ إِنَّ الْأَوْلِيْنَ وَ الْأَخِيرِيْنَ ٥

لَمَجُمُوْعُوْنَ مُ إِلَى مِيْقَاتِ

آيتُها الْمُكَذِّ يُوْنَ اللهُ

كَاٰ كِلُوْنَ مِنْ شَجَرٍ مِّنْ زَقُّوْمٍ ۞

فَمَالِئُونَ مِنْهَا الْبُطُونَ ٥

فَشَارِ بُوْنَ عَلَيْهِ مِنَ الْحَمِيْمِ ٥ فَشَارِبُونَ شُرْبَ الْهِيْمِ

هذا نُزُلُهُمْ يَوْمَ الدِّيْنِ

58. Ffe twabatonda. Naye lwaki temuka- ⊚نَهْنُ خَلَقْنُ كُمْ فَلَوْ كَا تُصَدِّقُوْنَ ۞

آفَرُءَ يُتُمْ مَّا تُمْنُونَ ٥

60. Abaffe, mmwe mugatonda oba Ffe وَاَنْتُكُونَا هَا الْمُعَالِمُ الْمُعَالِقُونَا وَالْمُعَالِمُ الْمُعَالِقُونَا وَالْمُعَالِمُ الْمُعَالِمُ الْمُعَلِمُ اللّهِ اللّهُ الللّهُ اللّه

فَدُونَا بَيْنَكُمُ الْمَوْتَ وَ مَا 61. Ffe twagereka okufa wakati wammwe, نَحْنُ قَدَّ رُنَا بَيْنَكُمُ الْمَوْتَ وَ مَا تَحْنُ بِمُسْبُورِيْنَ ﴿

62. Mmwe okubakyuusaamu abalala عَلَى آنْ نُبُدِّلَ آمْثَالَكُمْ وَنُنْشِنَكُمْ فِيْ مَالَا تَعْلَمُهُ نَ 🐨

63. Era ddala mumanyi bulungi entonda كَ نَكُو كُلُ فَكُو كُلُ النَّشَاءُ النَّشَاءُ الأَوْلَى فَكُو كُا تَـذَكُّرُونَ۞

آفَرَءَ يُتُمْ مَّا تَحْرُثُوْنَ ١٠

الزُّارِعُونَ۞

nsebufu nemusigala nga mwesaasaabaga,

67, Nti: Ddala tufiirizibbwa,

68. Ddala ffe tummiddwa!

69. Abaffe, mulaba mutya amazzi ago ge munywa?

oba Ffe bassi ba go?

71. Bwe tuba twagadde, tugafuula agakaawa. Kale lwaki temwebaza?

72. Abaffe, mulaba mutya omuliro gwe mukuma?

gwo oba Ffe batonzi?

74. Ffe twagufuula ekijjukizo era eky'o- تَذْكِرُةً وَ مُتَّاعًا mugaso eri abatambuze.

75. Kale tendereza erinnya lya Mukama wo, Omukulu ennyo.

Ruku 3 76. Nedda, njuliza okugwa kw'emmunyeenve -

77. Era ddala ekyo kirayiro kikulu nnyo, singa mubadde mumanyi —

78. Nti ddala eno ye Kur'āni ey'Ekitiibwa,

79. Eri mu Kitabo ekyekusifu,

80. Ennono ya yo tetuukibwako, okuggyako abo abatukuzibbwa.

81. Kwe kubikkulirwa okwayiira ddala eri Omutonzi w'ebitonde byonna.

82. Abaffe, ekigambo kino mmwe kye mwekkiriranyamu?

83. Ddala okukirimbisa mmwe kwe mufudde ekkubo ly'okufunamu eky'okulya kvammwe?

84. Kale lwaki awo nga omwoyo gw'oyo afa gutuuse mu ddookooli,

85. Mu kiseera ekyo mutunula butunuzi,

86. Era Ffe tuba okumpi ennyo naye كَ نَحْنُ ٱقْرَبُ إِلَيْهِ مِثْكُمْ وَ لَكِنْ لَّا عَالِيهِ مِثْكُمْ وَ لَكِنْ لَّا okusinga mmwe, naye mmwe lwa butalaba.

66. Bwe tuba twagadde,ddala tubifuula ebise- هُطَامًا فَظَلْتُمْ عُطَامًا تَفَحُّهُوْ نَ۞

انَّا لَمُغْرَمُوْنَ أَنَّ

بَلْ نَحْنُ مَحْاُ وَمُوْنَ ١٠ اَ فَرَءَ يُتُمُ الْمَاءَ الَّذِي تَشْرَبُونَ أَنْ

مَ اَنْتُمُ اَنْزَلْتُمُوْهُ مِنَ الْمُزْنِ آهِ مَا كَانْتُمُوْهُ مِنَ الْمُزْنِ آهِ مَا Da. Abaffe, mmwe mugassa okuva mu bire نَحْنُ الْمُنْزِلُونَ ۞

لَا نَشَأَءُ مُعَلَنْهُ أَجَاجًا فَلَوْ لَا

آفَرَءَ يُتُمُ النَّارَ الَّتِي تُورُونَ ١٠٠٠

73. Abaffe, mwe mwatonda omuti ku lwa وَآنَشُانُو شَجَرَتُهَ آَوْنَدُنُ وَانْشَانُو شَجَرَتُهَ آَوْنَدُنُ

لِّلْمُقُويْنَ۞

إلى عَلَيْتُ عِلَا شَمِر رَبِّكَ الْعَظِيمِ مَنْ

فَلَّا ٱقْسِمُ بِمَوْقِعِ النَّجُوْمِ أَن

وَانَّهُ لَقَسَمُ لَّوْ تَعْلَمُوْنَ عَظِيْمُ اللَّهِ

رِنَّهُ لَقُوانَ كريهُ فِيْ كِتْبِ مَّكْنُوْنِ أَن

لاً يَمَسُّكَ إِلَّا الْمُطَهِّرُونَ ١٨

تَ نُزِيلُ مِّن رَّبِ الْعُلَمِينَ ۞ ا فَيِهٰذَا الْحَدِيْثِ آنْتُهُ مُّدُهِنُونَ الله

وَتَجْعَلُونَ رِزْقَكُمْ انْكُمْ تُكُمْ تُكَذِّبُونَ ﴿

فُلُوْ لُآرِاذًا بَلَغَتِ الْحُلْقُوْمَ الْ

وَ ٱنْتُمْ حِيْنَيْدِ تَنْظُرُونَ ٥

تُبْصِرُوْنَ۞

87. Kale obanga ddala temuli ha kulamulwa.

88. Lwaki temugukomyawo, obanga mwogera mazima?

89. Naye omufu bw'aba ng'ali mw'abo ab'oku lusegere lwa Allah.

90. Olwo liba ddembe n'ebyakaloosa n'e Janna ey'essanyu erijjuvu.

91. Ate *omufu* bw'aba nga ali mu bantu b'oku ddyo,

92. Kale agambibwa nti: Emirembe gibeere ku ggwe, owange gwe ali mu bantu b'oku ddyo.

abaalimbisa amazima, abaabula,

94. Olwo okusembezebwa kwe kuliba kwa mazzi olweie.

95. N'okwokebwa mu muliro.


96. Ddala gano ge mazima amakakafu.

97. Kale tendereza n'erinnya lya Mukama wo Omusukkirivu.

فَلَهُ لَآ إِنْ كُنْتُمْ غَنْدَ مَدِيْنِنْ ثُنَّ أَنْ تَرْجِعُوْنَهَآران كُنْتُمْ صُدِقِيْنَ ۞ فَأَمُّا إِنْ كَانَ مِنَ الْمُقَرُّ بِيْنَ أَمُ فَرَوْحُ وَّرَيْحَانٌ مُ وَّجَنَّتُ نَعِيْمِ ۞ وَالمُّا إِنْ كَانَ مِنْ أَصْلِبِ الْيَوِيْنِ اللَّهِ لَيْنِ اللَّهِ لَيْنِ اللَّهِ لَيْنِ فَسَلْمٌ لَّكَ مِنْ ٱصْحٰبِ الْيَمِيْنِ اللَّهِ عَنِينَ 93. Naye omufu bw'aba ng'ali mw'abo وَ ٱمُّنَا إِنْ كَانَ مِنَ الْمُحَذِّيثِينَ

> انَّ هٰذَا لَهُ مَ حَقُّ الْتَقَدُنِيُّ الْتَقَدُنِيُّ ﴿ نَسَبِّحُ بِالْمِرِرَبِّكَ الْعَظِيْمِ ﴿ إِنَّاكَ الْعَظِيْمِ ﴿







(Yakka luvannyuma lwa Hiira)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

bitendereza Allah era ye Luwangula, Omugezi ennyo.

3. Obwakabaka bw'eggulu n'ensi bubwe. Y'awa obulamu era y'afiisa era ye w'Obuyinza ku buli kimu.

4. Ye ye w'Olubereberye era ye w'Oluvannyuma, era ye w'Olwaatu era ye Mwekusifu, era y'Amanyi obulungi buli kimu.

5. Ye y'eyatonda eggulu n'ensi mu biseera omukaaga, n'oluvannyuma n'atebenkera ku Nnamulondo. Y'amanyi ebiyingira mu nsi n'ebigifulumamu, n'ebyo ebikka okuva mu nammwe wonna we mubeera. Era byonna مِنْهَا رَمَا يَنْزِلُ مِنَ السَّمَاءِ وَمَا يَعْرُبُحُ bye mukola, Allah abiraba.

6. Ye nannyini bwakabaka bw'eggulu n'ensi era eri Allah ensonga zonna gye zizzibwa.

7. Y'ayingiza ekiro mu misana, era y'ayingiza emisana mu kiro era y'amanyi obulungi ebiri mu bifuba.

8. Mukkirize Allah ne Mutume we era mutoole okuva mw'ebyo bye yabasikiza. Kale abo abakkiriza mu mmwe nebatoola mu kkubo lya Allah balifuna empeera nnene nnyo.

9. Ye mubadde ki obutakkiriza Allah mukkirize Mukama wammwe, ate nga Ye yamala okutwala endagaano yammwe, obanga ddala muli bakkiriza?

بِشمِراللهِ الرَّحَمْنِ الرَّحِيْمِ 2. Ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi byonna مَتِّحَ رِبِيلُهِ مَا فِي السَّمَوْتِ وَالْأَرْضِ مِوْ هُوَ العزيز العكيم

> كَ مُلْكُ السَّمَوْتِ وَالْأَرْضِ مِيْحِي وَ يُوينتُ ، وَ هُوَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيْرُنَ هُوَ الْأَوَّلُ وَالْأَيْدِرُ وَالظَّاهِرُ وَالْبَاطِنُ مِ وَهُوَ بِكُلِّ شَيْءِ عَلِيثُمْ ()

> هُوَ الَّذِيْ خَلَقَ السَّمُونِ وَالْاَرْضَ فِيْ سِنْتَةِ آيَّامِ ثُمَّ اسْتَوٰى عَلَى الْعَرْشِ ا يَعْلَمُ مَا يَلِجُ فِي الْأَرْضِ وَ مَا يَخُرُجُ فِيْهَا وَهُوَ مَعَكُمْ آيْنَ مَا كُنْتُمُ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ بَصِيْرُ

> كَ مُلْكُ السَّمُوتِ وَالْأَرْضِ ، وَ إِلَّى اللهِ تُرْجَعُ الْأُمُورُ

> يُوْلِجُ الَّيْلَ فِي النَّهَارِ وَ يُوْلِجُ النَّهَارُ فِي الَّيْلِ وَهُوَ عَلِيثُمُّ بِذَاتِ الصُّدُ وُرِ ﴿

> أمِنُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ وَ ٱنْفِقُوا مِمَّا يَعَلَكُمْ مُسْتَعْلَفِيْنَ فِيهُو مَا لَّذِيْنَ أَمِّنُوْا مِنْكُمْ وَ آنْفَقُوْا لَـهُـمْ آجُرُّ ڪَبِيْرُ⊙

> وَمَا لَكُمْ لَا تُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ مِوَالرَّسُولُ مِيثًا تَكُمْ لِأَنْ كُنْتُمْ مُّؤْمِنِينَ ۞

ez'olwaatu, alyooke abaggye mu kizikiza abalaze eri obutangaavu. Era ddala Allah الطَّلُمُتِ الظَّلُمُتِ الظَّلُمُتِ إِلَى الظَّلُمُتِ الطَّلُمُتِ المَّ

lya Allah, so nga obusika bw'eggulu n'ensi bwa Allah? Abo mu mmwe abatoola era nebalwana nga obuwanguzi tebunnabaawo, كِنْ يَشْتُويْ مِنْكُمْر مِّنْ ٱنْفَقَ مِنْ قَبْلِ tebenkanankana n'abo abatoola era nebalwana oluvannyuma lw'obuwanguzi. Bali الْفَتْحِ وَقَاتَلَ الْوَلْعِكَ ٱعْظَمُ دَرَجَةً مِّنَ babasingira wala nnyo mu madaala. Naye bonna Allah yabasuubiza ebirungi, Era bye mukola byonna Allah abimanyi bulungi.

Ruku 2

- okulungi, kale akumukubisizeemu enfunda nnvingi era okuwola okwo akufunemu n'empeera ey'ekitiibwa?
- 13. Kw'olwo oliraba abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakazi nga obutangaavu bwabwe bumyansa mu maaso gaabwe ne ku ddyo waabwe, baligambibwa nti: Olwa leero mawulire malungi gye muli! Ensuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo, omwo mwe mugenda okubeera. Obwo nno bwe buwanguzi obusuffu.
- 14. Kw'olwo bannanfuusi abasajja ne bannanfuusi abakazi baligamba abo abakkiriza nti: Mutugumiikirizeeko tufune ku butangaavu bwammwe. Kirigambibwa nti: Muddeyo emabega wammwe munoonye obutangaavu obanga musobola. Olwo wakati waabwe walissibwawo ekyawula nga kiriko oluggi, nga munda wa lwo y'eri okusaasira, ate ebweeru wa lwo gye lwolekedde nga y'eri ekibonerezo.
- 15. Bannanfuusi balibakoowoola nti: Abaffe, tetwalinga wamu nammwe? Baliddamu nti: Yee, naye mmwe mweteeka mwekka mu kigezo era nemufuuka malindirizi era nemubuusabuusa era nemubuzibwabuzibwa okwagala kwammwe, n'omulimba n'ababuzaabuza ku Allah, عِنْ جَاءَ ٱصْرُانِدُ وَ غَـرَّكُمْ بِاللَّهِ okutuusa ekiragiro kya Allah lwe kizze.

10. Ye y'Oyo assa ku Muweereza we Aya أَيْتِ الْمِيْتِ الْمِيْتِ الْمِيْتِ الْمِيْتِ الْمِيْتِ 10. Ye y'Oyo assa ku Muweereza we Aya النُّوْدِدوَ إِنَّ اللَّهِ بِكُمْ لَرَّءُوْ فُ رَّيِدِيمُ اللهِ Musaasizi nnyo, Wa kisa nnyo gye muli. 11. Ye mubadde ki obutatoola mu kkubo وَمَا لَكُمْ الَّهُ تُنْفِقُوْا فِيْ سَبِيْلِ اللَّهِ Allah sa nag akadi وَ لِلَّهِ مِيْرَاثُ السَّمْوٰتِ وَالْأَرْضِ، الَّذِيْنَ ٱنْفَقُوْا مِنْ بَعْدُ وَقَاتَلُوْا وَكُلُّا وَّعَّدَ اللَّهُ الْحُسْنَى وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ

مَنْ ذَا الَّذِيْ يُقْرِضُ اللَّهَ قَرْضًا حَسَنًا Pla. Ani oyo anaawola Allah okuwola مَنْ ذَا الَّذِيْ يُقْرِضُ اللَّهَ قَرْضًا حَسَنًا فَيُضْعِفَهُ لَهُ وَلَهُ آجُرُ كُرِيمُ ١

> يُوْمَ تَرَى الْمُؤْمِنِيْنَ وَ الْمُؤْمِنْتِ يَسْلَى نُوْرُهُمْ يَكِنَ آيَدِيْهُمْ وَ بأيمانهم بُشْرِكُمُ الْيَوْمَ خِنْتُ تَجْرِيْ مِنْ تَحْتِهَا أَكُمَّ نُهُ نُحِلِدِيْنَ فِيْهَا و ذٰلِكَ هُوَ الْفَوْزُ الْعَظِيمُ ﴿

> يَوْمَ يَقُوْلُ الْمُنْفِقُونَ وَالْمُنْفِقْتُ لِلَّذِيْنَ أَمِّنُوا الْظُرُونَا نَقْتَيِسُ مِنَ تُّوْرِكُمْ مِ قِيْلَ ا رْجِحُوْا وَرَآءَ كُمْ فَا لْتَصِسُوْا نُوْرًا الْفَضُرِبَ بَيْنَهُمْ بِسُوْرِكَ الْمَابَدِ يًا طِنُهُ فِيْهِ الرَّحْمَةُ وَظَاهِرُهُ مِنْ قِيَلِهِ الْعَذَابُ

> يُنَادُونَهُمْ آلَمْ نَكُن مَّعَكُمْ دِ قَالُوا بَلْ وَلٰكِنَّكُمْ فَتَنْتُمْ آنْفُسَكُمْ وَ تَرَبِّصْتُمْ وَارْتَبْتُمْ وَغَرَّ ثَكُمُ الْاَمَانِيُّ الْغَدُورُ ١٠

النه و لائه خذ منكم فدية ولامن 16. Kale olwaleero mmwe temuggyibweko الَّذِيْنَ كَفَرُواه مَا وَ سَكُمُ النَّا رُوهِي abatakkiriza. Amaka gammwe muliro, gwo okuva kw'abo ye mukwano gwammwe. Ye nga buddo bubi nnvo!

teginnatuuka kwetoowaza na kujiukira Allah n'ebyamazima ebyakka gye bali, era baleme na kuba ng'abo abaaweebwa Ekitabo olubereberye nebawanvuyizibwa ekiseera ky'emirembe, naye ate emitima gyabwe negikakanyala bukakanyazi? Era bangi mu bo boonoonefu.

Mazima tubannyonnyola okulabula, مَوْتِهَا مَقَدْ بَيَّنًا لَكُمُ الْأَيْتِ لَعَلَّكُمْ mulyooke mukozese amagezi.

n'abakazi abawa saddaaka era nebawola الله قَدْضًا حَسَنًا يُضْعَفُ لَهُمْ وَ Allah okuwola okulungi—alibakubisizaamu emirundi mingi era balifuna empeera ey'ekitiibwa.

20. Era abo abakkiriza Allah n'Abatume be, abo nno be b'Amazima era be Bajulizi eri Mukama waabwe, Balifuna empeera yaabwe n'obutangaavu bwabwe. Naye abo abatakkiriza era nebalimbisa Aya zaffe, abo be bantu b'omuliro.

Ruku 3

21. Mumanye nti ddala obulamu bw'ensi muzannyo, na kwegayaaza, na bya majolobera, n'okwewulirira ku bannammwe, n'okuvuganya mu kwaza eby'obugagga ng'enkuba n'abaana. Okufaanana bw'esanyusa abalimi olw'ebimera bya yo, naye oluvannyuma nebiwotoka, olwo n'obiraba nga bifuuse bya kyenyu; اَثُمَّ يَكُونَ مُطَامًا اللهِ اللهُ مُصْفَدَّ النُّمَّ يَكُونَ مُطَامًا اللهِ n'oluvannyuma nebifuuka ebikutufukun'oluvannyuma nebituuka ebikututuku- ﴿ وَمُغْفِرُةُ لَا مُعْفِرُةً لِللَّهِ مِنْ الْمُعْرَةِ عَنْدًا بُ شَدِيدً لا وَمُغْفِرَةً وَمُغْفِرَةً وَمُعْفِرَةً وَمُعْفِي وَمُعْفِرَةً وَمُعْفِرَةً وَمُعْفِرَةً وَمُعْفِي وَمُعْفِي وَمُعْفِي وَمُعْفِقًا ekikakali, n'okusonyiwa, n'okusiima okuva Allah. Naye obulamu bw'ensi si kirala wabula ge masanyu agabuzaabuza.

22. Muvuganye mu kunoonya okusonyiyibwa okuva eri Mukama wammwe n'e عَرْضُهَا كَعَرْضِ السَّمَّاءِ وَ الْأَرْضِ السَّمَّاءِ وَ الْآرْضِ السَّمَّاءِ وَ الْآرْضِ السَّمَّاءِ وَ الْآرْضِ السَّمَاءِ وَ الْآرُضِ السَّمَاءِ وَ الْآرُونِ الْرَائِقِ الْرَائِقِ الْمَالِيَ الْمَالِقِ الْمَالِقِ الْمَالِقِ الْمَالِقِ الْرَائِقِ الْمَالِقِ الْمَالِقِ الْمِلْمِ الْمِلْمِيْمِ الْمِلْمِ الْمِلْمِ الْمِلْمِ الْمِلْمِ الْمِلْمِ الْمِلْمِيْمِ الْمِلْمِ الْمِلْمِ الْمِلْمِ الْمِلْمِ الْمِلْمِ الْمِلْمِيْمِ الْمُلْمِ الْمِلْمِ الْمِلْمِ الْمِلْمِ الْمِلْمِ الْمِلْمِيْمِ الْمِلْمِ الْمِلْمِ الْمِلْمِيْمِ الْمِلْمِ الْمِلْمِيْمِ الْمِلْمِ الْمِلْ

مَوْلْكُمْ وَ بِئُسَ الْمَصِيْرُ الْ

17. Abaffe, era abakkiriza emitima gyabwe اَكُمْ يَاْنِ لِلَّذِيْنَ أَمَنُوْا آنْ تَخْشَعَ قُلُوبُهُمْ لِإِكْرِ اللهِ وَمَا نَزَلَ مِنَ الْحَقِّ وَلَا يَكُوْ نُوْاكًا لَّذِيْنَ أُوْتُوا الْكُتْبَ مِنْ قَيْلُ فَطَالَ عَلَيْهِمُ الْأَصَدُ فَقَسَّتْ قُلُوْبُهُمْ و كَيْدِيْرٌ مِتنْهُمْ فْسِقُوْنَ

اعْكَمُوْا آنَّ اللَّهَ يُحْيِ الْأَرْضَ بَعْدَ Yalamusa الْأَرْضَ بَعْدَ الْعَلَمُوْا آنَّ اللَّهَ يُحْيِ تَعْقِلُوْنَ 🔞

اِنَّ الْمُصَّدِّ قِيْنَ وَالْمُصَّدِّ قَتِ وَ آقْرَضُوا ,Mazima abasajja abawa saddaaka لَهُمْ آجُرُ كُريْمُ

> وَالَّذِيْنَ الْمَنُوالِ اللَّهِ وَرُسُلِهِ أُولَيُّكَ هُـمُ الصِّرِّ يَقُوْنَ ﷺ وَالشُّهَدَاءُ عِنْدَ رَبِّهِمْ لِلهُمْ آجُرُهُمْ وَ نُورُهُمْ لِ وَ الَّذِيْنَ كَفَرُوا وَ كَذَّيُوا بِأَيْتِذُ ﴿ أُولَيُّكَ آصْلُبُ الْجَحِيْمِ أَنَّ

لَمُهَا التَّمَا الْحَلَّهِ أُالدُّنْيَا لَحِبُّ وَلَهُمَّ وَّ زِيْنَةً وَّ تَفَاخُوْ بَيْنَكُمْ وَ تَكَاثُ فَ الْكَامُوَالِ وَ إِلْاَوْلَادِ مُحَمِّثُلِ غَي آعَجَبَ الْكُفَّارَ نَبَا شُهُ ثُمَّ يَهِيْجُ مِّنَ اللهِ وَ رِضْوَانُ ا وَ مَا الْحَيْوةُ الدُّنْيَا إِلَّا مَتَاءُ الْغُرُورِ

سَابِقُوْ اللهُ مَغْفِرَةِ مِّنْ رَّ بِتُكُمْ وَجَنَّةٍ

23. Tewali kabenje konna kagwawo mu nsi wadde ku mmwe bennyini, wabula kaba lubereberye Kitabo kuva nga tetunnakabeezaawo. Allah kyangu nnyo.

24. Kiri bwe kityo, mulyooke muleme olw'ekyo kve muba musubiddwa, era muleme na kuduula olw'ebyo by'aba abawadde. Era Allah tayagala buli eyeeragaalaga, eyeewulira.

25. Be bo abakodowala era nebalagira okukodowala. Naye oyo n'abantu eyeekyuusa, kale amanye nti ddala Allah y'Eyeemala, y'Atenderezebwa ennyo.

26. Mazima twatuma Ababaka baffe n'obubonero obw'olwaatu era netussa awamu nabo Ekitabo n'ekipima, abantu balyooke batuukirize obwenkanya; era twassa n'ekyuuma ekirimu amaanyi kasiggu n'emigaso eri abantu, era Allah alyooke amanyise oyo amuyamba n'Abatume benewaakubadde nga Ye talabika. Mazima Allah ye w'Amaanyi ennyo, Luwangula.

Ruku 4

27. Era ddala twatuma Nūhu ne Ibrāhimu. era netussa mu zzadde lyabwe obwa Nabbi n'Ekitabo. Kale abamu mu bo baali balung'amu, naye bangi mu bo baali bajeemu.

28. N'oluvannyuma twagobereza mu buwufu bwabwe Ababaka baffe; era netugobereza 'Isa Mutabani wa Maryamu netumuwa Enjiri, era netussa mu mitima gy'abo abaamugoberera ekisa n'okusaasira. Naye obusoosolooti be baabwegunjirawo bokka, Ffe tetububalagiranga, wabula baabussaawo mbu lwa kunoonya kusiima kwa Allah, naye ate tebaabukuuma mu nkuuma ya bwo entuufu. Kale twawa abo

n'obugazi bw'eggulu n'ensi, eyategekerwa أَعِدَّتُ لِلَّذِيْنَ الْمَنْوَا بِاللَّهِ وَرُسُلِهِ م ذلك نَضْلُ الله يُؤْتِيهِ مَن يَشَاءُ ا وَاللَّهُ ذُوالْفَضْلِ الْعَظِيْمِ

> مَّ آصًا بَ مِنْ مُّصِيْبَةٍ فِي الْأَرْضِ وَلَّا إِنَّ ٱنْفُسِكُمْ إِلَّا فِي كِتْبِ يِّنْ قَبْلِ آنِ سَنَامُ اللهُ عَلَى اللهِ يَسِيرُ أَشَّى اللهُ عَلَى اللهِ يَسِيرُ أَشَّى Mazima ekyo eri

> > لِّكَيْلًا تَأْسُوا عَلَى مَا فَاتَكُمْ وَلَا تَفْرَحُوْل بِمَا أَتْكُمْ دِوَاللَّهُ لَا يُحِبُّ كُلُّ مُخْتَالِ فَخُورِ اللهِ

> > ا لَّذِينَ يَبْخَلُوْنَ وَيَامُرُوْنَ التَّاسَ بِالْبُخْ لِي و مَّن يَتَتَوَلَّ فَإِنَّ امِثْدَ هُوَ الْغَبِيُّ الْحَمِيْدُ ۞

لَقَدُ آرْسَلْنَا رُسُلَنَا بِالْبَيِّنْتِ وَ آنزَنَا مَعَهُمُ الْكِتْبِ وَالْمِيْزَانَ لِيَقُوْمُ النَّاسُ بِالْقِسْطِ ، وَ ٱنْزَلْنَا الْحَدِيْدَ فِيهِ بَأْسُ شَدِيْدُ وَ مَنَافِعُ لِلنَّاسِ وَلِيَعْلَمَ اللَّهُ مِّنْ يَّنْصُرُهُ وَ غَ رُسُلَهُ بِالْغَيْبِ النَّاسَةَةِ فِيُّ عَزِيْزُهُ

وَ لَقَدْ آرْسَلْنَا ثُوهًا وَّ إِبْرُهِيْمَ وَ جَعَلْنَا فِي ذُرِّيَّتِهِمَا النُّبُوَّةَ الْكِتْبُ فَمِنْهُمْ مُّهْتَدِم وَ كَثِيْرً مِّنْهُمْ فُسِقُونَ ﴿

ثُمَّ قَفَّدُنَا عَلْ أَثَارِهِمْ بِرُسُلِنَّا وَ قَفَّدْنَا بِعِيْسَى ابْنِ مَرْيَمُ وَ أَتَيْنُهُ الدنجِيْلَ الرَجَعَلْنَا فِيْ قُلُوْبِ اللَّذِيْنَ اتَّبَعُوهُ وَافَدةً وَّ رَحْمَةً و وَرَهْبَانِيَّةَ إِيْتَدَعُوْهَا مَا كَتَبْنُهَا عَلَيْهِمْ إِلَّا ايتنجاء رضوان الله فكا رتدها عَقَ رِعَا يَتِهَاءَ فَأَتَيْنَا الَّذِينَ أَمَنُوا abakkiriza mu bo empeera yaabwe, naye bangi nnvo mu bo bajeemu.

مِنْهُمْ آجُرَهُمْ وَ كَتْبُرُّ مِنْهُمْ

فسقُون 🕾

nnyo Allah era mukkirize Omubaka we; olwo Allah ajja kubawa emigabo ebiri mu kusaasira kwe n'obutangaavu mwe mulitambulira, era abasonyiwe. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo —

ndowooza egamba nti bo (Abasiraamu) tebalina kyonna kye basobola kukola nebafuna ku mikisa gya Allah, era bamanye nti emikisa gyonna giri mu mikono gya Allah; agiwa oyo gw'aba ayagadde. Era Allah ye Nannyini mikisa emisuffu.

يَا يُسُهَا الَّذِيْنَ أَمَنُوا اتَّقُوا اللَّهِ وَ Mutyenga وَاللَّهِ وَ 29. Abange mmwe abakkiriza, Mutyenga era abassizeewo وَ مُعَدَلُ لِّكُمْ نُورًا تَمْشُونَ وَاللَّهُ اللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ اللَّهُ ال

يَّكَلَّا يَعْلَمَ آهْلُ الْكِتْبِ آلَّا يَقْدِرُونَ 30. Abantu b'Ekitabo balyooke bave ku لِيِّعَلَّم يَعْلَم





(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

Juzu 28

2. Mazima Allah amaze okuwulira okwogera kw'omukazi atotoogana naawe ku nsonga za bba, era awanjaze n'eri Allah. Ne Allah awulidde okwogeraganya kwammwe mwembi. Mazima Allah ye Muwulizi wa byonna, Omulabi wa byonna.

3. Abo mu mmwe abazira bakyala baabwe nga babayita bannyaabwe — ddala tebafuuka bannyaabwe; bannyaabwe si balala wabula be bo abaabazaalira ddala. Era ddala abo المُنْ عَمْ مُنْ كُونَ مُنْكُونَ مُنْكُونًا وَمُنْكُونًا للهُ عَلَيْهُ مُولِيَّا فُونَ مُنْكُونًا مُنْكُونًا للهُ عَلَيْهُ مُنْكُونًا bye boogera bigambo bibi nnyo era bya bulimba; naye ddala Allah ye Musanguzi مِنَ الْقَوْلِ وَزُوْرًا وَإِنَّ اللَّهَ لَعَفْوٌ خَفْوُرٌ مَ فَعُورًا اللَّهُ لَعَفُو مُ خَفُورٌ مَ فَاللَّهُ اللَّهُ عَفُورٌ مِن الْقَوْلِ وَزُوْرًا وَإِنَّا اللَّهُ لَعَفُونٌ خَفُورٌ مِن اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ عَفُورٌ مِن اللَّهُ الللَّهُ اللَّهُ الللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّا اللَّالَّا اللَّهُ اللَّهُ اللَّا ا w'ebibi, Omusonyiyi ennyo.

4. Era abo abayita bakyala baabwe bannyaabwe olw'okubeeyawulako, n'oluvannyuma nebeefukulula kw'ebyo bye baayogera, kale bateekwa okuwa omuddu eddembe nga bombi tebannatuukaganako. Bwe mutyo nno bwe mubuuliriddwa ku kyo. Era byonna bye mukola Allah abitegeera.

5. Naye oyo atalifuna muddu, kale asiibe فَمَن للَّهُ يَجِهُ فَصِيّاهُ شَهْرَيْنِ emyezi ebiri egiddiring'ana, nga bombi tebannatuukaganako. Naye oyo atasobola, لَّمْ يَسْتَطِعْ فَاطْعًا مُسِتَّيْنَ مِسْكِيْنًا و kale aliise abanaku nkaaga. Kiri bwe kityo mulyooke mukkirize Allah n'Omubaka we. Era zino z'ensalo za Allah. Era abatakkiriza balifuna ekibonerezo ekirumya.

abaabasooka bwe baanyoomoolwa; era كُيتُوْا كَمَا كُيتَ الَّذِيْنَ وَنَ قَبْلِهِمْ ddala twamala okussa Aya ez'olwaatu. Era balifuna abatakkiriza ekibonerezo ekiswaaza.

7. Olunaku Allah lw'alibazuukiza bonna, kale alibategeeza ebyo bye baakolanga. Allah yabibalirira mu kitabo, naye bo ne babyerabira. Era Allah ye Mujulizi ku buli kimu.

والله الرَّحْمُن الرَّحِيْمِ ١

﴿ قَدْ سَمِعَ اللَّهُ قَوْلَ الَّتِيْ تُجَادِ لُكَ فِي زَوْجِهَا وَتَشْتَكِي إِلَى اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّه وَاللَّهُ يُسْمَحُ تُحَاوُرُكُمَا مَانًا اللَّهُ سَمِيْعٌ بَصِيْرُ۞

آتَذِيْنَ يُظْهِرُونَ مِنْكُمْ مِنْ نِسْآرِعِهُمْ مَّكِهُنَّ أُمَّلُهُ يَهِمُ وَإِنْ أُمَّلُهُ ثُهُمُ وَلَكُمْ

وَاتَّذِيْنَ يُظْبِهِرُوْنَ مِنْ نِسَأَرْبِهِمْ ثُمَّ يَعُوْدُوْنَ لِمَا قَالُوْا فَنَكَثرِيْرُ رُقَبَةٍ مِنْ قَبْلِ آنْ يَكَمَّالَسًا و ذَلِكُمْ تُوْعَظُوْنَ بسمه والله بما تَحْمَلُونَ خَيدُرُ

مُتَتَابِعَيْنِ مِنْ قَبِلِ آنْ يَتَمَاسًاء فَمَنْ ذُلِكَ لِتُوْمِنُوا بِاللهِ وَرَسُولِهِ وَ رَنْكَ حُدُوْدُ اللهِ ، وَلِلْكُفِرِينَ عَذَابُ آلِيمُ وَ اللَّذِينَ يُحَادُّونَ اللَّهَ وَ رَسُولَ لَهُ -6. Mazima abo abawakanya Allah n'O وَقَدْ آنْزُنْنَآالِينَ بَيِّنْتٍ وَوَلِلْكُفِرِيْنَ عَذَاكَ شُهِبُنُ ﴿

> يَوْمَ يَبْعَثُهُمُ اللَّهُ جَمِيْعًا فَيُنَبِّهُمُ بِمَا عَمِلُوا م آحضيهُ اللَّهُ وَ نَسُوهُ اللَّهُ وَ نَسُوهُ اللَّهُ ﴾ وَاللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ شَهِيدُ

Ruku 2

8. Abaffe, tolaba nti Allah y'amanyi ebiri وَاللَّهُ مَا فِي السَّمُوٰتِ وَ السَّمُونِ وَ السَّمُوٰتِ وَ السَّمُونِ وَ السَّمِي وَالسَّمُ وَالسَّمُ وَالسَّمُونِ وَ السَّمُونِ وَ السَّمُونِ وَالسَّمُ وَالسَّمُ وَالسَّمُ وَاللَّمُ اللَّهُ اللَّهِ السَّمُونِ وَ السَّمُونِ وَ السَّمُونِ وَالسَّمُ اللَّهُ السَّمُونِ وَالسَّمُ وَالسَّمُ وَالسَّمُ اللَّهُ السَّمُ اللَّهُ السَّمُ اللَّالِي السَّمُ اللَّهُ السَّمُ اللَّهُ اللَّهُ السَّمُ اللَّهُ السَّمُونِ وَالسَّمُ اللَّهُ السَّمُونِ السَّمُونِ وَالسَّمُ اللَّهُ السَّمُونِ السَّمُ اللَّهُ السَّمُ اللَّهُ السَّمُ اللَّهُ اللَّهُ السَّمُ اللَّهُ السَّمُ اللَّهُ السَّمُ اللَّهُ اللَّهُ ال mu ggulu n'ebiri mu nsi? Tewali kafubo konna kabaamu basatu, wabula Ye y'aba ow'okuna ku bo; oba abataano, wabula Ye y'aba ow'omukaaga ku bo; wadde abatenkana awo oba abasingawo, wabula we baba. aba nabo wonna N'oluvannyuma ku lunaku lw'okuzuukira, alibategeeza ebyo bye baakola. Mazima Allah v'amanyi obulungi buli kimu.

9. Abaffe, tewalaba abo abaaziyizibwa okuteesa mu nkukutu ate era nebaddira ekyo ekyabaziyizibwa, era nebateeseza mu nkukutu olw'okukola ebibi, n'ebyobulabe, n'okujeemera Omubaka? Era bwe bajja gy'oli, bakulamusa n'e kiramuso Allah ky'ataakulamusa na kyo, neboogera ne mu gyabwe nti: Lwaki Allah myoyo tatubonereza olw'ebyo bye twogera? Omuliro gwe balyokebwamu gulibamala. Nave obwo nga buddo bubi nnyo!

10. Abange mmwe abakkiriza, bwe muteesezanga mu kyaama, temuteesanga lwa kukola kibi, n'obulabe, n'okujeemera Omubaka, wabula muteesenga mu kyaama lwa kukola birungi na kutya Allah. Era mutye nnyo Allah Oyo gy'ali gye mulikung'aanyirizibwa.

11. Mazima okuteesa mu kyaama olw'ebibi kikolwa kva Sitaani, akikola alyooke anakuwaze abo abakkiriza; naye tayinza kubalumya mu kyonna, mpozzi nga Allah akkirizza. Era abakkiriza beesigenga Allah yekka.

12. Abange mmwe abakkiriza, hwe mugambibwanga munkung'aana nti: Muwe ekyaanya, kale muwanga ekyaanya, ne Allah alibawa ekyaanya. Ate bwe mugambibwanga nti: Musituke, kale musitukanga; Allah alisitula mu madaala abo abakkiriza mu mmwe n'abo abaaweebwa okumanya. Era bye mukola byonna Allah abitegeera.

مَا فِي الْاَرْضِ مَمَا يَكُونُ مِنْ تَبْهُوى ثُلْثَةٍ هُ وَ لَا آدُن مِنْ ذَٰلِكَ وَ مًا عَمِلُوا يَوْمَ الْقِيْمَةِ ا انَّ اللَّهُ سَكُلٌ شَيْءً عَ

إِلِّي الَّذِيْنَ نُهُوْاعِنِ النَّهُواي ثُكَّ دُوْنَ لِمَا نُهُوْا عَنْهُ وَ يَتَنْجَوْنَ هِ وَالْعُدُوانِ وَ مَسْعُمِ زوَلاذًا كِمَاءُوكَ حَتَّوْكَ مِ به الله و يَقُوْلُونَ فِي

لِمَا الَّذِينَ أَمَنُوْآ إِذَا تَنَاحَنُتُمْ فَلَا وَ التَّقُوٰ يُ دِوَاتُّقُوا اللَّهُ الَّذِيُّ

إذْنِ اللهِ وَعَلَى اللهِ فَلْهُ

ذين أمَّنُهُ إِلاَ قِدُ ذِيْنَ امَّنُوْ امِنْكُمُ وَالَّذِيْنَ لْمَ ذَرَجْتِ دُوَ اللَّهُ بِمَا مَّ لُوْنَ خَبِيْرُ۞ 13. Abange mmwe abakkiriza, bwe mwebuuzanga ku Mutume mu kyaama, kale mukulembezenga saddaaka olubereberye lw'akafubo kammwe. Ekyo ky'ekisinga obulungi gye muli era ky'ekisinga n'obulongoofu. Naye bwe mutafunanga kye mutoola, kale ddala Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

14. Abaffe, mutya okukulembeza saddaaka olubereberye lw'okwebuuza kwammwe *ku Mutume* mu kyaama? Kale *ekyo* bwe mutaasobole kukikola — Allah abaddiremu — kale nno mujjumbire nnyo essaala era mutoole zaka era mugondere nnyo Allah n'Omubaka we. Era byonna bye mukola, Allah abitegeera.

Ruku 3

15. Abaffe, tewalaba abo abaakwanagana n'abantu Allah be yasunguwalira? Abo tebali mu mmwe wadde tebali mu bo, era balayira ne ku by'obulimba nga *ddala* bamanyi.

16. Allah yabategekera ekibonerezo ekikakali. Ddala bibi nnyo ebyo bye baakolanga.

- 17. Baatwala okulayira kwabwe nga engabo, kale nebeekiika mu kkubo lya Allah, n'olwekyo balifuna ekibonerezo ekiswaaza.
- 18. Eby'obugagga bwaabwe wadde abaana baabwe tebijja kubagasa wadde akatono ku Allah. Abo be bantu b'omuliro, bo mu gwo mwe balibeera.
- 19. Olunaku Allah lw'alibazuukiza bonna awamu, kale balimulayirira nga bwe babalayirira, nga balowooza nti balina kye baliko. Mwetegereze! Ddala bo be balimba.
- 20. Sitaani yabeefuga, kale n'abeerabiza okujjukira Allah. Abo ekibiina kya Sitaani. Mwetegereze! Mazima ekibiina kya Sitaani be b'okufaafaaganirwa.

يَّا يُّهَا الَّذِيْنَ أَمَنُّوْا إِذَا نَاجَيْتُمُ الرَّسُوْلَ فَقَدِّمُوْا بَيْنَ يَدَيْ نَجُوْمِكُمْ صَدَقَةً الْمِلِكَ خَيْرُ لَّكُمْ وَاطْهَرُ اوَلَى تَمْ تَجِدُوْا فَإِنَّ اللَّهَ خَفُوْرُ رَّحِيْمُ ﴿

ءَاشْفَقْتُمْانَ تُقَدِّمُوْا بَدِينَ يَدَيَ تَجُوٰدِكُمْ صَدَ لَٰتِ وَاذْلَمْ تَفْعَلُوْا وَ تَابَادلَّكُ عَلَيْكُمْ فَاقِيْمُواالصَّلُوةَ وَاتُواالزَّكُوةَ وَاطِيْعُوااللَّهَ وَرَسُولَكُ وَاللَّهَ وَرَسُولَكُ فَيْ غُ وَاللَّهُ خَبِيْزٌ بِمَا تَعْمَلُوْنَ ﴿

آكَمْ تَرَ إِلَى اللَّهِ يُنَ تَوَلَّوْا قَوْمًا غَضِبَ اللُّهُ عَلَيْهِمْ مَا هُمْ مِّنْكُمْ وَ لَامِنْهُمْ اوَيَصْلِفُوْنَ عَلَى الْكَذِبِ وَهُمْ يَعْلَمُوْنَ۞

آعَدَّ اللهُ لَهُمْ عَذَابًا شَدِيدًا وإنَّـهُمْ اللهُ لَهُمْ عَذَابًا شَدِيدًا وإنَّـهُمْ

اتَّخَذُوْ آايَما نَهُمْ جُنَّةً فَصَدُّوا عَنَ سَمِيلِ اللهِ فَلَهُمْ عَذَا جُهُمِينَ هُويَنَ فَكَ لَنْ تُخْنِي عَنْهُمْ الْمُوالُهُمْ وَ لَآ اَوْلادُهُمْ مُرضً اللهِ شَيْعًا وَلَئِكَ اَصْحٰبُ النَّارِ وهُمْ فَي وَيْهَا خَلِدُونَ فَى يَوْمَ يَبْعَنْهُمُ اللهُ جَمِيْعًا فَيَهُلِفُونَ لَهُ كَمَا يَعْلِفُونَ لَكُمْ وَيَهُسَبُونَ اتَّهُمْ عَلَى شَيْ عِواللَّهِ اللهُ عَمْ الشَيْطُنُ فَانَسْمِهُمُ لِشَتَحْوَدَ عَلَيْهِمُ الشَّيْطُنُ فَانْسْمِهُمُ لِشَتَحْوَدَ عَلَيْهِمُ الشَّيْطُنُ فَانْسْمِهُمُ إِشْتَحْوَدَ عَلَيْهِمُ الشَّيْطُنُ فَانْسْمِهُمُ فِي حَرْبُ الشَّيْطُنِ هُمُ الشَّيْطُنِ هُمُ الشَّيْطُنِ هُمُ النَّهْسِرُونَ فَى الشَّيْطُنِ هُمُ n'Omubaka we. abo be bali mu banyoomoofu ennyo.

22. Allah yalangirira dda nti: Mazima Nze nnaawangulanga bulijjo, Nze n'Ababaka bange. Mazima Allah ye w'Amaanyi

ennyo, Luwangula.

23. Tojja kusanga bantu bakkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero nga baagalana n'abo abawakanya Allah n'Omubaka we, ne bwe baba nga be bakitaabwe, oba nga baana baabwe, oba baganda baabwe, oba ab'eng'anda zaabwe. Abo nno Allah be yawandiika ku mitima gyabwe obukkiriza era n'abawagira n'omwoyo oguva gy'ali. Era alibayingiza mu nsuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo. Omwo mwe balibeera, nga Allah musanyufu gye bali, nabo nga basanyufu gy'ali. Abo nno be b'ekibinja kya Allah. Mwetegereze! Ddala ab'ekibinja kya Allah be b'okuganyulwa.

اِنَّ الَّذِيْنَ يُكَادُّوْنَ اللَّهُ وَ رَسُوْلَكُ Allah وَلَيْ اللَّهُ وَ رَسُوْلَكُ 21. Mazima abo abawakanya Allah أولئك في الأذِّلْدُق

> كَتَتَ اللَّهُ كَاغُلِبَتَّ أَنَا وَ رُسُبِلْ دِإِنَّ الله قُويُّ عَزِيرٌ

لَا يَهِدُ قَوْمًا يُؤْمِنُونَ بِا دِلْهِ وَالْيَوْمِ لأخِير يُوَادُّوْنَ مَنْ زَب الله هُمُالُ





(Yakka luvannyuma lwa Hiira)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi byonna bitendereza Allah; era ye Luwangula, Omugezi ennyo.
- 3. Ye y'eyafulumya abo abatakkiriza mu bantu b'Ekitabo okuva mu maka gaabwe mu kuwang'angusa okwasooka. Mmwe temwalowooza nti balivaamu era nabo baalowooza nti ebigo byabwe bijia kubawonya Allah. Naye nno Allah yabajjira mu ngeri gye bataalowoozaako, n'assa ensisi mu mitima gyabwe, nebazikiriza ennyumba zaabwe n'emikono gyabwe wamu n'emikono gy'abakkiriza. Kale mmwe abalina amaaso, ekyo mukitwale ng'ekyokulabula.
- kuwang'angusibwa, mazima yaalibabonerezza mu nsi *muno*. Ate ne ku nkomererero, balina ekibonerezo ky'omuliro.
- 5. Ekyo lwa kubanga baawakanya Allah n'Omubaka we. Era oyo awakanya Allah, kale ddala Allah mukakali nnyo mu kubonereza.
- 6. Omutende gwonna gwe mwatema oba gwe mwalekawo nga guyimiridde ku mirandira gya gwo, kale kyali lwa kukkiriza kwa Allah, era alyooke aswaaze aboononefu.
- 7. Era omunyago gwonna Allah gwe yawa Omubaka we okuva gye bali, mmwe temwaguddusizaako mbalaasi wadde eng'amira zammwe, naye Allah y'awa Ababaka be obuyinza kw'oyo gw'aba ayagadde. Era Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.

بشوالله الرهمان الرحيين سَتِّحَ رِللَّهِ مَا فِي السَّمَوٰتِ وَ مَا فِي الْأَرْضِ م وَ هُوَ الْعَيْزِيْدُ الْمَحِيْمُ ()

هُوَ الَّذِينَ آخُرَجَ الَّذِينَ كُفُرُوْا مِنْ آهُلِ إلى الكِتْبِ مِنْ ﴿ يَا رِهِمْ لِا رَّكِلِ الْحَشْرِةُ مَا ظَنَ ثَتُمْ آنَ يَخُرُجُوْا وَ ظَنُّوْا آنَّهُمْ مَّا نِعَتُهُمْ حُصُوْنُهُمْ مِّنَ اللَّهِ فَاتَّمهُمُ اللهُ مِنْ حَيْثُ لَمْ يَحْتَسِبُوْا وَ وَ قَدَفَ فِي قُلُوْ بِهِمُ الرُّعْبِ يُخْرِبُوْنَ بُيُوْتَهُمْ بِأَيْدِيْهِمْ وَ أَيْدِي الْمُؤْمِنِيْنَ ق فَاعْتَبِرُوْا ا كا يُصَارِ

4. Era singa tekyali nti Allah yabasalira كَلَوْ لَوْ آنْ كَتَبَ اللَّهُ عَلَيْهِمُ الْجَلَّاءُ لَعَذَّ بَهُمْ فِي الدُّنْيَا ، وَلَهُمْ فِي الْهَٰخِرَةِ عَذَابُ النَّارِ

> ذيك بِالشَّهُمْ شَا تُوااللهُ وَرَسُولَهُ * وَ مَن يُشَاقِ اللهَ فَإِنَّ اللهَ شَدِيدُ

> مًا قَطَعْتُمْ مِنْ لِينَةِ أَوْ تَرَكْتُمُوْهَا قَالِيْمَةً عَلَى أَصُولِهَا فَبِإِذْنِ اللهِ وَ لِيُخْزِي الْفْسِقِيْنَ 🕥

> وَ مَا آفَاءَ اللَّهُ عَلَى رَسُولِهِ مِنْهُمْ فَمَاۤ آوْ جَفْتُمْ عَلَيْدِ مِنْ خَيْلٍ وَ لَا رِكَابٍ وَّ لَكِنَّ اللهُ يُسَلِّطُ رُسُلَهُ عَلَى مَنْ يَّشَاءُ و وَاللهُ عَلْ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرُ ﴿

8. Eby'omunyago byonna Allah by'aba awadde Omubaka we okuva mu bantu b'omu bibuga, kale biba bya Allah, n'Omubaka, n'ababe, ne bamulekwa, n'abankuseere, n'abatambuze; olwo eby'obugagga biryooke bireme kwetooloorera mu bagagga bokka mu mmwe. Era ekyo kyonna Omubaka ky'abanga abawadde, kale mukitwalenga; ate ekyo kyonna ky'abanga abagaanye, kale mukirekenga. Era mutye nnyo Allah. Mazima Allah mukakali mu kubonereza.

9. Era omunyago gwa banaku Abasenguse abo abaagobebwa mu maka gaabwe ku by'obugagga bwabwe nga banoonya emikisa egiva eri Allah n'okusiima kwe, era nebayamba Allah n'Omubaka we. Abo nno be b'amazima.

10. Era n'abo abaategeka amaka e Madina nebakkiriza olubereberye lwabwe, baagalana n'abo abaasengukira gye bali, era tebawulira nkenyera yonna mu mitima gyabwe kw'ebyo ebiba biweereddwa Abasenguse, era bakulembeza Abasenguse okusinga ne ku bo bennyini, newankubadde nga bo bennyini bali mu bwavu. Era oyo awonyezebwa okululunkana kw'omwoyo gwe, kale abo be baliganyulwa.

11. Era n'abo abajja oluvannyuma lwabwe bagamba nti: Mukama waffe, tusonyiwe era ne baganda baffe abo باكريْمَا بِ وَلَا تَجْعَلُ فِيْ قُلُوبِنَا غِلَّا مِعْدَى وَلَا تَجْعَلُ فِي قُلُوبِنَا غِلَّا مِعْدَى وَلِم gyaffe kw'abo ffutwa mu mitima abakkiriza. Mukama waffe, mazima Ggwe Musaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi. Ruku 2

12. Abaffe, tewalaba abo abaafuuka bannanfuusi? Baagamba baganda baabwe abo abatakkiriza mu bantu b'Ekitabo nti: Singa ddala munaagobebwa mu Madina, mazima naffe tujja kugenda nammwe, era tetugenda kugondera yenna ku bikwata ku ddi ddi; na mulirwanyisibwa, mazima tulibayamba. Naye Allah akakasa nti ddala bo balimba.

فَىلْهِ وَلِلدَّسُولِ وَلِذِي الْقُرْنِي وَالْيَتْمَى وَالْمَسْكِيْنِ وَابْنِ السَّبِيْلِ وَكُنْ لَا تحُوْنَ دُوْلَةً كِيْنَ الْأَغْنِيَّاءِ مِنْكُمْ وَمَّا إِنَّاكُمُ الرَّسُولُ فَخُذُونُهُ وَ مَا تَلِيكُمْ عَنْدُ فَانْتَهُواء وَاتَّقُواا للَّهَ مِلْكَ الله شديدُ الْحِقابِ ١٨

لِلْفُقَرَّاءِ الْمُهجِرِيْنَ الَّذِيْنَ أُخْرِجُوْا مِنْ دِيَارِهِمْ وَ أَمُوالِهِمْ يَبْتَغُوْنَ فَضْلًا مِينَ اللهِ وَ رِضْوَانًا وَ يَنْصُرُوْنَ اللهُ وَرَسُوْلَهُ مَا وَلَتُكَ هُ الصِّدِ قُوْنَ أَن

وَالَّذِيْنَ تَبَةً وُّالدَّارَوَا لَا يُعَانَ مِنْ لِجِهِ يُحِبُّونَ مَنْ هَاجَرَ إِلَيْهِمْ وَ لَا يَجِدُونَ فِي صُدُورِ هِـ هُ حَاجَ أُوْتُوْا وَ يُؤْثِرُونَ عَلَى آثْفُسِه ان بهم خصاصة تنو الْمُفْلِحُونَ فَيَ

وَالَّذِيْنَ كِمَاءُوْ مِنْ بَعْدِ هِمْ يَقُولُوْنَ رَبِّنَا اغْفِرْ لَنَّا وَلِا خُوَا بِنَا الَّذِينَ سَبَقُوْنَا لِتَكَذِيْنَ أَمَنُوا رَبَّنَاۤ إِنَّكَ رَءُونَ

الله وَ رَحِيمُ ٱلَمْ تَدَرِالَ الَّذِيْنَ نَا فَقُوْا يَنْقُولُونَ لِا خُوَارِنِهِ مُ اللَّهِ يُنَ كُفُرُوْا مِنْ آهُل الكيتب لَئِن ٱخْدجُ مَعَكُمْ وَلَا نُطِيعُ فِيْكُمْ آكِدًا ٱبَدًا الرَّانَ قُوْتِلْتُمْ لِنَنْصُرَ تُنْكُمْ وَاللَّهُ تشقدُ إِنَّهُمْ لَكِذِ بُوْنَ ﴿

- 13. Bwe baligobebwa, tebaligenda nabo, era ne bwe balirwanyisibwa, tebalibayamba. Ate ne bwe balibayamba, ddala balikubayo enkoona; n'oluvannyuma abannanfuusi آَهَتُ وُهُمُ لَيُهُوَ لُبُوَ لُبِي الْأَوْيَارَتِينُ فُمَّ لَا أَنْ tebaliyambibwa,
- 14. Ddala mmwe be batya ennyo mu mitima gyabwe n'okusinga Allah; ekyo lwa kubanga be bantu abatategeera.
- كَا يُقَاتِلُوْنَكُمْ جَمِيْعًا إِلَّا فِي قُرًى 15. Tebayinza kulwana nammwe bonna كَا يُقَاتِلُوْنَكُمْ جَمِيْعًا إِلَّا فِي قُرًى lumu, mpozzi nga bali mu bibuga ebiriko ebigo oba nga bali mabega wa bisenge. So nno okulwanagana kwabwe bokka na قَدْمُ جَوْمُ عَلَيْهُمْ شَدِيْكُمْ شَدِيْكُمْ شَدِيْكُمْ مُتَعِيمًا وَ الم bokka kukakali. Ggwe obalowooza nti bali bumu, naye emitima gyabwe myawufu. Ekyo lwa kubanga be bantu abatakozesa magezi.
- 16. Bafaanana n'abo abaabakulembera emabegako katono abaaloza ku bubi bw'ebikolwa byabwe. Ate nno balinayo n'ekibonerezo ekirumya ennyo.
- omuntu nti: Weereme! Naye bwe yeerema, olwo ng'agamba nti: Mazima nkwesambye; مَنْكَ إِنِّيْ آخَافُ اللهُ وَرَبِّ الْعُلَمِينَ ﴿ ddala nze ntya nnyo Allah, Omutonzi ﴿ وَمُنْكَ إِنِّيْ آخَافُ اللهُ وَرَبِّ الْعُلَمِينَ w'ebitonde byonna.
- 18. Kale enkomerero ya bombi n'eba nti ddala bombi ba mu muliro, omwo mwe balibeera. Anti eyo y'empeera y'abakozi b'ebibi.

Ruku 3

- nnyo Allah era omuntu asaanye yeetegerezenga nnyo ebyo by'akulembezza olw' olunaku عَفْشَ مَّا قَدَّمَتْ لِغَدِ ءَوَاتَّقُوا اللهُ اللهِ اللهُ lw'enkya. Era mutye nnyo Allah. Mazima Allah ategeera bulungi bye mukola.
- 20. Era temubanga ng'abo abeerabira Allah, kale *ne Allah* n'abeerabiza emyoyo gyabwe. Abo nno be boonoonefu.
- 21. Abantu b'omu muliro n'abantu b'omu Janna tebayinza kwenkanankana. Abantu b'omu Janna bo be bawanguzi.

لَيْنَ ٱخْرِجُوا لَا يَخْرُجُونَ مَعَهُ مَه وَلَيْنَ قُوْتِنُوا لَا يَنْصُرُوْ نَهُمْءِ وَلَيْنَ يُنْصَرُونَ ﴿

كَانْتُمْ اَشَدُّ رَهْبَةً فِيْ صُدُورِهِ مُقِنَ اللهوه ذريك بِآنَّهُمْ قَوْمٌ لَّا يَفْقَهُوْنَ

مُّحَصَّنَةٍ آوْمِنْ وُّرَآءِ جُدُرِد بَاسُهُمْ قُلُوبُهُمْ شَتَّى وَذَٰلِكَ بِالنَّهُمْ تَوْمَ لَّا يَحْقِلُوْنَ۞

كَمَثُلِ الَّذِيْنَ مِنْ قَبْلِهِ هُ قَرِيْبًا ذَا قُوْا وَ بَالَ آمْرِهِمْ مِوَ لَهُمْ عَذَابُ الْمِيْمُ أَنَّ

كَمَثَلِ الشَّيْطِي إِذْ قَالَ لِلْارْنْسَانِ bw'agamba لِلْدُنْسَانِ 17. Okufaanana nga Sitaani bw'agamba ا حُفُرْ مِ فِلَمَّا حُفَرَ قَالَ إِنِّي بَرِيْءُ

نَكَانَ عَاقِبَتَهُمَّا ٱنَّهُمَّا فِي النَّارِ غَالِدَيْنِ فِيْهَا ﴿ وَ ذَٰلِكَ فِي الطُّلِيمِينَ ﴿

يَا يُتُهَا الَّذِيْنَ أَمَنُوا اتَّقُوا اللَّهَ وَلَتَنْظُرُ 19. Abange mmwe abakkiriza, mutyenga اِتَّ اللهُ خَيِيْرُ بِمَا تَعْمَلُونَ ١٠

> وَ لَا تَكُونُوا كَالَّذِيْنَ نَسُوا اللَّهَ فَأَنْسُمُهُمْ ٱنْفُسَّهُمْ الْوَلْبَكَ هُمُ الفسقة ت

لَا يَسْتُونَي آصْمُبُ النَّارِ وَ آصْمُبُ الْكِنَّةِ مِآصَحِتُ الْجَنَّةِ هُمُالْفَأَ عِنَّوْنَ 🕜

- 22. Singa Kur'āni eno twagissa ku lusozi, mazima waalilulabye nga lwetoowaza, nga lwabikayabika olw'okutya Allah. Era eby'okulabirako bino tubireetera abantu, balyooke bafumiitirize.
- 23. Ye ye Allah. Tewali musinzibwa mulala *mutuufu* okuggyako Ye. Ye Mumanyi w'ebitalabika n'ebirabika. Ye ye Musaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 24. Ye ye Allah. Tewali musinzibwa mulala *mutuufu* okuggyako Ye, Kabwejungira, Omutukuvu, Omuwi w'emirembe, Omuwi w'eddembe, Omulabirizi, Luwangula, Omuddaabirizi, Omugulumivu. Omutuukirivu ye Allah, ali ewala ennyo n'ebyo bye benkanya naye.
- 25. Ye ye Allah, Omutonzi, Omutandisi *wa buli kimu*, Omuyiiya w'enfaanana.Y'alina amatendo amakula. Ebiri mu ggulu ne mu nsi Ye gwe bitendereza, era ye Luwangula, Omugezi ennyo.

كُوْ آنْزُلْنَا هٰذَا الْقُرَانَ عَلْ جَبَلٍ لَّرَآيْتَكَ خَاشِعًا مُّتَصَدِّعًا مِّنْ خَشْيَةِ اللهِ وَتِلْكَ الْآمَنَا لُنَضْرِ بُهَالِلنَّاسِ لَكَلَّهُمْ يَتَفَكَّرُوْنَ ﴿

هُوَ اللّٰهُ الَّذِي كُمْ اللهُ الَّا هُوَ عَلِمُ الْعَالِمُ الْعَيْبِ وَ الشَّهَا دَوْمَ هُوَ الرَّهُمُنُ النَّهَا وَقَ مُهُو الرَّهُمُنُ الدَّحِيْمُ الرَّهُمُ الدَّحِيْمُ الدَّحِيْمُ الدَّحِيْمُ الدَّحِيْمُ الدَّحِيْمُ اللّٰهِ الدَّحِيْمُ اللّٰهُ الدَّحِيْمُ اللّٰهُ اللّٰمُ اللّٰمُ اللّٰهُ اللّٰهُ اللّٰمُ اللّٰمُ اللّٰمُ اللّٰمُ

هُوَاسَّهُ الَّذِي كَاللهُ الَّاهُوَ مَا لَمَلِكُ الْقُدُّوْسُ السَّلْمُ الْمُؤْمِنُ الْمُحَيْمِنُ الْعَزِيدُ الْجَبَّارُ الْمُتَكَبِّرُهُ سُبْحُنَ اللهِ عَمَّا يُشْرِكُونَ

هُوَ اللهُ الْفَالِقُ الْبَارِئُ الْمُصَوِّدُ لَهُ الْرَصُوِّدُ لَهُ الْرَسُمَاءُ الْهُ الْهُ الْهُ مَا فِي الْكَشَمَاءُ الْهُ الْهُ الْهُ الْهُ الْمُعَادِينَ وَ الْمَارِضِ مِ وَ هُوَ الْعَزِيدُ وَ الْمَارِضِ مِ الْمَعَادِيمُ الْمَارِضِ مِ الْمَعَادِيمُ الْمُعَادِيمُ اللَّهُ الْمُعَادِيمُ اللَّهُ الْمُعَادِيمُ اللَّهُ الْمُعَادِيمُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُعَادِيمُ اللَّهُ اللَّالِي اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الللَّا الللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّا ا



-MUMTAHINAH

(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Abange mmwe abakkiriza, temutwalanga abalabe bange n'abalabe bammwe okuba ab'emikwano, nemubalaga okwagala ng'ate baagaana amazima agajia gye muli, nebagoba n'Omubaka nammwe okuva mu maka gammwe mbu olw'okubanga mukkiriza Allah Mukama wammwe. Naye bwe muba nga mugenze mu lutalo mu kkubo lyange n'okunoonya okusiima kwange, abamu mu mmwe mubatumira mu nkukutu olw'omukwano, naye Nze mmanyi bulungi ebyo bye mukisa n'ebyo bye mwoleka. Era oyo alikikola mu mmwe, ddala aliba awabye ku kkubo ettuufu.

- 3. Kuba bo bwe baba nga babavuumbikirizza, baba balabe bammwe mu lwaatu era babagololera n'emikono gyabwe n'ennimi zaabwe mu ngeri embi; era beegomba nnyo nti singa mufuuse abatakkiriza.
- 4. Eng'anda zammwe wadde bammwe tebalibagasa ku lunaku lw'okuzuukira. Allah y'aliramula wakati بَيْنَكُمْ اللهُ بِمَا تَعْمَلُوْنَ بَصِيْلُ Mammwe, era byonna bye mukola Allah بَيْنَكُمْ اللهُ إِمَا تَعْمَلُوْنَ بَصِيْل abiraba.
- 5. Mazima mwalina eky'okulabirako ekirungi mu Ibrāhimu n'abo abaali naye, awo bwe baagamba bannaabwe nti: Mazima ffe tubeesambye era n'ebyo bye musinza ebbali wa Allah, Mazima ffe tubeegaanye. Obulabe obw'olubeerera n'obukyayi bimaze okweyoleka wakati waffe nammwe, okutuusa lwe mulikkiriza Allah Omu yekka — mpozzi ye Ibrāhimu ku lulwe n'agamba kitaawe nti: Mazima nzija kukusabira okusonyiyibwa, naye nga nze sirina buyinza ku kyonna ku lulwo ku Allah. Kye baava basaba nti: Mukama

بشمرالله الرَّحمن الرَّحيم و يَآيُهَا الَّذِينَ أَمِّنُوا لَا تَتَّخِذُوا عَدُوِّيْ وَ عَدُوِّكُمْ آوْلِيَاءَ تُلْقُوْنَ الكيهة بالمودوة وقدكفؤوا بمما جَاْءَكُمْ مِنَ الْعَقِّ مِيْفُرِجُوْنَ الرَّسُولَ وَرِيَّاكُمْ آنْ تُؤُمِنُوا بِاللَّهِ رَبِّكُمْ ا اِنْ كُنْتُمْ خَرَجْتُمْ جِهَادًا فِيْ سِبِيلِي وَابْتِغَاءَ مَوْضَارِيْ لِي تُسِرُّوْنَ الْيَهِمُ بالْمَوَدَّةِ ﴿ وَٱنَا اَعْلَمُ بِمَ ٓ ٱلْحُفَدْتُمْ وَمَّا آغَلَنْتُمُورَ مِّنْ تَفْعَلُهُ مِنْكُمْ فَقَدْضَلَّ سَوَآءَ السّبيل

إِنْ يَتْثَقَفُوْكُمْ يَكُوْنُوا لَكُمْ آعُدَاءً وَّ يَبْسُطُوٓ اللَّهُكُوۡ آيَٰ حِينَهُ مُوۡ ٱلْسِنَتَهُ مُ بِالسُّوْءِ وَ وَدُّوْا لَوْ تَكُفُرُونَ أَ

كن تَنْفَعَكُمْ أَرْخَامُكُمْ وَ لَا abaana لَنْ تَنْفَعَكُمْ أَرْخَامُكُمْ وَ لَا ﴿ آوُلَادُ كُمْ ﴿ يَوْمَ الْقِيلَمَةِ ﴿ يَفْصِلُ قَدْ كَانَتْ لَكُمْ أُشْهَةً كَسَنَةً فِيَ

رِبُرُهِيْمَ وَ الَّذِيْنَ مَعَدَم إِذْ قَالُوْا لِقَوْمِهِمْ إِنَّا بُرَ إِزُّا مِنكُمْ وَمِمَّا تَعْبُدُوْنَ مِنْ دُوْنِ اللّهِ زِكْفَرْنَا بِكُمْرَة بَدَا بَيْنَا وَبَيْنَكُمُ الْعَدَاوَةُ وَالْبَغْضَاءُ أَبَدًا حَتَّى تُؤْمِنُوا بِاللَّهِ وَحُدَّةً إِلَّا قَوْلَ إِبْرَهِيْمَ لِآبِيْهِ كُالْسَتَخْفِرَتَ لَكَ وَمَّا اَمْلِكُ لَكَ مِنَّ اللهِ مِنْ شَيْءٍ ورَبَّنَا waffe, twesiga Ggwe wekka, era gy'oli gye وَإِنْهِكَ آنَهُنَا وَإِنْهِكَ آنَهُنَا وَإِنْهِكَ آنَهُنَا وَإِنْهُكَ twetoowaza era gy'oli y'eri obuddo.

- 6. Mukama waffe, totufuula kigezo eri abo abatakkiriza era tusonyiwe, Mukama waffe, Mazima Ggwe Luwangula, Omugezi ennyo.
- 7. Mazima ddala mulina mu bo eky'okulabirako ekirungi ennyo eri abo abalina essuubi mu Allah n'olunaku lw'enkomerero. Naye oyo eyekyuusa, mazima Allah ye Yeemala, v'Atenderezebwa ennyo.

Ruku 2

- 8. Ob'olyawo Allah anassa okwagalana wakati wammwe n'abo be mulinako obulabe mu bo. Era Allah ye w'Obuyinza. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 9. Allah tabaziyiza kw'abo abatalwaolw'eddiini nagana nammwe abatabagoba mu maka gammwe, okubakolera ekisa n'okuba abenkanya gye bali. Mazima Allah ayagala nnyo abenkanya.
- 10. Wabula Allah abaziyiza kw'abo bokka abalwanagana nammwe olw'eddiini era nebabagoba ne mu maka gammwe, oba nebayamba abalabe bammwe basobole okubagoba, abo mwaziyizibwa okukwanagana nabo. Era yenna akwanagana n'abo, () مَنْ يَتَوَلَّهُمْ فَأُولِيْكَ هُمُ الظَّلِمُونَ اللَّهِ الطَّلِمُونَ kale abo be boonoonyi.
- 11. Abange mmwe abakkiriza, abakazi abakkiriza bwe bajjanga gye muli nga Basenguse, kale mubagezesenga. Allah y'asinga okumanya obulungi okukkiriza kwabwe. Kale bwe mumanyanga nti ddala bakkiriza, olwo temubazzangayo eri abatakkiriza. Kuba abakyala abo baba tebakyakkirizibwa gye bali, era nabo tebakyakkirizibwa eri abakyala abo. Naye ba bbaabwe abatakkiriza mubawe ebyo bye baatoola *ku bo*. Era temubaako kisobyo bwe muba mubawasizza, bwe muba nga gaabwe. mubawadde amahare temuddiranga abakyala abatakkiriza nemugattibwa nabo; naye nammwe bwe mutyo musabe *abatakkiriza* ebyo bye mwatoola ku bakazi bammwe, nabo babasabe ebyo bye baatoola *ku baabwe*. Okwo nno kwe kulamula

المصير

رَبُّنَا لَا تَهْعَلْنَا فِتْنَةً لِلَّذِيْنَ كَفَرُوْا وَاغْفِرْكُنَا رَبَّنَاء إِنَّكَ آنْتَ الْعَزِيْرُ

كَقَدْكَانَ لَكُمْ فِيْهِمْ أَشَوَةً كَسَنَةً لِّمَنَ كان يَرْجُوا الله وَالْيَوْمَ الْأَخِرَ وَمَنْ ﴿ يَتَوَلَّ فَإِنَّ اللَّهَ هُوَ الْغَرِيُّ الْحَمِيدُ

عَسَى اللهُ أَنْ يَجْعَلَ بَيْنَكُمْ وَ بَيْنَ الَّذِيْنَ عَادَيْتُمْ مِّنْهُمْ مِّوَدَّةً لَّاء وَاللَّهُ قَدِيرُ وَاللَّهُ غَفُورٌ رَّحِيْمُ (

لَا يَنْهٰ سُكُمُ اللَّهُ عَنِ الَّذِيْنَ لَمْ يُقَاتِلُوْ كُمْ فِي الدِّيْنِ وَلَمْ يُغَرِجُوْكُمْ مِّن دِيارِكُمْ آن تَبَرُّوْ هُمْ وَتُنْقَسِطُوۤ النَّهِمُ داِنَّ الله يُحِبُّ الْمُقْسِطِينَ ﴿

إنَّمَا يَنْهٰكُمُ اللَّهُ عَنِ الَّذِيْنَ قَاتَلُوْكُمْ فِ الدِّيْنِ وَ آخْرَجُوْكُمْ يِّنْ دِيَارِكُمْ وَ ظَاهَرُوْاعَلَى إِخْرَاجِكُمْ آنْ تُوَكُّوْهُ مُرمِ وَ لَيَا يُتِهَا الَّذِينَ أَمَنُوْا إِذًا لِمَا تُكُمُ الْمُؤْمِنْتُ مُلْجِرْتٍ فَامْتَحِنُوْهُنَّ ا آعْلَمُ بِإِيْمَانِهِنَّ ۽ فَإِنْ عَلِمْتُمُوْهُنَّ مُؤْمِنْتِ فَلَا تَرْجِعُوْهُنَّ إِلَّ إِنَّكُفًّا رِدْكُاهُنَّ حِلًّا لَّهُمْ وَكُلَّاهُمْ يَحِلُّونَ لَهُنَّ مِوَانُّوهُمْ مُّنَّا ٱنْفَقُوا مِوَلا جُنَّاحَ عَلَيْكُمْ أَنْ تَنْكِحُوْهُنَّ إِذَّا اْتَيْتُمُوْهُنَّ أُجُوْرَهُنَّ د رَ لَا تُمْسِكُوْا بعصير الكوافر وشكوا مآ أنفقته وَلْيَشَكُوا مَّا ٱنْفَقُوا وَذِٰلِكُمْ كُكُمُ اللَّهِ وَ

kwa Allah. Bw'atvo bw'alamula wakati wammwe. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

12. Era yenna mu bakyala bammwe bw'anoberanga eri abatakkiriza, oluvannyuma bwe mwesasuzanga nemufuna omunyago, kale muwenga abo abaanobebwako bakyala baabwe eby'enkanankana n'ebyo bye baatoola *ku bo*. Era mutye nnyo Allah Ovo gwe mukkiriza.

bwe bajjanga gy'oli nga beeyama obuwulize gy'oli nga bwe batajja kwenkanya Allah ne kyonna era nga bwe batajja kubba era nga bwe batajja kwenda era nti tebajja kutta baana baabwe era nti tebajja kuleeta bya kuwaayiriza kwe bajinzejinze wakati w'emikono gyabwe n'amagulu gaabwe eranti tebaakujeemerenga mu bituufu, kale kkiriza obweyamo bwabwe era obasabire n'okusonyiyibwa eri Allah. Mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

14. Abange abakkiriza. mmwe temukwananga bantu Allah be yasunguwalira; *kuba* baba baamala okuggwebwamu ly'Enkomerero, okufaanana essuubi ng'abatakkiriza bwe baggwebwamu essuubi ku bantu b'omu ntaana.

يَحْكُمُ بَيْنَكُمْ وَاللَّهُ عَلِيمٌ عَكِيْمٌ سَكِيمٌ

وَ إِنْ فَاتَكُمْ شَيْءٌ مِينَ آزْوَا حِكُمْ إِلَى الْكُفَّارِ فَعَاقَبُتُمْ فَأَتُوا الَّذِيْنَ ذَهَبَتُ ٱزْوَاجُهُمْ مِتْثُلُ مَّٱ ٱنْفَقُوْاء وَاتَّقُوااللَّهَ الَّذِيُّ آنْتُمْ بِهِ مُؤْمِنُونَ آياً يُمَّا النَّبِيُّ إِذَا جَآءًكَ الْمُؤْمِنْتُ 13. Owange ggwe Nabbi, abakazi abakkiriza يُمَايِعْنَكَ عَلَى آنَ لَا يُشْرِكُنَ بِاللَّهِ شَيْعًا وَّلَا يَشْرِقْنَ وَ لَا يَسْزُنِـٰنِنَ وَلَا يَقْتُلُنَ آوَكُوهُمَّ وَكُا ببُهْتَانِ يَّفْتَرِيْنَهُ بَيْنَ آيْدِيْهِ لِهِنَّ وَكَا يَعْصِيْنَكَ فِي مَعْرُونِ فَبَايِحُهُنَّ وَاسْتَغْفِرْلَهُنَّ اللَّهَ وَإِنَّ اللَّهُ غَفُورٌ رَّحِيْمٌ ١

لَـاَيُّهَا الَّـذِينَ أَمَنُوا لَا تَتَوَلُّوا قَوْمًا ت اللهُ عَلَيْهِمْ تَدْ يَكِسُوْا مِنَ الأخرة كماييئس الكفادمون

في القُبُورِ ﴿



(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

